

Ennono z'obuwanika obwa Baibuli

HARVESTIME INTERNATIONAL INSTITUTE.

Olusoma luno luli kitundu ku “**Harvestime International Institute,**” ng’enteekateeka egenderera okuyamba abakkiriza okufuna amakungula g’omwoyo agatuukiridde.

Omulamwa omukulu mu kutendekebwa kuno kwe kusomesa ekyo Yesu kyeyasomesa, ekyleetera abavubi, abawooza n’abalala okufuuka abakristaayo ab’omugaso, abaatambula amawanga n’enjiri nga boolesa amaanyi.

Ekitabo kino ssomo ery’etongodde ku ago agasomesebwa, okuseeseetula abakkiriza okuviira ddala ku kwetaba nga bayita mu busigire, okw’ekubisaamu, okwetegeka n’okwekuhjaanya okutuuka ku kiruubirirwa eky’okubuulira enjiri.

© Harvestime international institute

<http://www.harvestime.org>

EBIRI MU KITABO

Enkozesa y'ekitabo kino.....	3
Ebyandikoleddwa abasomera mu bibinja.....	4
Ennyanjula y'olusoma.....	5
Ebigendererwa by'olusoma.....	6
1. Obuweereza bw'enzirukanya.....	7
2. Ebifo By'obukulembeze.....	18
3. Amafuta g'okukulembera.....	30
4. Ebisaanyizo by'Abakulembeze.....	43
5. Okukulembera Ng'Omuuddu.....	61
6. Okukulembera Ng'Omusumba.....	70
7. Emirimu Gy'abakulembeze.....	81
8. Okukola okusalawo.....	92
9. Enkaayana n'okukwasisa n'empisa.....	102
10. Okutendeka Abakulembeze N'abagoberezi.....	112
11. Okusisinkana Okulemererwa.....	127
12. Ennono z'obuwanguzi.....	141
13. Okuwa omutango.....	153
Okujuliza.....	160
Eby'okuddamu ku bibuuzo by'okwegezaamu.....	167

ENKOZESA Y'EKITABO KINO.

(Ensengeka y'ekitabo)

Buli ssomo lirimu bino:

Ebigendererwa: Bino by'oba osuubira okutuukako oluvannyuma lw'okusoma essuula. Bisomeemu nga tonnatandika ssomo.

Olunnyiriri olukulu: Luno olunnyiriri luba luteeka essira ku kintu ekikulu ekiri mu ssuula, osaana olukwate.

Ebiri mu ssuula: Soma ekitundu weeyambise Bayibuli ojulize ebyo ebitateereddwa mu kitabo kino.

Okwegezaamu: Funa omulimu gw'okwegezaamu oluvannyuma lw'okusoma essuula. Gezaako okuddamu ebibuuzo nga teweyambisa Bayibuli yo yadde ekitabo kino. Bw'omaliriza okwegezaamu, genda ozuule ebiddibwamu ku ebyo ebikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.

Okweyongerayo okusoma: Ekitundu kino kijja kukuyamba okweyongera okusoma ekigambo kya Katonda, okulongoosa engeri gy'osoma n'okugiisa ebyo by'osomye mu bulamu bwo ne mubuweereza.

Ebigezo ebyakamalirizo: Bwoba nga weetabye mu lusoma luno, waweebwayo ebigezo eby'akamalirizo, era ku nkomerero y'olusoma luno oteekeddwa okubikola byonna bw'omala obikomyewo ku mutendera omulala okusuumuusibwa ku ddaala nga bwe kirina okuba.

EBINTU EBIRALA EBYETAAGIBWA.

Weetaaga Bayibuli eya King James version.

EBYANDIKOLEDDWA ABASOMERA MU BIBINJA.

OLUTUULA OLUSOOKA.

Okuggulawo: Mugguleewo na kusaba olwo mweyanjule. Funa ebyetagisa era owandiike abayizi.

Tegeka ebinaagoberewanga mu kibinja: Funayo anaakubiriza entuula ezo, obudde, ekifo, n'ennaku zokutuulirangako.

Okutendereza n'okusinza: Mwanirize okubeerawo kw'omwoyo omutukuvu mu musomo gwammwe.

Gabira abayizi ebitabo: Banjulire omutwe gw'ekitabo, ensengeka yaakyo n'ebigenderewa by'olusoma nga bwe kiba kirambikiddwa mu miko egisooka mu kitabo.

Tegeka omulimu ogusooka: Abayizi bajja kusoma essuula eziba zibaweereddwa era batwale ebyokwegezaamu nga tebanaddamu kutuula mulundi guddako. Obungi bw'essuula ez'okusoma mu buli lutuula bujja kusinziira ku buwanvu bwazo, ebirmu, n'obusobozi bw'ekibinja kyo.

OLUTUULA OLWOKUBIRI N'EZIDDIRIRA.

Okuggulawo: Musabe, yaniriza era owandiise abayizi abapya bonna era obagabire n'ebitabo. Abaliwo beewandiise. Mweweeyo akaseera k'okutendereza n'okusinza.

Okwejjukanya: Mubufunze bajjukize ku bye mwayigako mu lutuula olwayita.

Essomo: Nnyonyola buli kitundu ekiri mu ssuula, nga weyambisa emitwe egiri mu nnukuta z'ekyapa enkwafu nga bw'olambika. Buuza abalina ebibuuzo oba ensonga yonna ku bisomeseddwa. Giisa ebisomeseddwa mu bulamu bwabwe n'obuwerezeza.

Okwegezaamu: Yita mu byokwegezaamu ebyaggwa. (**Weetegerenze;** Bw'oba nga toyagala bayizi kulaba biddibwamu biri mu kitabo, empapula kwe biri osobola okuzijjamu mu kitabo).

Okweyongera okusoma: Bino bisobola okukolebwa omuntu kinoomu oba ng'ekibinja.

Ebibuuzo ebyakamalirizo: Bwe kiba ng'ekibinja kyo kiri kitundu ku lusoma luno, era ofuna ebigezo ebyakamalirizo ku lusoma luno lwenyini. Fulumiza buli muyizi omulimu ogugwe era otwale obuvunanyizibwaku bigezo ebyo okutuuka ku nkomerero y'olusoma.

ENNYANJULA Y'OLUSOMA

Olusoma luno lwanjula ennono z'okuddukanya egyabikkulwa mu Kigambo kya Katonda ekiwandiiikiddwa, Baibuli Entukuvu. "Okuddukanya" kigambo kirala ekitegeeza "obuwanika." "Abawanika," oba "abaddukanya emirimu," be bavunaanyizibwa ku kintu ekyabakwasibwa omuntu omulala. Nga abakkiriza, buli omu ku ffe muwanika wa bya bugagga eby'omwoyo Katonda by'atwesigisizza.

Ekizibu eky'amaanyi ekiri mu bakulembeze b'obukristaayo kwe kutegeka n'okuddukanya eby'omwoyo bino. Bwe kiba nti abakozi abakola amakungula ag'eb'omwoyo batono nga Baibuli bw'elaga, olwo basaanidde okutegekebwa n'okukunga obulungi.

Okukula kw'omuntu kubaawo okuyita mu kweyongera kw'obutoffaali obulamu n'okukula kw'a amagumba okuziwanirira. Omubiri gwa Kristo okukula, ensengeka nayo kikulu. Obulamu bw'omwoyo buleeta okukula kwe tulina okuba nga twetegese okukuwanirira.

Omusomo guno gusooka mu lunyiriri lw'essatu mu "Organising Module" y'okutendekebwa okuweebwa Harvestime International Network. Okusoma kuno, awamu n'essomo "Okwekenenya obwebulungulule" ne "Obuwanika bw'ebigendererwa," bijja kukuyamba okufuuka omuwanika omulungi owa eby'obugagga eby'omwoyo. Tukuwa amagezi nti emisomo gino esatu gisomebwe okusobola okusomesebwa obulungi okutegeera obukulembeze, enteekateeka, n'entegeka ebyetaagisa okusobola okuweereza obulungi.

Omusomo guno gwanjula essomo ly'okuddukanya, guzuula ebifo by'obukulembeze, n'obukulu bw'amafuta mukukulembera. Ennono za Baibuli egy'okukulembera ng'omuuddu era ng'omusumba n'ebisaanyizo by'abakulembeze nabyo byogerwako.

Emirimu emikulu egy'abakulembeze gyekenneenyezebwa, ng'essira liteekebwa ku kusalawo n'okukwata enkaayana. Enkola y'okutendeka abakulembeze n'abagoberezi eweebwa, ennono z'obuwanguzi n'ensonga ezivirako okulemererwa z'ekenneenyezebwa.

Eky'okujuliza eky'omusomo guno kiwa omukisa okuyiga ennono ng'osoma ebyokulabirako by'abakulembeze abakulu mu Baibuli.

EBIGENDERERWA BY'OLUSOMA

Bw'omaliriza essomo lino, onooba osobola:

- Okunnyonnyola "Okuddukanya."
- Okuzuula eby'obugagga eby'omwoyo abakkiriza kwe baddukanya. Okuzuula ekyetaago ekikulu eri abawanika.
- Okuzuula ekyokulabirako ekisinga obunene eky'obukulembeze obw'omwoyo.
- Okufunza obuweereza bw'okuddukanya kye buli.
- Okuzuula ebifo by'obukulembeze mu Baibuli.
- Okunnyonnyola engeri ebirabo eby'omwoyo gye bikozebwamu mu buweereza.
- Okunnyonnyola engeri abakulembeze gye bakolaganamu mu buweereza.
- Okutegeera obukulu bw'okufuka amafuta mu bukulembeze obw'omwoyo.
- Okuwaandiika ebisaanyizo by'abakulembeze ab'omwoyo.
- Okunnyonnyola engeri y'okukulembera ng'omuddu.
- Okunnyonnyola engeri y'okukulembera ng'omusumba. Okufunza emirimu gy'abakulembeze.
- Okukozesa ebigobererwa bya Baibuli mukusalawo.
- Okukozesa ebiragiro bya Baibuli okugonjoola obutakkaanya n'empisa.
- Okutendeka abakulembeze n'abagoberezi.
- Okufuula okulemererwa okufuuka obuwanguzi.
- Kozesa emisingi gya Baibuli egy'obuwanguzi.
- Okuzuula omutango gw'obukulembeze.
- Okunyonnyola ekigezo ekituufu eky'obukulembeze obw'omwoyo

ESSUULA ESOOKA

OBUWEEREZA BW'ENZIRUKANYA

EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri Olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola "enzirukanya."
- Okuzuula eby'obugagga eby'omwoyo abakkiriza bye baddukanya.
- Okuzuula ekyetaagisa ekikulu eri abawanika.
- Okuzuula ekyokulabirako ekisinga obunene eky'obukulembeze.
- Okufunza ekiri mu buweereza bw'enzirukanya.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Okwegomba obukulembeze kigendererwa kya kitiibwa. (I Timoseewo 3:1)

ENNYANJULA

Essuula eno eyanjula obuweereza bw'enzirukanya. Bwe twogera ku nzirukanya tetwogera ku nzirukanya y'ensi nga eyo eyeeyolekera mu nsi. Twogera ku nzirukanya y'ebyobugagga eby'omwoyo olw'omulimu gw'obuweereza.

Bw'oyiga obuweereza bw'enzirukanya, ojja kufuuka omuwanika omulungi ow'Enjiri n'obuweereza Katonda bwakuwadde. Ojja kusobola okukolagana ne Katonda okutuukiriza ebigendererwa bye.

OKUNNYONNYOLA ENZIRUKANYA

"Enzirukanya" kigambo kirala ekitegeeza "obuwanika." "Abawanika" oba "abaddukanya emirimu" be bavunaanyizibwa ku kintu ekyabakwasibwa omuntu omulala. Enzirukanya y'enkola y'okutuukiriza ebigendererwa bya Katonda n'enteekateeka ze nga tuyita mu kukozesa obulungi abantu, eby'omubiri, n'eby'omwoyo. Enzirukanya yeekenneenyezebwa oba enteekateeka n'ebigendererwa bituukiridde. Baibuli egamba nti:

Ffenna ng'endiga twawaba; buli omu ku ffe n'akwata ekkubo lye. (Isaaya 53:6)

Nga endiga bwe zirina okulagirwa okutambula mu kkubo limu, n’abantu bwe beetaaga obulagirizi kalekawefube waabwe era amaanyi gajja kutuukiriza ebigendererwa bya Katonda n’enteekateeka ze.

EBY’OBUGAGGA EBY’OMWOYO

Abakkiriza bonna bawanika b’ebintu ebimu Katonda bye yawa. Bino biwandiikiddwa mu kitundu kya “Okwongera okusoma” eky’essuula eno . Ng’oggyeeko eby’obugagga bino, abakulembeze bawanika ku bintu eby’enjawulo omuli:

Enjiri: Tulina okubuulira abalala obubaka bwayo.

Ensimbi: Buli mukkiriza ye muwanika w’ensimbi ze ez’obuntu, naye abakulembeze abafuga ssente z’ekkanisa oba ez’ekibiina kyonna eky’obukristaayo nabo bawanika b’ensimbi zino.

Ebintu ebirabika eby’obuweereza: Mu bino mulimu ebintu nga ebizimbe by’ekkanisa, ebintu byonna saako n’ebyuuma eby’okukozesa.

Ebirabo eby’Omwoyo: Buli mukkiriza alina ekirabo eky’omwoyo ekitakka wansi wa kimu ky’avunaanyizibwako ng’omuwanika. Omukulembeze era alina obuvunaanyizibwa okuyamba abalala okukulaakulanya ebirabo byabwe eby’omwoyo.

Abakkiriza Abalala: Bw’oba omukulembeze, oba ovunaanyizibwa ku bantu abalala. Olina okubayamba okukula mu by’omwoyo era weenyigire mu mulimu gw’obuweereza. Katonda akozesa abantu, so si nteekateeka okuzimba Obwakabaka bwe. Enzirukanya erimu okukolera Katonda ebintu ng’oyita mu bantu.

OBUBAKA OBUSOOKA KU NZIRUKANYA

Obubaka obwasooka okuva eri Katonda eri omuntu bwali ku nsonga y’okuddukanya emirimu. Katonda yagamba Adamu ne Kaawa:

...Mwale mujjuze ensi, mugifugenga. Mufugegenga ebyennyanya ebiri mu nnyanja, n’ebinyonyi eby’omu bbanga na buli kiramu ekitambula ku nsi. (Olubereberye 1:28)

1. Emirimu esatu emikulu egy’enzirukanya egiri mu mu lunyiriri luno:
Okukozesa obulungi eby’obugagga nga “bikubisibwamu” okutuukiriza ekigendererwa kya Katonda n’enteekateeka ze.
2. Okukendeeza ku butabanguko nga tuyita mu “kufuga.”
3. Okukuuma emirembe nga “tufuga” (okufuga).

EKYOKULABIRAKO EKIKULU

Ekyokulabirako ekisinga obukulu mu bukulembeze ye Mukama waffe Yesu Kristo. Ye kyakulabirako eri Abakristaayo bonna abakulembeze. Ojja kuyiga ssomo guno ku kyokulabirako kye yateekawo ng'akulembera ng'omuddu era ng'omusumba. Nga endiga bwe zirina okulagirwa okutambula mu kkubo limu, n'abantu bwe beetaaga obulagirizi kale kaweeefube waabwe.

Ennono zonna ezisomesebwa mu ssomo lino giragibwa mu ebyo Yesu bye yakola ne bye yayigiriza. Buli mutindo ogwetaagisa ogw'omukulembeze gwali gweyolekera mu bulamu bwa Kristo. Buli mulimu omukulembeze gwalina okukola yagwolesa. Yassaawo ekyokulabirako mu kutendeka abakulembeze n'abagoberezi.

EKYETAAGISA EKIKULU

Katonda tatwala bawanika ba buwanguzi olw'obuyigirize bwabwe, obusobozi bwabwe obw'obutonde, oba ebikukwatako. Batuuka ku buwanguzi olw'obwesigwa bwabwe. Ekyetaagisa ekikulu eky'abawanika kwe kuba nti beesigwa:

Era kyetaagisa mu bawanika, omuntu okusangibwa nga mwesigwa. (I Abakkolinso 4:2)

Yesu yayogera olugero mu Matayo 25:14-30 ku baweereza mukama waabwe be yabawa eby'obugagga ebityibwa "talanta," nga mu mbeera eno zaali ssente. Baategeezebwa okuba abawanika abalungi era bazikozese mu ngeri ey'amagezi. Abo abaakolanga ekyo baayitibwanga "abeesigwa" era ne basasulwa. Abo abaalemererwa baasalirwa omusango era ne bavunaanibwa.

OBUWEREEZA BW'ENZIRUKANYA

Obuweereza bw'enzirukanya buzingiramu okukulembera abalala okutuukiriza ebintu ebinene ku lwa Katonda. Enzirukanya erimu ebitundu bino wammanga by'ogenda okusomako mu ssomo lino:

Okutegeera obukulu bw'Okufukibwako amafuta okukulembera: Okufukibwako amafuta Katonda olw'obukulembeze ekikulu okusinga obuyigirize, ebitone, n'obumanyirivu.

Okutuukiriza ebisaanyizo bya Baibuli eby'obukulembeze: Enzirukanya y'obuweereza etandikira ku kwefuga nga gwe.

Okuyiga okukulembera ng'Omuddu: Obukulembeze obw'omu byawandiikibwa si bukwatagana na bya kwerabisa ng'omuntu. Buweereza bwa bwetoowaze eri abo b'okulembera. Okuweereza kye kiteekawo Obukulembeze bw'Ekikristaayo ng'oggyeeko obukulembeze obw'ensi.

Okuyiga okukulembera Ng'Omusumba: Engeri z'omusumba mu nsi y'obutonde Yesu ze yakozesanga okunnonnyola obukulembeze obw'omwoyo.

Okutegeera emirimu emikulu egy'abakulembeze: Mu bino mulimu ebitundu ebizibu eby'okusalawo n'okugonjoola ebizibu by'obukuubagano n'okukangavvula.

Okutendeka abakulembeze n'abagoberezi: Ffenna tukulembera mu mbeera ezimu, naye buli muntu mugoberezi mu mbeera endala. Abakulembeze balina okuba n'abagoberezi. Abakulembeze n'abagoberezi bombi balina okutendekebwa.

Okussa mu nkola ennono z'obuwanguzi egiyigirizibwa mu kigambo kya Katonda: Ennono zino zijja kuleeta obuwanguzi mu zirukanya y'ebuyobugagga eby'omwoyo.

Okwewala bimenya amateeka ebivaako okulemererwa mu bukulembeze: Okulemererwa okukulembera n'okugoberera bivaako kutyoboola ennono z'ebyawandiikibwa.

Okutegeera ennono za Baibuli ez'okuteekateeka: Mu bino mulimu ebifo by'obukulembeze ebyassibwawo Katonda n'ebyo ebyakulaakulanyizibwa olw'obwetaavu obw'omugaso eby'e Kkanisa.

OMUSINGI GW'ENTEKATEEKA OGWA BAYIBULI

Enteekateeka y'obuweereza tebumbibwa oba teyesigamiziddwa ku nkola z'ensi. Enteekateeka ng'onvu okusobola okulungamizibwa bw'Omwoyo Omutukuvu. Enzirukanya y'obuweereza eriwo ku kigendererwa eky'okutuukiriza ebigendererwa n'enteekateeka Katonda bye yawa, so si kutondawo kitongole, ebitongole ebikakanyavu. Entegeka mu Kkanisa ddala esinga kufaanana ng'ekitonde kiramu. Bayibuli egeraageranya Ekkkanisa ku mubiri gw'omuntu, nga buli kitundu kikolera wamu.

Tosobola kulondebwa kubeera bukulembeze mu kibiina kya Katonda. Oyinza okulondebwa oba okulondebwa omuntu okutuuka mu ofiisi, naye tewali mukulembeze akolebwako mu kulondebwa. Olina okuyitibwa Katonda yennyini okukola omulimu gw'Obwakabaka.

Obukulembeze buzingiramu ebifo, okugeza, ebifo nga omutume, nnabbi, omubuulizi w'enjiri, omusumba, ne omusomesa. Obukulembeze era buzingiramu emirimu. Omulimu gwayo omukulu kwe kusomesa abalala olw'omulimu gw'obuweereza. Obukulembeze era bukwata ku nkolagana y'abakulembeze n'abagoberezi baabwe.

Okusunsulwa n'okukuzibwa ng'omukulembeze biva eri Katonda:

Kubanga okugulumizibwa tekuva ebuwanjuba, newakubadde mu maserengeta. Naye Katonda ye mulamuzi: Assa wansi omu, n'ateeka omulala. (Zabuli 75:6-7)

EBIFO EBIRALA EBY'ENZIRUKANYA

Enzirukanya era erimu okwekenneenya obuweereza bwo okusobola okuteekawo ekigendererwa n'enteekateeka. Osobola okuyiga engeri y'okukolamu okunoonyereza ng'okwo mu ssomo lya Harvestime International Institute erya "*Okwekenenya obwebulungulule.*" Enzirukanya era erimu ebitundu bino wammanga by'ogenda okuyiga mu ssomo lya Harvestime International Institute "*Okuwanika bw'ebigendererwa.*"

Okukola ekigendererwa Ky'Obuweereza nga kikwatagana n'ekya Katonda: Bw'oba tomanyi ekigendererwa kyo era nga tolina kwolesebwa, tosobola kukulembera balala.

Okukola Enteekateeka Okutuukiriza Ekigendererwa: Tojja kutuuka ku kigendererwa kyo singa tokola nteekateeka okukikola.

Okutegeka abantu n'emitendera okusobola okussa mu nkola enteekateeka: Enzirukanya erimu okukubiriza n'okulabirira abantu nga bwe batuukiriza emirimu egibeera ekitundu ku kigendererwa n'enteekateeka ya Katonda.

Okutuukiriza Enteekateeka Nga Oyita mu kwekenneenya: Omulimu gwa Mukama gulina okukolebwa n'obulungi.

OMUGASO BW'EZIRUKANYA ENNUNGI

Zino z'ensonga lwaki enzirukanya entuufu ey'obuweereza kikulu:

OMUGASO GW'OKUWANIKA OBULUNGI.

Okuwanika obulungi olw'obuweereza Katonda bw'akuwadde kyetaagisa kubanga...

KIKUWA OKULUNGAMIZIBWA N'EKIRUUBIRIRWA:

Ng'oyagala okukola obulungi mu buweereza, ekiruubirirwa kyo n'enteekateeka birina okuba by'ebimu nga ebya Katonda.

W'ommanya ekiruubirirwa kyo ekikulu kulw'obuweereza, nosobola okukola enteekateeka z'okukituukiriza, awo oba osobola okukulembera abalala. Abakulembeze abalungi balina okumanya wa gyebalaga okusobola okulungamya abo ababagoberera. Okulungamizibwa n'obumu kyetaagisa ekiruubirirwa ky'ekimu.

Wewaba nga waliwo okulungamizibwa okusaanidde, n'oluyogaano lukendeezebwa:

Kubanga Katonda si wa luyogaano, wabula wa mirembe. (1 Abakolinso 14:33)

Mufubenga okufaanana Katonda kubanga muli baana ba Katonda abaagalwa. (Abaefeso 5:1)

Ojja kuyiga mu lusoma luno engeri Katonda bwe yalina ekiruubirirwa n'enteekateeka okuva ng'ensi tenabaawo. Bwejjiba ng'emirimu gya Katonda temuli buyogaano, n'obuweereza bw'abantu be obuyogaano tebusaanidde kubeeramu.

BUKUSOBOZESA OKUKOLA OKUSALAWO OKUTUUFU.

Okusalawo kikulu nnyo eri amagenda go, kino ky'ekimu ne mu bulokozi. Olina okukola okusalawo okukkiriza oba okugaana enjiri. Amagenda go ag'olubeerera gasinziira kwekyo ky'osazeewo.

Ekyo ky'oli kati n'obuweereza bisinziira ku bye wasalawo edda. Osalawo okukola eby'okusalawo nga weefumitiriza nnyo ku bigendererwa oba kw'ebyo byoyitamu mu kaseera ako. Okuteekateeka n'obuwanika obuluhhamiziddwa Mukama bukusobozesa okukola okusalawo okutuufu.

BUSIMBA EBY'ENKIZO KU LW'OBUWEEREZA:

Okumanya ebiruubirirwa n'enteekateeka ya Katonda bikusobozesa okukuyamba okusimba eby'enkizo mu bulamu bwo ne mu buweereza. Eby'enkizo by'ebyo ebintu ebikulu ennyo ebisinga ku birala by'osalawo okukola.

Olina eby'enkizo mu bulamu, oyzina okuba obimanyi oba nedda. Ojja kusimba eby'enkizo bino olw'enyisa z'obulamu nga bisinziira ku embeera oba abantu abakwetooloodde oba eky'okusalawo okusinziira ku kigambo kya Katonda.

Lukka 12:16-20, ennyonnyola embooji y'omusajja eyalina eby'enkizo ebikyamu. Ojja kusoma olugero luno mu bulambulukufu mu maaso. Embooji eraga nti okusalawo okukyamu kugobererwa okubonerezebwa.

BUKULEETERA OKUKOLERA DDALA N'OTOMALA GAKOLA:

Abantu bangi balina enkola ey'okumala gakola okusinziira ku bwetaavu n'embeera eriwo mu kiseera ekyo, mu kifo ky'okwetegekera eby'omumsaaso. Kino kibaleetera okukola olw'embeera so si okukolera ddala n'amagezi wamu n'ebiruubirirwa.

Awatali nteekateeka, oba tomanyi ky'okola, lwaki okikola oba wandikikoze otya? Kubanga tolina nteekateeka, tobaako kye weewaayo kukola, toba na ngeri ya kuvvuunuka buzibu. Okuteekateeka kukuggya okuva ku kwagala obwagazi okukola nekuleeta okwolesebwa okulabikako mu buliwo. Kikuleetera okusalawo ekyo ky'olina okukola n'engeri gy'olina okukikolamu okusobola okutuukiriza ekigendererwa kya Katonda.

EKULEETERA OKUWA EMBALIRIRA:

Bw'oba n'enteekateeka, abantu bamanya obuvunaanyizibwa bwabwe. Kino kibaleeteera okuwa Katonda embalirira, abalala. Okuba ng'ovunaanyizibwa okuwa omulala embalirira kitegeeza olina okuddamu gyebali olw'ekyo kye bakukwasiza okole.

Mu lugero lwa ttalanta oluli mu Matayo 25:14-30, abaddu baalina okuwa embalirira ku ttalanta mukama waabwe ze yabawa. Mukama waabwe yalina enteekateeka, era yagigamba abaddu be, baalina okugituukiriza nga basiga ensimbi nga bwe baalungamizibwa.

Olina okuwa embalirira si lwa kumanya kwagala kwa Katonda eri obulamu bwo n'obuweereza bwo, naye n'okukola.

Omuweereza oyo eyamanya mukama we by'ayagala akole, kyokka ye n'atabikola agenda kuweebwa ekibonerezo kinene. (Lukka 12:47)

EKULEETERA OKWEKEBERA:

Okuteekateeka kuleetera okwekebera oba okutuukiriza ekiruubirirwa kya Katonda n'enteekateeka ye. Bw'oba tolina nteekateeka, omana otya nti weeyongerera mu maaso oba olemereddwa? Bw'oba tolina kiruubirirwa, onoomanya otya nti oli kituukiriza?

BUKULEETERA OKUKOZESA EBIKOZESEBWA EBY'OMWOYO N'AMAGEZI:

Okuteekateeka kukuleetera okukwata obulungi ebikozesebwa eby'omwoyo n'okozesa ensimbi n'amagezi, ebintu ebikalu, abantu, ebirabo by'omwoyo n'okuyitibwa eri omulimu gw'obwakabaka bwa Katonda.

BUKUTEKATEKA ERI ENZIGI ENZIGULE:

Katonda aggulira abantu be enzigi:

Mmanyi ebikolwa byo. Laba nkugguliddewo oluggi, omuntu yenna lw'atayinza kuggala. (Okubikkulirwa 3:8)

Katonda bw'aggula enzigi, weetaaga okuba omwetegefu okuzitambuliramu. Kino tekisoboka awatali kukulakulanya mu kweteekateeka. Soma olugero lw'abawala abagezigezi n'abasirusiru mu Matayo 25:1-13. Katonda aggula enzigi, naye tezigala nga nzigule lubeerera. Zeggula ne zirinda oyingire, olwo ne zeggala oluusi ne ziteggula nate.

EKULEETERA OKWAGALA KWO OKUKKAANYA N’OKWA KATONDA:

Ekibuuzo omutume Paulo kyeyasooka okubuuza oluvannyuma lw’okukyusibwa “Oyagala nkole ki.” Yali abuuza Katonda, “Olina nteekateeka ki eri obulamu bwange n’obuweereza bwange?” obuwanika obw’amagezi buleetera okwagala kwo n’obuweereza okukkaanya n’enteekateeka n’ebiruubirwa bya Katonda.

KATONDA ANOONYA ABAKULEMBEZE

Katonda yagamba Kabaka Sawulo nti:

Naye kaakano obwakabaka bwo tebulibeerawo: Mukama anoonyezza omuntu ng'omutima gwe yekka, era Mukama yamulagidde okubeera omuduumizi w'amagye Abantu be, kubanga tokuuma ekyo Mukama kye yakulagira. (I Samwiri 13:14)

Katonda akyaanoonya abantu b’asobola okukozesa ng’abakulembeze:

Ne nnoonya omuntu mu bo anaakola olukomera, era anaayimirira mu bbanga mu maaso gange olw’ensi; naye nze tewali n’omu gwendaba. (Ezeekyeri 22:30)

Kubanga amaaso ga Mukama gadduka ne gadda mu nsi yonna okulaga ye kennyini ow’amaanyi ku lw’abo omutima gwabwe ogutuukiridde gy’ali... (II Ebyomumirembe 16:9)

Okufuuka omuwanika omulungi kyetaagisa obudde n’amaanyi:

Omulumu gwa buli muntu gulirabisibwa: kubanga olunaku lulikitegeeza, kubanga kiribikkulwa mu muliro; n'omuliro guligezesa omulumu gwa buli muntu kika ki kye kiri. (I Abakkolinso 3:13)

Enku, omuddo, n’ebibusunku byonna bimera waggulu w’ettaka. Kyangu okukolebwa era kisobola okulabibwa mangu omuntu, naye kyangu okuzikirizibwa. Zaabu ne ffeeza byuma bya muwendo ebikolebwa wansi mu ttaka, tebirabibwa mangu muntu, naye ate biwangaala nnyo. Obukulembeze obw’amaanyi, obw’ettutumu, obw’ensi bulinga enku, omuddo, n’ebibusunku. bulabibwa ku muntu era kyangu okukolebwa okuyita mu bitone n’obusobozi obw’obutonde. Obukulembeze obutya Katonda bulinga zaabu ne ffeeza. bukolebwa okuyita maanyi g’Omwoyo Omutukuvu mu muntu ow’omunda. Naye bwa muwendo ogutaliiko kkomo.

OKWEGEZAAMU

1. Wandika Olunyiriri Olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Nnyonnyola "Enzirukanya."

.....
.....
.....

3. Wandika eby'obugagga eby'omwoyo abakiriza bye baddukanya.

.....
.....
.....

4. Kiki ekikulu ekyetaagisa eri abawanika?

.....
.....
.....

5. Ani kyakulabirako ekisinga eky'obukulembeze?

.....
.....
.....

6. Okusinzira ku kukubaganya ebirowoozo mu ssomo lino, wandika mu bufunze ekiri mu "Obuweereza bw'enzirukanya"

.....
.....
.....

7. Lwaki enzirukanya ennungi kyamugaso?

.....
.....
.....

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Yesu yayigiriza bingi ku buwanika bw'ebintu okusinga bwe yayigiriza ku Ggulu, Geyeena, oba obulokozi. Ku ngero 40, 19 zaali zikwata ku bintu.
2. Obukulembeze buvunaanyizibwa bunene kubanga okoma ku balala. Okugeza, Peetero yagamba nti "Ngenda kuvuba," abo abaali naye ne bagamba mangu nti, "Naffe tugenda naawe. Obukulembezeera kikulu kubanga omukulembeze aba mubaka wa Katonda. Laba Malaki 2:7
3. Soma okugeraageranya kuno okw'enzirukanya y'ensi n'ey'omwoyo:
 - Mu nzirukanya y'ensi, amaanyi gasalibwawo obukugu, obusobozi n'okumanya.
 - Mu nzirukanya y'omwoyo, amaanyi gasalibwawo okufukibwako amafuta n'obuyinza bwa Katonda.
 - Mu nzirukanya y'ensi okulonda abakulembeze kukolebwa nga kwesigamiziddwa ku nsonga ng'obukugu n'ebyenjigiriza.
 - Mu nzirukanya y'omwoyo, okulonda abakulembeze kukolebwa ku musingi gw'okufuka amafuta, okuyita, n'okubikkulirwa kw'ebyo Katonda by'ayagala.
 - Mu nzirukanya y'ensi, okutendekebwa kuweebwa mu bitundu by'obukugu n'okumanya.
 - Mu kuddukanya eby'omwoyo, okutendekebwa kulina okuweebwa mu bulamu obwesigamye ku kigambo kya Katonda mu ekyo obukugu mwe bulina okuba
4. Katonda akolagana n'abo abaddukanya obuweereza. Pawulo yagamba nti:

Kale Pawulo ye ani ne Apolo, naye abaweereza be mwakkiriza; nga Mukama bwe yawa buli muntu?

Nsimbye, Apolo n'afukirira; naye Katonda ye yakuza. (1 Abakkolinso 3:5-6)

5. Enzirukanya mu by'ensi efaayo nnyo ku:

- Ensimbi.
- Okufulumya.
- Ebirabwako.
- Obukugu
- Amateeka
- Eby'ekigugu
- Ebikukwatako
- Obwongo obungi
- Obukuusa.

Enzirukanya mu by'omwoyo ya:

- Obuweereza
- Okusaba
- Okukkiriza
- Okufukibwako amafuta
- Okwagala
- Ekigambo kya Katonda
- Embala
- Embeera y'omwoyo
- Okulungamizibwa.

-Okweyagaliza

- Enkolagana

-Okwegomba

- Obuwulize

-Empaka

- Okukolagana

6. Soma olukalala luno olw'obuvunaanyizibwa bw'okuddukanya eri abakkiriza bonna. Tuvunaanyizibwa ku:

Ebitonde bya Katonda: Olubereberye 1:26-28

Ebyama bya Katonda: 1 Abakkolinso 4:1

Obubaka bw'Enjiri: 1 Abasessaloniika 2:4

Ebirabo eby'omwoyo: 1 Peetero 4:10

Okusonyiwa: Matayo 6:12, 18:21-22

Okwagala: 1 Yokaana 4:7-8

Ebirowoozo: Abafiripi 4:8

Amaanyi: Ebikolwa 1:8

Obudde: Abeefeso 5:15-16

Endaba y'ebintu: 1 Samwiri 16:7

Enneeyisa: Abafiripi 2:2

Okukkiriza: Yakobo 2:14-17

Ensimbi: 2 Abakkolinso 9:6-11

Okutenda: Abebbulaniya 12:15-16

Obuweereza: Abaggalatiya 6:2

Omubiri: Abaruumi 12:1

Enneyisa: Tito 1:7-9

Amaka: Timoseewo 3:4-5, 12, 5:8

ESSUULA EYOOKUBIRI

EBIFO BY'OBUKULEMBEZE

EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno ojja kusobola:

- Okuwandiika Olunyiriri Olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okuzuula ebifo eby'enjawulo eby'obukulembeze Katonda bye yateekawo mu Kkanisa.
- Okunyonnyola engeri abakulembeze bano gye bakolaganamu mu buweereza.
- Okunyonnyola engeri ebirabo eby'omwoyo gye bikozezewamu mu bukulembeze.
- Okuzuula ebifo ebirala eby'obukulembezemu Baibuli.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Era yawa abamu abatume; n'abamu bannabbi; n'abamu, ababuulizi b'enjiri; ne abamu, abasumba, n'abasomesa. (Abaefeso 4:11)

ENNYANJULA

Ekanisa kye kikozezewa Katonda mw'ayita mu kiseera kino okwebikkula eri ensi. Mu ssomo lino ojja kuyiga ku bakulembeze Katonda be yateeka mu kkanisa. Era ojja kuyiga bifo ebirala eby'obukulembeze ebizze bivaayo olw'obwetaavu obw'omugaso mu kkanisa y'omu kitundu.

Baibuli etuwa ebisaanyizo ebitongole ebirina okutuukibwako abo abajjuza obukulembeze, ebifo ebyogeddwako mu ssomo lino. Ojja kusoma ku bisaanyizo bino mu Ssuula ey'okuna.

EBIFO BY'OBUKULEMBEZE EBY'ENJAWULO

EBIFO:

Baibuli eraga ebifo bitaano eby'enjawulo eby'obukulembeze Katonda bye yateekawo mu Kkanisa:

Era yawa abatume abamu; n'abamu bannabbi; n'abamu, ababuulizi b'enjiri; ne abamu, abasumba, n'abasomesa. (Abaefeso 4:11)

Ebifo bino eby'obukulembeze Katonda y'abiteekawo mu Klezia. Bizingiramu okuyitibwa Katonda okw'enjawulo n'ebirabo eby'enjawulo eby'omwoyo. Tolina kuweereza mu bifo bino olw'okuba nti bakusabye oba olw'okuba oyagala okukikola. Olina okuyitibwa Katonda era ng'olina ebikozezewa

eby'omwoyo ebituufu

EMIRIMU GY'ABYO

Mu bufunze gino gy'emirimu gy'ebifo bino ebitaano eby'enjawulo eby'obukulembeze:

Omutume: Omutume y'oyo alina obusobozi obw'enjawulo okutandikawo amakanisa amapya mu bifo eby'enjawulo n'okulabirira amakanisa agawerako ng'omulabirizi. Omutume kitegeeza "omubaka atumiddwa n'obuyinza obujjuvu okukolera omulala." Omutume alina obuyinza oba obusobozi obw'enjawulo okugaziya Enjiri okuyita mu nsi nga bwakulaakulanya emibiri gy'abakkiriza egyategekebwa. Ebigambo ebikozesebwa ku mutume bye bino "Omuminsani" ne "Omusimba W'ekkanisa." Omutume Pawulo y'omu ku basinga ng'ebyokulabirako ebiri mu Baibuli eby'Omutume.

Nabbi: Nabbi y'oyo ayogera wansi w'okulung'amizibwa kwa Katonda obutereevu era ng'alina ofiisi y'obuyinza mu Kkanisa. Nabbi alina obusobozi okufuna n'okuwuliziganya ekintu eky'amangu oba obubaka bwa Katonda eri abantu be okuyita mu kwogera okulung'amiziddwa okuva eri Katonda. Agabu kyakulabirako kirungi ekya nnabbi w'endagaano Empya. Laba Ebikolwa 21:11

Omubuulizi w'enjiri: Omubuulizi w'enjiri alina obusobozi obw'enjawulo obw'okubuulira Enjiri n'abatakkiriza mu ngeri nti abasajja n'abakazi bafuuka ebitundu by'Omubiri gwa Kristo ab'obuvunaanyizibwa. Amakulu g'ekigambo "omubuulizi" ye "oyo aleeta amawulire amalungi." Firipo kyakulabirako kirungi eky'omubuulizi w'enjiri. Laba Ebikolwa 21:8 n'essuula 8.

Omusumba: Ekigambo "omusumba" mu butuufu kitegeeza omusumba. Abasumba be bakulembeze abatwala obuvunaanyizibwa obuwanvu obw'obuntu ku bulungi bw'omwoyo obw'ekibinja ky'abakkiriza.

Omosomesa: Abasomesa baba bakkiriza abalina obusobozi obw'enjawulo obw'okubunyisa n'okusomesa ekigambo kya Katonda mu ngeri ennungi nti abalala bayiga era ne bassa mu nkola ebyo ebisomesebwa.

EKIGENDERERWA KYABWE:

Ebifo bino eby'enjawulo byatandikibwawo okutuukiriza ebigendererwa bino wammanga:

Olw'okutuukirizibwa kw'abatukuvu, olw'omulimu gw'obuweereza, olw'okuzimba omubiri gwa Kristo.

Okutuusa ffenna lwetujja mu bumu obw'okukkiriza, n'okumanya Omwana wa Katonda, eri omuntu atuukiridde, okutuuka ku kipimo ky'obuwanvu bw'obujjuvu bwa Kristo.

Nti okuva kati tetukyali baana, nga tusuulibwa n'okudda, era nga tutambuzibwa na buli mpewo ey'okuyigiriza, olw'obukuusa bw'abantu, n'obukuusa obw'obukuusa; mwe bayita okulimba;

Naye okwogera amazima mu kwagala tulyoke tukulire mu Ye mu byonna ebiriwo omutwe, ye Kristo. (Abaefeso 4:12-15)

Ekifaananyi kino wammanga kiraga ebigendererwa bino:

Katonda awa:

Abatume, Bannabbi, Ababuulizi b'enjiri, Abasumba, Abasomesa.

Olw'okutuukiriza batukuvu

Okuweereza Okukuza

Ekivaamu

Obumu Okumanya Okutuukirira

Omubiri gwa Kristo gubeere:

Tewakyali Baana

Bakula Mu Ye

(enjigiriza ey'obulimba)

(amazima) .

EKISEMBAYO: Okukola obulungi Ebitundu By'omubiri Byonna mu kwagala.

ENGERI GYE BAKOLERA AWAMU:

Ebifo ebitaano eby'enjawulo eby'obukulembeze bikolagana mu buweereza bwe Ekkanisa.

Omutume agaziya Enjiri mu bitundu ebipya okusitula amakanisa amapya.

Omubuulizi w'Enjiri abunyisa Enjiri mu ngeri nti abatakkiriza bakkiriza era ne bongerwako eri Ekkanisa.

Nabbi awa obubaka obw'enjawulo okuva eri Katonda eri Ekkanisa ng'alunjamizibwa Omwoyo Omutukuvu

Abasomesa bawo okuyigiriza okusukka okwanjula Enjiri okukolebwa ababuulizi b'enjiri. Batwala abaakalokoka ne bagenda mu maaso n'okukula mu by'omwoyo era ne batendeka abantu abeesigwa abasobola okuyigiriza abalala.

Abasumba batwala obukulembeze obw'ekiseera ekiwanvu n'okufaayo ku Kkanisa.

EBIRABO EBYOMWOYO MU BUKULEMBEZE

Ebirabo by'obukulembeze eby'enjawulo ebitaano si bye bifo byokka eby'obukulembeze mu Kkanisa. Buli mukkiriza alina omulimu mu Kkanisa:

Naye kaakano Katonda atadde ebitundu by'omubiri, buli kimu ku byo, mu mubiri, nga bwe yayagala (1 Abakkolinso 12:18)

Buli mukkiriza alina ekirabo eky'omwoyo waakiri kimu. Ekirabo kye eky'omwoyo kimuleetera okutuukiriza omulimu gwe mu mubiri:

Naye bino byonna (ebirabo eby'omwoyo) bikola Omwoyo oyo omu, ng'agabanya buli muntu mu ngeri ey'enjawulo nga bw'ayagala. (1 Abakkolinso 12:11)

Twayogedde dda ebirabo by'obukulembeze eby'enjawulo eby'omutume, nnabbi, omubuulizi w'enjiri, omusumba n'omusomesa. Waliyo olukalala lw'ebirabo ebirala Omwoyo Omutukuvu by'awa abakkiriza:

Ebirabo eby'okwogera: Obunnabbi, okuyigiriza, okubuulirira, ekigambo eky'amagezi, n'ekigambo eky'okumanya.

Ebirabo ebiweereza: Okuweereza, ayamba, obukulembeze, okuddukanya, okugaba, okulaga ekisa, okutegeera emyoyo, okukkiriza, n'okusembeza abagenyi.

Ebirabo eby'obubonero: Ennimi, okuvvuunula ennimi, ebyamagero, n'okuwonya. Okujuliza kwa Baibuli okulaga ebirabo bino:

- Abaruumi 12:1-8
- 1 Abakkolinso 12:1-31
- Abaefeso 4:1-16
- 1 Peetero 4:7-11

(Essomo lya Harvestime International Institute eriyitibwa "Obuweereza Bw'Omwoyo Omutukuvu," guyogera ku buli birabo bino eby'omwoyo mu bujjuvu. Era likuwa okulungamizibwa bw'okuzuula ekirabo kyo eky'omwoyo.)

EBIRABO EBIKULU ERI ABAWANIKA

Ebirabo bibiri ku bino eby'omwoyo, eby'obukulembeze n'okuddukanya emirimu, bikulu nnyo naddala eri abaddukanya emirimu. Ekirabo ky'obukulembeze kimanyiddwa mu Abaruumi 12:8 ng'oyo "afuga" oba akulembera. Omuntu alina ekirabo ky'obukulembeze alina obusobozi okuteekawo enteekateeka

ezikwatagana n'ekigendererwa kya Katonda era abubuulira abalala ebiruubirirwa bino. Akubiriza abalala okutuukiriza ebiruubirirwa bino olw'ekitiibwa kya Katonda.

Mu I Abakkolinso 12:28, ekirabo ky'okuddukanya kiyitibwa "okukulembera." Omuntu alina ekirabo kino alina obusobozi okuwa okulungamya, okutegeka, n'okusalawo ku lw'abalala. Amakulu g'ekigambo "gavumenti" oba "enzirukanya" gafaananako n'ag'omugoba w'ennyonyi avuga siteeringi oba emmeeri. Omuntu alina ekirabo kino avunaanyizibwa ku kulambika n'okusalawo. Nga omugoba w'ennyonyi oba emmeeri, ayinza obutaba nnannyini mmeeri, naye aba akwasiddwa obuvunaanyizibwa bw'okugilungamya ku lugendo lwayo.

Tito kyakulabirako kya Baibuli eky'omuntu alina ekirabo ky'okuddukanya emirimu. Omutume Pawulo yatandika ekkansa e Kuleete. Tito ye yagimutegekera era n'agilung'ama:

Eri Tito omwana wange ddala...N'olw'ensonga eno nnakuleka mu Kuleete, olyooke otereeze ebyo ebyetaaga okutereeza, n'okussaawo abakadde mu buli kibuga, nga bwe nnakulagira. (Tito 1:4-5)

Ebirabo by'obukulembeze n'okuddukanya bikola bulungi nga biri wamu. Omuntu alina ekirabo ky'okuddukanya alina obusobozi okulungamya, okutegeka, n'okusalawo. Omuntu alina ekirabo ky'obukulembeze alina obusobozi okukubiriza n'okukolagana n'abantu okutuukiriza ebigendererwa bino.

BULI MUNTU ASOBOLA OKUWEEZEZA

Obukulembeze tebukoma ku bakkiriza abalina ebirabo bino ebibiri oba ebifo ebitaano eby'enjawulo eby'obukulembeze. Abakkiriza abalina ebirabo ebirala eby'omwoyo bayinza okusabibwa abakulembeze b'Ekkansa okuweereza mu bukulembeze obw'enjawulo.

Ekyokulabirako, omuntu alina ekirabo ky'okugaba ayinza okusabibwa okukulembera akakiiko akakola ku by'ensimbi mu kkanisa. Omuntu alina ekirabo eky'okuwonya ayinza okusabibwa okukulembera ekibinja ky'abakkiriza mu okuweereza abalwadde mu malwaliro g'omu kitundu. Omulimu gw'obuweereza obw'ebirabo eby'omwoyo ebiweereddwa bizingiramu emikisa mingi egy'obukulembeze. Omukkiriza ne bw'aba talina kimu ku ebirabo by'obukulembeze, alina obusobozi okufuuka omukulembeze ng'ayita mu nkulaakulana entuufu ey'ekirabo kye eky'omwoyo.

EBIFO EBIRALA EBYA BAYIBULI

Waliwo ebifo ebirala eby'obukulembeze ebyogerwako mu Baibuli ebitali birabo bya mwoyo. Ze "ofiisi" ezitandikiddwawo olw'obwetaavu obw'omugaso obw'Ekkansa. Ofiisi z'omudyankoni, omukadde, ne omulabirizi, byogerwako mu Ndagaano Empya. (Abantu abamu batwala omulabirizi ng'afaanana

omusumba. Abalala bagitwala nga ofiisi ey'enjawulo.)

Ebiwandiiko by'Ekkansa eyasooka Katonda yabikuuma ng'ekyokulabirako kye tuyinza okugoberera mu kkanisa. Ofiisi zino nazo zirina okukola mu Kkanisa leero. Ekigendererwa kya ofiisi zino kwe kuyamba abo abalina ebirabo eby'omwoyo eby'obukulembeze ng'abatume, bannabbi, ababuulizi b'enjiri, abasumba, abasomesa, n'abo abalina ebirabo by'obukulembeze n'okuddukanya. Kozesa ensengeka eno wammanga okusobola okusoma ebifo bino:

Omutwe:	Okujuliza:	Emirimu:
Omulabirizi	I Timoseewo 3:1-7 Abafiripi 1:1 Tito 1:5-9 1 Peetero 5:2-3	Bangi omulabirizi bamutwala ng'afaananako n'omusumba. Alina obuvunaanyizibwa obuwanvu ku kibinja ky'abakkiriza
Omudyankoni	1 Timoseewo 3:8-13 Abafiripi 1:1. Ebikolwa 6:1-7	Ennyiriri zino ziraga nti abadyankoni balina obuweereza bw'okuweereza n'okuyamba abalala.
Omudyankoni. (abakazi).	I Timoseewo 3:11. Abaruumi 16:1-2.	Obudyankoni buno tebwoogerwako mu ngeri ey'enjawulo mu Baibuli. Amakanisa agamu geettanira ekigambo kino ku bakyalala b'abadyankoni oba abakyalala abalala abaweereza mu kuweereza oba ayamba.
Abakadde	Ebikolwa 20:17,28-32 Ebikolwa 14:23, 15 Ebikolwa 16:4; 11:30 1Timoseewo 5:1 1 Peetero 5:1-4 Tito 1:5 Yakobo 5:14	Ennyiriri zino ziraga nti abakadde bawo obukulembeze mu kusalawo kw'ekkanisa, okuweereza ebyetaago bya abakkiriza, n'okuyamba mu nkulaakulana n'okulabirira ebibiina by'abakkiriza eby'omu kitundu.

(Weetegereze: Ekigambo "abakadde" kyasooka kukozezebwa mu Baibuli mu Okuva 3:16 nga kwogera ku bakulembeze ba Isiraeri. Mu Baibuli yonna mulimu ebigambo bingi ebikwata ku bakadde ba Isiraeri. Abakadde bano banjawulo ku kifo ky'obukulembeze ekimanyiddwa "ng'omukadde" mu Kkanisa. Ennyiriri eziwandikiddwa wano zitegeeza abakadde mu Kkanisa okusinga abakadde ba Isiraeri.)

Abakadde, abadyankoni, n’abalabirizi tebalina kuddukanya Klezia nga beetongodde ku bakulembeze ab’enjawulo (bannabbi, abatume, ababuulizi b’enjiri, abasumba, abasomesa). Omuntu alonda abakadde, abadyankoni, n’abalabirizi. Naye abo abalina ebirabo eby’enjawulo eby’obukulembeze Katonda y’abateeka mu Kkanisa.

EBIFO EBY’OBUKULEMBEZE EBIKOLA

Emyaka bwe gize giyitawo, ebifo ebirala bingi eby’obukulembeze bize bivaayo okusisinkana ebyetaago by’enteekateeka mu kkanisa. Ebifo bino tebyogerwako mu Baibuli, naye byamugaso nnyo mu buweereza bw’ekibiina ky’omu kitundu. Ekitundu "Okwongera Okusoma" mu ssuula kiraga ebimu ku bifo bino.

ENSEGEKA Y’EKKANISA

Ekifaananyi kino wammanga kiraga engeri ebirabo by’obukulembeze by’osomye gye bikwataganamu mu Ensegeka y’Ekkansa:

EKKANISA

|

Ebirabo eby’enjawulo eby’obukulembeze:

|

Abatume

Bannabbi

Ababuulizi b’enjiri

Abasumba

Abasomesa

|

Nga bayambibwako ebirabo by’okuddukanya emirimu, obukulembeze, abalabirizi, abadyankoni, abakadde, ne buli mmemba w’Omubiri nga bakozesa ekirabo kyabwe eky’omwoyo mu kkanisa mu kifo Katonda kye yabatadde.

|

“YAZIMBA KU LWAZI, YESU KRISTO”

|

Matayo 16:18 | Abakkolinso 3:11 | Abeefeso 2:20

OKWEGEZAAMU

1. Wandiiika Olunyeriri Olukulu okuva mu mutwe gwo

.....
.....
.....

2. Laba olukalala olusooka. Soma ennyinnyoonyola eziri mu lukalala lw'okubiri. Wandiiika ennamba y'ennyinnyoonyola esinga okunnyonnyola ekifo ky'obukulembeze ku kabanga akalekeddwawo.

Olukalala Olusooka:

Olukalala olw'okubiri:

___ Nabbi: 1. Yasindikibwa n'obuyinza okukolera omulala okukulaakulanya amakanisa amapya era n'okugarabirira.

___ Omutume: 2. Ayogera wansi w'okulungamizibwa okw'enjawulo okwogera obubaka bwa Katonda
Eri abantu be; era kifo kya bukulembeze.

___ Omusumba: 3. Agabana Enjiri n'abatakiriza mu ngeri gye baddamu ne bafuuka ekitundu by'Omubiri gwa Kristo eb'obuvunaanyizibwa; "oyo aleeta amawulire amalungi."

_ Omubuulizi w'enjiri: 4. Atwala obukulembeze obw'ekiseera ekiwanvu ku lw'obulungi bw'omwoyo bwa abakiriza; ekigambo kitegeeza "omusumba."

___ Omusomesa: 5. Abunyisa Ekigambo kya Katonda mu ngeri abalala gye banaayiga n'okussa mu nkola ebyo ebisomesebwa; era ekifo ky'abukulembeze.

___ Obukulembeze: 6. Akubiriza abantu okutuukiriza ebiruubirirwa.

_ Eby'okuddukanya: 7. Okufaananako n'omugoba w'emmeeri; awa okulungamya.

3. Wandiiika ofiisi endala ssatu ez'obukulembeze bwa Baibuli eziteeseddwako mu ssomo lino.

.....
.....
.....

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA

Luno lwe lukalala lw'ebifo ebirala eby'obukulembeze mu Kkanisa y'omu kitundu:

OKUSABA N'OBUWEEREZA BW'OKUWONYA:

- Okusaba okw'okwegayirira
- Okufukibwako amafuta
- Ebyenkya by'okusaba
- Ebibinja by'okusaba
- Okukubira essimu mu ddwaaliro
- Okusabra ku ssimu
- Olujegere lw'okusaba
- Okusiiba
- kubuulirira mu kusaba

OBUWEEREZA OBUKOLA:

Abayambi mu ofiisi

Omuwandiisi w'ekkanisa

Okuteekateeka ebiwandiiko ebiweereza amabaluwa

Obuyambi mu ffumbiro ly'ekkanisa

Omulimu baana abato

Omulimu gw'okukuuma

Okuddaabiriza

Okufumba n'okutunda

Okuwandiika amabaluwa.

Okuteekateeka okusembera

Okulabirira abaana

Obuyambi mu by'ensimbi

Obuweereza bw'obutambi

Okukuba essimu

Okukola ku by'okwewandiisa

Okulanga

Okukola ebirabo
Enteekateeka z'ebyizannyo

Okuyingiza abantu
Embaga
Okukola engoye za kkwaaya
Okwaniriza abagenyi
Omuwanika
Ebibinja by'abakozi
Enteekateeka z'okwesanyusaamu
Okuteekateeka ebifulumizibwa mu mawulire

OBUWEEREZA BWE BY'EBYENSOMESA:

Abasomesa ba Baibuli
Omukulembeze w'omusomo
Obuweereza bw'abavubuka
Omwogezi
Okunoonyereza
Etterekero ly'ebitabo ery'ekkanisa
Omukulembeze w'omusomo
Ebisulo by'abantu abakulu
Obuweereza bw'abaana
Okuyigiriza
Omusomesa w'essomero lya Ssande
Omusomesa w'essomero lya Baibuli
Okusomesa abantu
Okuyigiriza abakkiriza abapya

OBUWEEREZA BW'OKUBUULIRIRA ABANTU:

Okubuulirira mu kusaba
Okubudaabudibwa mu bufumbo
Okubudaabudibwa kw'abavubuka
Okubudaabudibwa ku nsonga z'embuto
Okuzzaamu abalala amaanyi
Okukyalira amaka
Okukyalira amalwaaliro
Okugonjoola ebizibu
Okukubira essimu okugoberera
Ekifo eky'obuzibu
Okubuulirira ku ssimu

OBUWEEREZA BW'OKUTAMBULA:

Okubuulira enjiri mu baana
Obuweereza bwa bbaasi
Katemba
Obuweereza bw'amasomero ga siniya
Ebivaako ebyobufuzi
Obutume

Zi kuluseedi
Pulogulaamu za TV/radiyo
Okujulira ku nguudo
Obuwereza mu matendekero
Ekifo eky'okubunyisa amawulire
Enyumba ya kaawa
Obuweereza bw'abasajja n'abakazi
Okujulira ku nnyumba ku nnyumba

Essomero lya Baibuli ery'oluwummula
Okugaba Baibuli n'ebitabo

OBUWEEREZA BW'OBUKULEMBEZE:

Omutegesi
Akulira essomero lya Ssande oba akulira ekitongole

Omuteesiteesi.
Omukulembeze w'ekibiina ky'awaka
Omukwanaganya w'emirimu gy'obutume
Omukulembeze
Ssentebe w'akakiiko
Akulira ebyenjigiriza by'Abakristaayo
Addukanya ekkansa

OBUWEEREZA BW'OKULABIRIRA:

Okusembeza.
Enteekateeka z'okuliisa abantu
Okukyalira eddwaaliro
Abagenyi abasula ekiro
Engoye z'abali mu bwetaavu
Amaka g'abakadde
Okusanyusa

Okukyalira amakomera
Okuyamba abakadde
Eby'entambula
Obuweereza bw'essimu
Obutume
Obuweereza ku nguudo
Ekifo eky'obuzibu
Okuyamba abantu abagongobavu
Okuyamba abantu abatulugunyizibwa
Okuyamba abalema
Okuyamba abali mu bwetaavu
Obuweereza eri bamaama abatali bafumbo

OBUWEEREZA OBULALA:

Ennyimba
Kkwaaya
Okukuba piyano
Okusoma okw'akazannyo
Ebibiina by'ennyimba
Omulimu gw'okuvvuunula

Katemba
Okukulembera okusinza
Okukuba ekivuga
Okuvvuunula
Ebipande by'amawulire
Okuwandiika n'okulongoosa ebintu eby'Ekikristaayo
Okuwandiika ennyimba
Ekibiina ky'abayimbi mu kkanisa
Bbandi y'ekkanisa
Okuyoooyoota ekkkanisa ku mikolo egy'enjawulo
Ebifaananyi

ESSUULA EY'OKUSATU AMAFUTA G'OKUKULEMBERA

EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno ojja kusobola:

- Okuwandiika Olunyiriri Olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola "okufukibwako amafuta."
- Okuzuula ebika ebisatu eby'okufukibwako amafuta.
- Okunnyonnyola ekigendererwa kya buli kika.
- Okuzuula ensibuko y'okufukibwako amafuta mu by'omwoyo.
- Okunnyonnyola ebigendererwa by'okufukibwako amafuta.
- Okuzuula omusingi gw'okufukibwako amafuta ga Katonda.
- Okunnyonnyola amaanyi agawakanya abo Katonda be yafukako amafuta.
- Okunnyonnyola lwaki kikulu okuweereza mu kifo kyokka ky'ofukibwako amafuta.
- Okunnyonnyola engeri y'okukumamu okufukibwako amafuta okupya okwa Katonda.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Naye ejjembe lyange oligulumiza ng'ejjembe ly'engo; Nja kufukibwako amafuta nga mulimu amafuta amapya. (Zabuli 92:10)

ENNYANJULA

Mukama ayagala abakulembeze babeere ba buwanguzi n'okukwata ku nsi olw'Obwakabaka bwa Katonda. Osobola okuba omukulembeze ow'ekika ekyo? Okubeera n'okumanya ebitundu ebikola n'emirimu egy'awamu egya abakulembeze bijja kukuyamba okufuuka omukulembeze omuwanguzi. Waliwo ebisaanyizo bya Baibuli eby'abakulembeze nga nabyo byetaagisa. Ebirabo eby'omwoyo, obukugu, obuyigirize, n'obumanyirivu nabyo bikulu. Bino ojja kubisoma oluvannyuma.

Naye ekisinga obukulu eri abakulembeze kwe kufukibwako amafuta Omwoyo Omutukuvu. Awatali kufukibwako amafuta ga Katonda tosobola kukulembera bulungi, kutegeka, kukungaanya, oba kubuulira njiri. Essuula eno essira erisinga kulissa ku kufukibwako amafuta kw’Omwoyo Omutukuvu ekyetaagisa eri abo abayitibwa n’abalondebwa Katonda olw’obukulembeze.

OKUFUKIBWAKO AMAFUTA

"Okufukako amafuta" kitegeeza okuwaayo oba okutukuza omuntu oba ekintu ng'osiiga amafuta. Amafuta kaba kabonero k’Omwoyo Omutukuvu

EYAFUKIBWAKO AMAFUTA

Erinnya "Kristo" mu lulimi Oluyonaani litegeeza "oyo eyafukibwako amafuta." Yesu yayanjula obuweereza bwe ng’alangerira nti:

Omwoyo wa Mukama ali ku nze, kubanga yanfukako amafuta... (Lukka 4:18)

Yesu yakiraga bulungi nti olw’okufukibwako amafuta kw’Omwoyo Omutukuvu lwe yasobola...

...kubuulira Enjiri eri abaavu...wonya abamenyese emitima...buulira okununulibwa eri abasibe n’okuddamu okulaba eri abazibe b’amaaso...okuteeka ku basumulule abafumitiddwa...okubuulira omwaka gwa Mukama ogukkirizibwa. (Lukka 4:18-19)

Bwe kiba nga kyali kyetaagisa Yesu okufukibwako amafuta okuweereza, olwo naffe kyetaagisa.

EBIKA EBISATU EBY’OKUFUKIBWAKO AMAFUTA

Waliwo okufukibwako amafuta okw’enjawulo kwa bika bisatu okwogerwako mu ndagaano enkadde. By’ebyokulabirako ebirabika oba "ebika" by’ebintu eby’omwoyohnu Katonda by’ayagala abakulembeze babeere nabyo:

OKW’EKIGENGE: NKOLAGANA

Ebigenge bulwadde bwa ntiisa era nga buluma mpola mpola ennyama y’omuntu oyo abulina. Obugere, engalo, n’ebitundu by’omubiri ebirala okukkakkana nga bivunze ne bikutuka.

Mu biseera by’Endagaano Enkadde omuntu eyalina ebigenge yayitibwanga omugenge. Omugenge yawerebwanga okuyingira mu ekitundu kubanga obulwadde bwali busiigibwa. Okukuuma abalala obutakwatagana naye yali yalagibwa okukaaba nti "siri mulongoofu" buli gye yagendanga. Ebigenge byalyanga omubiri gwe mpola, n’amaliriza ng’afiiridde mu bulumi.

Mu Bayibuli, Katonda akozesa ebyokulabirako ekirabika okulaga amazima ag'oby'omwoyo. Ebigenge bikozesebwa ng'ekyokulabirako ky'ekibi. Ng'ebigenge bwe bisaanyaawo omubiri, n'ekibi kijja kukusaanyaawo mu by'omwoyo n'obuweereza bwo.

Mu tteeka ly'endagaano enkadde, Katonda yawa ebiragirowo ebitongole eby'okutukuzibwa kw'omuntu alina ebigenge. Bino bisome mu Eby'Abaleevi 14 mu Baibuli yo nga tonnagenda mu maaso na ssomo lino. Buli biragirowo by'osomye, kabonero akalaga okutukuzibwa kw'olina okufuna mu by'omwoyo:

Ekinyonyi ekitwala omusango gw'Ekibi: Ekinyonyi ekimu kyattibwa, omusaayi gwakyo ne guteekebwa ku kirala. Kano kabonero ka Yesu okuyiwa omusaayi gwe okusobola okwetikka ekibi kyo.

Okwenenya n'okwatula: Kino ky'olina okukola okusobola okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri n'okutukuzibwa okuva mu kibi.

Amazzi Agakulukuta: Kino kabonero akalaga okubatizibwa mu mazzi.

Okufukibwako Amafuta: Kino kabonero akalaga omulimu gw'Omwoyo Omutukuvu mu bulamu bwo. Weetegereze nti amafuta ago gaali gateekeddwa ku kutu, engalo ensajja, n'ekigere ky'omugenge. Kino wetukigeraageranya ku bukulembeze, tulina okufuna okufukibwako amafuta okw'omwoyo okufaananako bwe kutyo okwa...

Okutu: Okusobola okuwulira eddoboosi lya Katonda.

Omukono: Okusobola okumuweereza.

Ekigere: Okutambulira mu nkolagana entuufu naye.

Okufukibwako amafuta okusinga obukulu eri abakulembeze kwe kufukibwako amafuta kuno "okw'omugenge" kubanga kabonero ak'enkolagana ey'obuntu. Enkolagana yo ne Katonda erina okuba entuufu bw'oba oyagala okukulembera abalala. Olina okuba nga wazaalibwa omulundi ogw'okubiri, ng'osobola okuwulira eddoboosi lya Katonda, okumuweereza, n'okutambulira mu nkolagana entuufu naye.

OKUFUKIBWAKO OKW'OBWA KABONA: OBUTUKUVU

Abakulembeze nabo balina okulaba engeri bakabona gye bafukibwako amafuta. Soma ku kino mu Okuva 29 ne 30 ne mu Eby'Abaleevi 8 nga tetunnagenda mu maaso na ssomo lino. Okufukibwako amafuta mu bakabona kwali kufukibwako mafuta okw'obutukuvu, okwawulibwa eri Katonda olw'okuweereza kwe nga tuyita mu bulamu obulungi n'enneeyisa.

Mu biseera by'Endagaano Enkadde, waaliwo ebintu bingi kabona bye yali tasobola kukola olw'obutukuvu bwa ofiisi ye. Olw'okufukibwako amafuta mu ngeri ey'enjawulo okukulembera, ebintu ebimu byandiyoonye kabona ebitayinza kw'onoona bantu balala mu kibiina kya Isiraeri.

Ng'omukulembeze, olina okufuna okufukibwako amafuta okw'obwakabona okw'obutukuvu era n'oyawulibwa olw'okuweereza Katonda. Olina okubeera ng'otuukana n'Ekigambo kya Katonda. Wandibaawo ebintu by'otosobola kola olw'obutukuvu bwa ofiisi yo. Olw'okufukibwako amafuta mu ngeri ey'enjawulo okukulembera abalala, waliwo bintu ebijja okukuyonoona ebinyinza obutayonoona balala.

OKUFUKA AMAFUTA OKW'OBUKULEMBEZE: EKIFO N'AMAANYI

Ekika eky'okusatu eky'okufukibwako amafuta mu ndagaano enkadde kwe kufukibwako amafuta kw'omukulembeze. Kyali kufukibwako mafuta ku abo abaali bagenda okulungamya abantu ba Katonda ng'abakulembeze, gamba nga bakabaka, bannabbi, bakapiteeni, n'ebirala. Okufukibwako amafuta kw'omukulembeze kwe kwassaawo ekifo ky'omukulembeze owa Katonda era ne kimuwa amaanyi okutuukiriza ekifo ekyo.

Ekyokulabirako, okufukibwako amafuta kwa Sawulo kwali ku kifo kya kapiteeni w'abantu ba Katonda:

Awo Samwiri n'addirira eccupa y'amafuta n'agifuka ku mutwe, n'amunywegera. N'ayogera nti Si lwakuba Mukama yakufukako amafuta okubeera omuduumizi w'ebibye obusika? (1 Samwiri 10:1)

Okufukibwako amafuta kwa Dawudi kuwandiikiddwa mu 1 Samwiri 16. Ekitundu kino kiraga bulungi nti amaanyi ga Mukama gajja ku Dawudi olw'okufukibwako amafuta;

Bwatyo ye (taata wa Dawudi) n'atuma n'amuleeta (David) Kati yali mummyufu n'amaso ge nga malungi era ng'alabika bulungi nnyo. Era Mukama n'amugamba nti Golokoka omufukeko amafuta; kubanga yo wuuyo.

Awo Samwiri n'addirira ejjembe ery'amafuta n'amufukako amafuta mu maaso ga baganga be; Omwoyo wa Mukama n'ajja ku Dawudi n'amaanyi okuva ku lunaku. Oluvanyuma Samwiri naddayo e Laama. (I Samwiri 16:12-13)

Okufukibwako amafuta kw'omukulembeze kwali kwa kuwa kifo, amaanyi, n'obuyinza bwa ofiisi. Okufukibwako amafuta, Omwoyo wa Katonda, omuntu asobole okukulembera obulungi abantu ba Katonda mu ngeri ennungi. Ekisuubizo ky'endagaano eky'okufukibwako amafuta kuno okw'amaanyi kisangibwa mu Ebikolwa 1:8.

Naye mmwe mulifuna amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'amala okubakako: era muliba bajulirwa gye ndi mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya yonna ne mu Samaliya, n'okutuukira ddala ku nkomerero y'ensi. (Ebikolwa 1:8)

Okutuukirizibwa kw'ekisuubizo kino kuwandiikiddwa mu Bikolwa 2. Okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu kye kituukiriza okufukibwako amafuta okw'obuweereza mu ndagaano empya. Kino kyogerwako mu Abeefeso:

Era yawa abatume abamu; ne bannabbi abamu; n'ababuulizi b'enjiri abamu; ne abamu, abasumba, n'abasomesa. (Abaefeso 4:11)

Katonda afuse ku abantu abamu amafuta ku bifo by'obukulembeze mu Kkanisa okubasobozesa okutuukiriza okuyitibwa kwabwe.

OKUFUKAKO AMAFUTA KUVA ERI KATONDA

Okufukibwako amafuta kuno okw'ebika ebisatu, okw'akabonero kw'obulembeze, kwonna kuva eri Katonda. Samwiri bwe yafuka amafuta ku Sawulo, yagamba nti, "Mukama akufuseeko amafuta..." (I Samwiri 10:1; 15:17). Yesu bwe yalangirira okufukibwako amafuta kwe, yagamba nti "Mukama anfuseeko amafuta" (Lukka 4:18, laba ne Ebikolwa 10:38). Katonda yayimusa abafukibwako amafuta. Katonda n'agamba Samwiri nti:

Era nze (Katonda) ndiyimusa kabona omwesigwa, anaakola nga ekyyo bwe kiri ekiri mu mutima gwange ne mu birowoozo byange;...era alitambulira mu maaso g'oyo gwendifukako amafuta emirembe gyonna. (1 Samwiri 2:35)

To kufukibwako mafuta olw'okuba ng'otuuziddwa ekibiina oba banaddiini (wadde nga tewali kikyamu mu kukola kino). Okufukibwako amafuta olw'obukulembeze kuva eri Katonda:

Naye okufukibwako amafuta kwe mwafuna okuva gy'ali era kubeera mu mmwe... (1 Yokaana 2:27)

Stefano yatuuuzibwa omuntu ng'omudyankoni. Katonda yamufukibwako amafuta ng'omubuulizi w'enjiri (Ebikolwa 6). Okufukibwako amafuta kwa Katonda, so si kwa muntu kye kisinga obukulu.

EKISINZIRWAKO OKUFUKIBWAKO AMAFUTA

Katonda asinziira ku ki okufuka ku bantu amafuta? Katonda tafuka mafuta ku bantu ng'asinziira ku magezi, obuyigirize, obumanyirivu, oba obusobozi. Okufukibwako amafuta tekwesigama ku ndabika ya kungulu. Kisinziira ku mutima.

Samwiri bwe yagenda mu nnyumba ya Yese okufuka amafuta ku kabaka omuggya, yali anoonya omuntu ow'ekiwago:

Awo olwatuuka bwe baasembera, ye (Samuweri) n'atunuulira Eriyabu, n'agamba nti Mazima Omukama gwe yafukako amafuta ali mu maaso ge.

Naye Mukama n'agamba Samwiri nti Totunuulira maaso ge wadde obuwanvu bw'ekikula kye; kubanga mmugaanye; kubanga Mukama talaba nga omuntu bw'alaba; kubanga omuntu atunuulira endabika ey'okungulu, naye Mukama atunuulira omutima. (1 Samwiri 16:6-7)

Katonda yafuka ku Dawudi amafuta olw'embeera y'omutima gwe. Katonda atunuulira ekyo ky'oli munda.

EBIGENDERERWA BY'OKUFUKAKO AMAFUTA

Bino bye bimu ku bigendererwa by'okufukibwako amafuta:

OKUTUKIRIZA EBIGENDERERWA BYA KATONDA:

Okufukibwako amafuta kuweebwa abakulembeze kibasobozese okutuukiriza ebigendererwa bya Katonda. Yesu kino yakikaatiriza bulungi:

Omwoyo wa Mukama ali ku nze, kubanga yanfukako amafuta okubuulira enjiri eri abaavu, antumye okuwonya abamenyese emitima, okubuulira okununulibwa eri abasibe, n'okuddamu okulaba eri abazibe b'amaaso, n'abanyigirizibwa okufuna eddembe. (Lukka 4:18)

AMAGEZI OKUKULEMBERA:

Okufukibwako amafuta kukuwa amagezi okukulembera abalala mu kifo ky'okwetaaga okukulemberwa:

Naye okufukibwako amafuta kwe mwafuna okuva gy'ali kubeera mu mmwe, era temwetaaga muntu yenna okubayigiriza; naye nga okufukibwako amafuta kwe kumu bwe kubayigiriza ebintu byonna, era mazima, so si bulimba, era nga bw'abayigiriza, mujja mubeere mu Ye. (1 Yokaana 2:27)

OKUKUTULA EKIKOLIGO:

Kuba kufukibwako amafuta okusaanyaawo ebikoligo eby'omwoyo ebisiba abasajja n'abakazi ggwe b'oweereza. Bayibuli eraga nti ebikoligo biba bika bisatu:

1. Waliwo ekikoligo ky'ekibi:

Nze Mukama Katonda wammwe eyabaggya mu nsi y'e Misiri (ekibi) muleme kuba baddu baabwe; era mmenye emiguwa n'embasobozesa okutambula nga mwesimbye. (Eby'Abaleevi 26:13)

2. Waliwo ekikoligo ekikuuma abantu mu buddu bwa "omubiri" oba "omuntu yennyini," ng'eno y'embala y'ekibi:

Kubanga kye nkola sikimanyi. kubanga kye njagala, sikikola; naye kye nkyawa, ekyo kye nkola. (Abaruumi 7:15)

3. Waliwo ekikoligo ky'omuntu nga kino bwe buddu abantu abalala be bakuteekako. Ekikoligo kino mulimu okwesalira omusango, ennono, oba emitendera egy'enneeyisa egitasoboka egyateekebwawo abalala:

Basiba emigugu emizito ne bagitikka abalala, so nga bo n'okugezaako tebagezaako kukwatako n'engalo yaabwe... (Matayo 23:4)

Okufukibwako amafuta kusaanyaawo ebikoligo bino byonna:

...N'ekikoligo kirizikirizibwa olw'okufukibwako amafuta. (Isaaya 10:27)

Ebikoligo bino tebijja kuzikirizibwa olw'okuyigiriza okw'ebuziba. Tebisaanyizibwayo lwa buyigirize, okubudaabudibwa, oba ekitongole kyonna. Bijja kuzikirizibwa olw'okufukibwako amafuta ga Katonda ku bakulembeze ab'omwoyo abamanyi okutuusa obubaka obw'okununulibwa eri abo abali mu buddu.

OKUSALAWO EKIFO KY'OBUWEEREZA:

Katonda afuka amafuta ku bantu olw'ebifo ebyenjawulo oba okuyitibwa mu buweereza. Okugeza, ekifo kya bakabona kyasalibwawo "olw'okufukibwako amafuta" (Okubala 18:8).

Endagaano empya eraga bulungi nti Katonda awa ebirabo eby'omwoyo eby'enjawulo n'okuyitibwa kw'abakkiriza. Olina okumanya okuyitibwa kwo okw'obuntu okwa Katonda, ebirabo byo eby'omwoyo, n'ekiruubirirwa kyo mu nteekateeka ya Katonda okusobola okutambulira mu kufukibwako amafuta kw'Omwoyo Omutukuvu. Bw'ogezaako okuweereza mu kifo ky'otoyitiddwa wadde okufukibwako amafuta, ojja kufuna obuzibu. Kino kitutuusa ku nsonga endala enkulu ku kufukibwako amafuta...

TAMBULIRA MU MAFUTA GO

Katonda afuka amafuta ku bantu mu ofiisi ez'omwoyo, ebifo, n'okuyitibwa. Abakulembeze bangi balemererwa kubanga ensonga eno tebagitegeera. Bagezaako okukola obuweereza bwe balina so teyayitibwa wadde okufukibwako amafuta;

-Soma Okubala 16. Koola ne basajja be bwe baagamba nti baalina okufukibwako amafuta kwe kumu nga Musa, Katonda yakiraga nti mu ngeri ya njawulo.

-Soma Okubala 17. Katonda yakakasa nti okufukibwako amafuta kwe kwawummuzibwa ku Alooni mu ngeri ey'enjawulo.

-Soma I Samwiri 13:8-14. Kabaka Sawulo bwe yagezaako okuweereza mu ofiisi gye yali tafunye kufukibwako mafuta, Katonda yamusalira omusango era n'aganibwa.

-Soma Ebikolwa 19:13-16. Batabani omusanvu ba kabona ayitibwa Sceva bwe baagezaako okuweereza mu kufukibwako amafuta kwe bataalina, baafuna ebizibu.

Weerereza mu ekyo ky'ofukiddwako mafuta, oba ojja kuba tokola bulungi era ofuna obuzibu bungi mu

SUUBIRA OKUWAKANYIZIBWA

Bw'oba ofukibwako amafuta Katonda osobola okusuubira okuziyizibwa okuva eri Sitaani n'amagye ge, awamu n'abantu abatatya Katonda:

Bakabaka b'ensi bakungaanye, n'abafuzi ne bateesezza wamu ku Mukama, n'oyo gwe yafukako amafuta... (Zabuli 2:2)

Abalabe bo kye banvuma, Ayi Mukama; ne bajerega oyo gwe wafukako amafuta nga bamukijanya buli gy'alaga. (Zabuli 89:51)

Amaanyi ag'omulabe gaagala kukulemesa kubanga bakimanyi nti buweereza obufukibwako amafuta bwe butuukiriza ebigendererwa bya Katonda.

AMAFUTA AMAGGYA

Dawudi ayogera ku "mafuta amaggya," nga gano kabonero akalaga okufukibwako amafuta okupya era okwabuli kaseera:

Naye ejjembe lyange oligulumiza ng'ejjembe ly'engo; Nja kufukibwako amafuta nga mulimu amafuta amapya. (Zabuli 92:10)

Okuuma okufukibwako amafuta okupya okw'amaanyi ga Katonda ng'oyita mu kulaba ebika ebisatu buli kiseera by'osomyeko emabegako.

OKW'EBIGENGE: ENKOLAGANA

Amafuta go tegasobola kuba maggya okuggyako ng'enkolagana yo ne Katonda ekuumibwa. Ggwe olina okusigala ng'okwatagana ne Katonda ng'oyita mu kusaba n'okuyiga Baibuli bw'oba oyagala okuwulira eddobozi lye, okuweereza Ye, era n'otambulire mu makubo ge. Okuweereza mu kifo n'obuyinza nga tolina nkolagana kijja kuvaamu okufiirwa obumanyirivu bwo n'ofuuka n'osuulibwa.

Naye nze nkuuma wansi w'omubiri gwange, ne gungondera: ekyo kireme kitegeeza nti bwe mba nga mbuulidde abalala Enjiri, nange kennyini ne sisiimibwa. (I Abakkolinso 9:27)

Si buli muntu anjamba nti Mukama waffe, Mukama waffe, aliyingira mu Bwakabaka wa Ggulu; naye oyo akola Kitange ali mu Ggulu by'ayagala. Bangi baliinjamba ku lunaku olwo nti Mukama waffe, Mukama wange, tetwalagula mu linnya lyo? Era netugoba badayimooni mu linnya lyo? era ne tukola eby'amagero mu linnya lyo? Era awo ndibagamba nti Sibamanyangako, muve mu maaso gange, kubanga ebikolwa byammwe byali bibi. (Matayo 7:21-23)

OKW'OBWAKABONA: OBUTUKUVU

Olina okukuuma obulamu obw'obutukuvu bw'oba oyagala okulaba okufukibwako amafuta okupya okwa Katonda mu buweereza bwo. Olina okuba omulongoofu mu mpisa era ng'oli muntu wa bwesimbu era omwesimbu mu buli kitundu eky'obulamu bwo n'obuweereza bwo.

OKW'OBUKULEMBEZE: EKIFO N'AMAANYI

Olina okuweereza mu kifo Katonda ky'akuyitiddemu. Tolina kukoppa buweereza n'okuyitibwa kw'abalala. Era olina okuba ng'ojjuzibwa Omwoyo Omutukuvu obutasalako. Omwoyo y'akakasa amaanyi ag'omwoyo olw'emirimu Katonda gy'akuwadde.

ENGERI GYE BIKOLERA AWAMU

Ebika ebisatu bino eby'amafula bikolera wamu okukuuma amafuta ga Katonda nga mapya mu bulamu bwo.

-Awatali nkolagana, tosobola kufuna buyinza era tojja kusobola okubeera nabulamu obutukuvu.

-Okuggumiza obutukuvu awatali maanyi kijja kuvaamu okubeera mu mateeka.

-Okubeera n'amaanyi n'ekifo nga tolina bulamu butukuvu kijja kukuteeka mu mbeera y'okuweereza abalala ate nga ggwe kennyini ofuuka "osuulibwa."

OKWEGEZAAMU

1. Wandiiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. "Okufukako amafuta" kitegeeza ki?

.....
.....
.....

3. Amafuta gakiikirira ki?

.....
.....
.....

4. Wandiiika ebika ebisatu eby'okufukibwako amafuta ebyogeddwako mu ssomo lino era onnyonnyole amakulu ga buli kimu.

.....
.....
.....

5. Ani ensibuko y'okufukibwako amafuta olw'obuweereza?

.....
.....
.....

6. Kubaganye ebirowoozo ku bigendererwa by'okufukibwako amafuta.

.....
.....
.....

7. Katonda asinziira ku ki okufuka amafuta? Kiva ku buyigirize, obumanyirivu, amagezi, n'ebirala?

.....
.....
.....

8. Nnyonnyola ensonga lwaki amaanyi agataty Katonda gawakanya abo Katonda be yafukako amafuta.

.....
.....
.....

9. Lwaki kikulu okuweereza mu kifo kyokka Katonda ky'afukiddeko amafuta?

.....
.....
.....

10. Oyinza otya okukuuma okufukibwako amafuta okuggya Katonda mu bulamu bwo ne mu buweereza bwo?

.....
.....
.....

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma ku nkolagana ya Katonda n'abo abaafukibwako amafuta:

-Katonda awa okununulibwa n'okusaasira abaafukibwako amafuta: Zabbuli 18:50

-Alokola era awulira abaafukibwako amafuta: Zabbuli 20:6

-Atunula mu maaso g'abaafukibwako amafuta: Zabbuli 84:9

-Ye maanyi agalokola ag'abo abaafukibwako amafuta: Zabbuli 28:8

-Awa okubikkulirwa eri abo abaafukibwako amafuta (ettaala y'abaafukibwako amafuta): Zabbuli 132:17

-Katonda afuka amafuta okusalako omulabe: 2 Ebyomumirembe 22:7

2. Weeyongere okusoma ku nsonga ez'awamu ezikwata ku kufukibwako amafuta:

-Omulundi ogusooka okwogerwako ku kufukibwako amafuta: Olubereberye 31:13

-Okufukibwako amafuta kukwatagana n'essanyu n'obutuukirivu: Zabbuli 45:7, Abebbulaniya 1:9

-Obunafu obw'obutonde tebulemesa kufukibwako mafuta ga Katonda: II Samwiri 3:39

-Okufukibwako amafuta kukozezewa mu kuwonya abalwadde mu Makko 6:13 ne Yakobo 5:14, abazibe b'amaaso mu Yokaana 9:6;11; n'abazibe b'amaaso mu by'omwoyo mu Okubikkulirwa 3:8.

-Amafuta amatukuvu gaakozesebwanga mu biseera by'endagaano enkadde: Okuva 30:31

-Obumu bugeraageranyizibwa ku kufukibwako amafuta: Zabbuli 133:2

-Okufukibwako amafuta kukwatagana n'obutukuvu: Okuva 29:29

-Ekigambo kya Katonda kyafukibwako amafuta: Eby'Abaleevi 7:36

3. Wayize dda engeri okufukibwako amafuta gye kwakozesebwamu mu biseera by'endagaano enkadde eri abagenge, bakabona, n'abakulembeze. Era kyakozesebwanga okufuka amafuta ku:

-Ebiweebwayo: Okuva 29:36

-Ebiri mu weema: Eby'Abaleevi 8, Okubala 7, Okuva 40

-Empagi oba ebyoto: Olubereberye 31:13

4. Olw'okuba abakulembeze bafukibwako amafuta Katonda, tulina okwegendereza obutabawakanya. Laba Okubaka 16, 1 Samwiri 24 ne 26 2 Samwiri 1, 1 Ebyomumirembe 16:22, Zabbuli 105:15.

5. Okufukibwako amafuta kw'omuntu si kye kimu n'ekyo Katonda. Laba 2 Samwiri 19:10. Soma ku... embooji ey'ekikangabwa eya Abusaalomu eyafukibwako amafuta omuntu (2 Samwiri 18-20).

6. Soma ku kufukibwako amafuta ku:

-Yoswa: Ekyamateeka 34:9 ne Okubala 27:18, 22
-Sawulo: 1 Samwiri 10:15-27
-Dawudi: I Samwiri 16:1-13
-Yesu: Lukka 4:18

7. Soma Ebikolwa 7:25 ne Okuva 2:11-15. Musa yalina okuyitibw okutuufu, naye obuyinza obukyamu mu kusooka. Yagezaako okuweereza mu buyinza bwe mu kifo ky'okuweereza mu bwa Katonda.

8. Soma Amosi 7:14-15. Amosi teyali muweereza. Yali mulunzi era nga mukung'aanya wa birime. Naye Katonda bwe yamufukako amafuta, yafuuka nnabbi.

ESSUULA EYOOKUNA

EBISAANYIZO BY'ABAKULEMBEZE

EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno ojja kusobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnonnyola "Ebisaanyizo."
- Okunnonnyola ebibala eby'ebweru eby'Omwoyo.
- Okunnonnyola ebibala eby'omunda eby'Omwoyo.
- Okuzuula ebyawandiikibwa ebikulu ebibiri ebiwandiika ebisaanyizo ebitongole eri abakulembeze.
- Okuwandiika ebisaanyizo bina ebyetaagisa eri abakulembeze bonna ab'omwoyo.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Kubanga ffe tuli mirimu gye, twatondebwa mu Kristo Yesu okukola ebikolwa ebirungi Katonda nga Katonda bwe yatuteekeratekera. (Abaefeso 2:10)

ENNYANJULA

Katonda bw'ayita omukkiriza mu bukulembeze, aba ayagala okumusaanyiza okusobola okumuweereza. Olw'okuba ebikolebwa n'okuyitibwa bya njawulo, waliwo engeri ez'enjawulo ezeetaagisa ku bifo eby'enjawulo by'obukulembeze mu Mubiri gwa Kristo. Katonda asaanyiza buli mukulembeze mu ngeri ez'enjawulo.

Wadde Katonda awa abakulembeze obusobozi obweetaagisa ku kuyitibwa kwabwe, waliwo okusaanyiza okwawamu eri abakulembeze bonna ab'omwoyo. Ebisaanyizo bino gw'emulaka gw'essomo lino ogunnonnyola ku byetaago ebikulu, ebibala eby'omwoyo, n'ebyenjawulo eri abukulembeze ab'omwoyo.

EBISAANYIZO EBYA BAIBULI

Ebisaanyizo si busobozi bwa butonde. Zino ziba mbala za mpisa n'enneeyisa. Ebisaanyizo by'obukulembeze ebya Baibuli mbala za mpisa n'enneeyisa ezinnyonnyolwa eri abakulembeze okuva mu Kigambo kya Katonda. Bukakafu obulaga nti omuntu alina obulamu obw'okutya Katonda.

Abantu batera okutwala obusobozi bw'omukulembeze ng'obukulu era ne babuusa amaaso ebisaanyizo byabwe eby'obukulembeze. Ekyokulabirako, abantu bayinza okulamula omusumba nga basinziira ku kubuulira kwe okulungi. Naye wadde ng'ayinza okusikiriza abantu olw'obusobozi bwe obw'okwogera, ayinza okuba ng'abulwa nnyo mu bisaanyizo bya Baibuli eby'obulamu obw'okutya Katonda obwetaagisa eri abakulembeze.

Obukulembeze obw'omwoyo bulina okukulaakulanyizibwa n'okwekenneenya okusinziira ku mutindo gwa Baibuli. Okugezezebwa kw'obuweereza bwonna si ku birabo bya mwoyo, maanyi, oba obusobozi obw'obutonde. Obuweereza bulina okwekenneenyezebwa ku bujulizi bw'obulamu obw'okutya Katonda, era obuyitibwa "ebibala eby'omwoyo":

Noolwekyo mulibamanya olw'ebibala byabwe... (Matayo 7:20)

Ebibala oba embala z'omuntu ez'eby'omwoyo ziraga engeri gy'ali munda:

Kubanga omuti omulungi tegubala bibala bibi; n'omuti omubi tegubala bibala birungi:

Kubanga buli muti gumanyiddwa olw'ebibala byagwo. Kubanga abantu tebakunjaanya ttiini ku busaana so tebanoga mizabibbu ku mweramannyo:

Omuntu omulungi okuva mu tterekero eddungi ery'omutima gwe, aggyamu ebiriwo ebirungi; n'omuntu omubi aggya ekyo mu tterekero ebbi ery'omu mutima gwe ekibi: kubanga akamwa koogera ku biba bijjudde omutima. (Lukka 6:43-45)

Omusajja ayinza okuba n'okusikiriza okw'obuntu okuyinza okuyitibwa nti maanyi ga mwoyo. Ayinza n'okukola ebyamagero mu linnya lya Mukama. Naye Yesu yagamba nti:

Si buli muntu anjamba nti Mukama waffe, Mukama waffe, aliyingira mu Bwakabaka bwe Ggulu; naye oyo akola Kitange ali mu Ggulu by'ayagala:

Ku lunaku olwo tebalinjamba nti tetwalagula mu linnya lyo? ne mu linnya lyo mwetwagoberanga badayimooni? Netukola eby'amagero mu linnya lyo?

Awo ndibagamba nti Sibamanyirangako: Muve mu maaso kubanga ebikolwa byammwe byali bibi. (Matayo 7:21-23)

Yuda yalabula ku abo abaali bagenda "okwegatta" mu kkanisa ne bayigiriza enjigiriza ez'obulimba. Yagambye nti engeri emu ey'okubategeera yali ya butabeera na bibala mu bulamu bwabwe:

..Gino bye...emiti ebibala byagyo ebikala, ebitabala bibala, ebifudde emirundi ebiri, egy'akuulibwa n'emirandira. (Yuda 12)

Ekikulu mu buweereza bwonna kye kibala kubanga..."Olw'ebibala byabwe mujja kumanya."

OKUSINZIIRWA

Bino by'ebisaanyizo ebina ebikulu eri abakulembeze bonna. Omukulembeze Omukristaayo alina okuba:

1. **Yazaalibwa omulundi ogw'okubiri:** Alina okuba omukkiriza omutuufu mu Yesu Kristo okusinziira ku biragiro ebiweereddwa mu Yokaana 3.
2. **Yabatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu:** Alina okuba n'obujulizi bw'omujulizi ow'amaanyi nga wekyannyonyolwa mu Bikolwa 1:8.
3. **Yayitibwa era nga yafukibwako amafuta okubeera omukulembeze:** Abantu balina okuyitibwa n'okufukibwako amafuta Katonda okujjuza ebifo by'obukulembeze mu Kkanisa.
4. **Mukulu mu by'omwoyo:** Omukulembeze tasaanidde kuba mukkiriza wa mubiri (I Abakkolinso 3:1) oba mukristaayo omuggya (1 Timoseewo 3:6). Yandibadde ng'amanya emisingi gy'okukkiriza eginnyonyoddwa mu Abebbulaniya 6:1-3 era n'agenda mu maaso n'okukula mu by'omwoyo ng'ekitundu kino bwe kirambika.

Okukula mu by'omwoyo kuzingiramu enkolagana ennungi ey'obuntu ne Mukama omuli okusaba okulungi n'empisa y'okuyiga Baibuli. Bw'oba ogenda okukulembera abalala mu makubo ga Katonda, olina okuwuliziganya naye ggwe kennyini era obeere n'okumanya ekigambo kye. Osobola okwetaba mu misomo gy'obukulembeze, genda mu matendekero, era n'osoma ebitabo bingi ebikwata ku bukulembeze, naye wooba teweyongedde okunoonya Mukama obuweereza bwo bujja kulemererwa.

EKIBALA KY'OMWOYO Omutukuvu

Ekibala ky'Omwoyo Omutukuvu kitegeeza embala y'Omwoyo eyeyolekera mu bulamu bw'omukkiriza. engeri ez'omwoyo zezirina okweyoleka mu bulamu bw'Abakristaayo bonna, naye naddala mu bakulembeze ab'omwoyo.

Ebirabo by'Omwoyo Omutukuvu by'a maanyi. Ebibala by'Omwoyo Omutukuvu bya mbala. Ebibala ebyebibalabwe bukakafu obulaga nti omuntu akuze mu by'omwoyo. Nga ebibala bwe bitwala ekiseera okukula mu nsi ey'obutonde, n'ebibala eby'omwoyo bitwala ekiseera okukula. Kyekiiva mu kukula okw'obutonde mu bulamu bw'Omwoyo.

Baibuli eyogera ku bibala eby'omwoyo eby'engeri bbiri: Ekibala eky'ebweru eky'okubuulira enjiri n'ekibala eky'omunda eky'embala ya Katonda. Abakulembeze ab'omwoyo balina okubala ebibala nga babeera abajulizi ab'amaanyi ku bubaka bw'Enjiri:

Si mmwe mwannonda! Wabula nze nabalonda, mulyoke mubale ebibala ate ebibala eby'olubeerera... (Yokaana 15:16)

Ekiragiyo kya Yesu ekyasembayo nga tannadda mu Ggulu kyali nti:

Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri buli kitonde. (Makko 16:15)

Yasoomooza abayigirizwa be n'okwolesebwa okunene okw'amakungula ag'omwoyo:

Temugamba nti ebula emyezi ena, amakungula ne gajja? laba, nze mugambe nti muyimuse amaaso gammwe, mutunule mu nnimiro; amakungula gatuuse.

N'oyo akungula afuna empeera, n'akuŋŋaanya ebibala eri obulamu obutaggwaawo. oyo asiga n'oyo akungula balyoke basanyukire wamu. (Yokaana 4:35-36)

Sulemaani n'agamba nti:

Ebibala by'abatuukirivu muti gwa bulamu; n'oyo awangula emyoyo aba mugezi.(Engero 11:30)

Amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu gasobozesa abakkiriza okubala ebibala mu by'omwoyo nga bayita mu kubuulira enjiri:

Naye mulifuna amaanyi oluvannyuma lw'Omwoyo Omutukuvu okujja ku mmwe: era muliba bajulirwa gye ndi mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya yonna ne mu Samaliya, n'okutuukira ddala ku nkomerero y'ensi. (Ebikolwa 1:8)

Enkola y'okwekubisaamu mu by'omwoyo eweereddwa mu 2 Timoseewo 2:2:

Ebyo bye wawulira mu maaso g'abajulirwa abangi, biyigirizenga nga abantu abeesigwa, abalisobola n'okuyigiriza abalala. (2 Timoseewo 2:2)

Olw'obukulu bw'ebibala by'okubuulira enjiri, Harvestime International Institute egaba omusomo ogukwata ku nsonga eno ogwatumiddwa "Okubuulira Enjiri Okulinga Ekizimbulukusa."

Ng'oggyeeko ekibala ky'omwoyo eky'okubuulira enjiri, abakulembeze balina n'okukulaakulanya ebibala eby'okufaanana Kristo:

Naye ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, essanyu, emirembe, okugumiikiriza, obukkakkamu, obulungi okukkiriza, obuwombeefu, okwefuga: awali ebyo tewali tteeka libiwakanya. (Abaggalatiya 5:22-23)

Zino z'embala z'omunda Omwoyo Omutukuvu z'ayagala okukulaakulanya mu bulamu bw'omukulembeze. Embala ezeeyolekera mu bulamu bwa Yesu Kristo. Eno y'ensonga lwaki tuziyita "Embala ng'eza Kristo."

Ebibala by'Omwoyo Omutukuvu bisangibwa mu buli kikulwa eky'obulungi, obutuukirivu, n'amazima ebikolebwa abakkiriza:

**Kubanga ebibala by'Omwoyo biri mu bulungi bwonna ne mu butuukirivu n'amazima.
(Abaefeso 5:9)**

Ekibala ky'Omwoyo Omutukuvu era kirimu embala zino wammanga ezenjawulo:

OKWAGALA:

Okwagala kwewulira omukwano ogw'amaanyi, okufaayo, n'okukwatibwako. Kizingiramu okufaayo ku bantu, okubeera ow'omukwano, asaasira, ategeera, abudaabuda, azzaamu amaanyi, era assaayo omwoyo.

Omukulembeze alina okwagala Katonda (Makko 12:30). Okwagala kulina okulagibwa omukulembeze eri abagoberezi be, bonna abakkiriza, n'abatanalokolebwa (2 Peetero 1:22; Lukka 6:27,32,35; Matayo 5:43-44; 19:19; Yokaana 13:34-35; 15:9,12; 17:26, 1 Yokaana 2:9-10).

Omulumu gw'omukulembeze eri Mukama kwe kuba omulumu gw'okwagala (1 Abasessaloniika 1:3). Okukkiriza kukolera mu kwagala (Abaggalatiya 5:6) n'ebirabo eby'omwoyo bikola okuyita mu kwagala (1 Abakkolinso 13). Okwagala ky'ekisumuluzo ky'obuwanguzi bw'obuweereza bwonna (1 Abakkolinso 13).

Okwagala kuzingiramu obukodyo, nga buno bwe busobozi bw'okukwatagana n'abalala n'okukwatagana nabo mu ngeri ennungi. Busobozi bw'okwogera n'okukola ebyetaagisa era ebizibu nga tonyiiza balala.

ESSANYU:

Essanyu mbala mukyamufu, okusanyuka. Katonda ky'ayagala, obeere n'essanyu (Yokaana 15:11; 17:13). Abayigirizwa baajjula essanyu n'Omwoyo Omutukuvu (Ebikolwa 13:52). Ensulo y'essanyu teri mu bintu eby'ensi. Kiri mu Katonda (Zabuli 16:11). Kubanga essanyu erya nnamaddala lya mwoyo so terisinzira ku mbeera ez'okungulu, omukulembeze asobola okusanyuka mu kukemebwa n'okugezesebwa (Yakobo 1:2, 2 Abakkolinso 7:4). Asobola okuba omugumiikiriza n'essanyu (Abakkolosaayi 1:11).

EMIREMBE:

Emirembe mbeera ya kusirika, okukkakkana, okutebenkera, n'okukwatagana. Kwe butabeerawo kuyomba, n'okweraliikirira. Omukulembeze alina embala eno yeesigika era asobola okwekuuma mu mbeera enzibu kubanga asobola okusigala nga mukakkamu.

Okutabulwa kikontana n'emirembe. Katonda taleeta kutabulwa. Oyagala kuleeta emirembe (1 Abakkolinso 14:33). Emirembe gyonna egy'amazima gijja mu Yesu Kristo (Ebikolwa 10:36; Abeefeso 2:14, Abaruumi 5:1, Yokaana 14:27, 16:33).

Abakulembeze balina okugoberera ebintu ebivaamu emirembe (Abaruumi 14:19) n'okubeera mu mirembe n'abalala (2 Abakkolinso 13:11; Abebbulaniya 12:14). Obumu, obwetaagisa mu buli buweereza obulungi, bukuumibwa okuyita mu mirembe (Abaefeso 4:3). Emirembe gya Katonda girina okufuga omutima gw'omukulembeze (Abakkolosaayi 3:15).

OKUGUMIIRIZA:

Obugumiikiriza y'embala y'okubeera ng'olindirira. Kwe kusobola okugumira n'essanyu ekintu ekitagumiikirizikika. Obugumiikiriza yali mbala eyeeyolekera mu buweereza bw'Omutume Pawulo (2 Timoseewo 3:10). Tulina okuba abagumiikiriza n'essanyu (Abakkolosaayi 1:11).

Omukulembeze alina okubuulira ekigambo kya Katonda n'obugumiikiriza (2 Timoseewo 4:2) n'okukwatagana n'abalala n'embala eno (Abaefeso 4:2). Alina "okwambala" obugumiikiriza ng'embala ey'omwoyo (Abakkolosaayi 3:12).

OBUKKAKKAMU:

Obukkakkamu y'embala y'okuba n'empisa omukkakkamu, obutaba mukambwe, wa ffujjo, oba wa ddoobozi ery'omwanguka. Kiba kisa ekisirifu era ekissa ekitiibwa. Baibuli erabula abakkiriza obutayomba wabula babeere bakkakkamu eri abantu bonna (2 Timoseewo 2:24). Tetulina kuba ng'abo abalwana. Abalwanyi be bantu abalwana bulijjo oba nga bayomba (Tito 3:2). Tulina okwanguyirwa okwegayirira. Ekyo kitegeeza nti tulina okwanguyirwa okutuukirirwa abalala olw'obutonde bwaffe obw'obukkakkamu (Yakobo 3:17).

Omukulembeze omukkakkamu mukulembeze munene. Dawudi yawandiika nti:

Era ompadde engabo ey'obulokozi bwo; n'omukono gwo ogwa ddyo gunnywezeza, era obuwombeefu bwo bunfudde omukulu. (Zabuli 18:35)

OBULUNGI:

Obulungi bye bikolwa eby'obutukuvu oba ebikolwa eby'obutuukirivu. Katonda ajjuza abalumwa enjala ebirungi (Zabuli 107:9). Ng'abakkiriza, obulungi n'okusaasira kwa Katonda bitugoberera (Zabuli 23:6).

OKUKKIRIZA:

Okukkiriza ndowooza ya kwesiga, kusuubira, n'essuubi eri Katonda (Abaebbulaniya 12:1). Kwe kukkirizanti byonna Katonda bye yayogera bituufu era nti tewali kitasoboka. Okukkiriza, nga kugatta wamu n'omulimu gw'obuweereza, bituukiriza ebintu ebinene mu bwakabaka bwa Katonda.

Okukkiriza ndowooza ya kwesiga Katonda ereetera abagoberezi okuwulira nga beesiga n'okuzimba okukkiriza. Kwe kukkiriza nti "Nsobola okukola byonna okuyita mu Kristo ampa amaanyi."

OBUWOMBEEFU:

Obuwombeefu ge maanyi agafugibwa. Okukangavvula abalala kulina okukolebwa mu buwombeefu (Abaggalatiya 6:1) era kiyamba omukulembeze okukuuma obumu mu kkanisa (Abaefeso 4:1-3). Kisaanye okukozesebwa mu okukolagana n’abantu bonna (Tito 3:2; II Timoseewo 2:24-25). Omuntu ow’amagezi aba muwombeefu (Yakobo 3:13). Abakkiriza bonna bakubirizibwa okunoonya engeri eno (Abakkolosaayi 3:12; I Timoseewo 6:11; Zeffaniya 2:3)

OKWEFUGA:

Okufuga kwe kuba omukkakkamu mu nneewulira, mu birowoozo, ne mu bikolwa. Kwe kwefuga. Obutebenkevu kwe kwefugs mu byonna (1 Abakkolinso 9:27 ne 9:19- 27). Tulina okugattako okwefuganga mu bulamu bwaffe (2 Peetero 1:6).

EBISAANYIIZO EBY’ENJAWULO

Ng’oggyeeko ebibala eby’omwoyo, Baibuli eraga ebisaanyizo ebitongole eby’abakulembeze. Bino bisangibwa mu 1 Timoseewo 3 ne Tito 1. Ebisaanyizo bino wammanga bye biwandikiddwa ku basumba, abalabirizi, abakadde, oba abadyankoni. Wadde ebisaanyizo bino bizuulibwa ku ofiisi ezenjawulo, byetaagibwa ku bifo byonna eby’obukulembeze:

ABALABIRIZI N’ABAKADDE:

Talina kyakunenyezebwa: Alina okuba ba mwogerako bulungi, wa empisa, era nga tavvoola kigambo kya Katonda: 1 Timoseewo 3:2, Tito 1:6, 7

Omwami wa mukyala omu: Bw’aba mufumbo, alina okuba n’omubeezi omu yekka: I Timoseewo 3:2, Tito 1:6. (Obuwagizi n’okukolagana bw’abafumbo mu buweereza nakyo kikulu.)

Yeefuga: Nga yeefuga mu byonna: Tito 1:8, 1 Timoseewo 3:2

Okwefuga: Alaga okwekufuga mu bintu byonna eby’obulamu n’empisa. Omuntu bw’aba anaakulembera abalala, alina kusooga okwefuga: Tito 1:8

Mutegeevu, mwegendereza: Kino kitegeeza nti omukulembeze alina okuba omumanyi, alina amagezi, mugezi: 1 Timoseewo 3:2, Tito 1:8

Asembeza abagenyi: Awaka we waggule eri abalala: I Timoseewo 3:2, Tito 1:8

Asobola Okuyigiriza: Alina obusobozi okubunyisa ekigambo kya Katonda eri abalala: I Timoseewo 3:2, Tito 1:9

Tebaanywa mwenge: 1 Timoseewo 3:3, Tito 1:7

Mugumiikiriza: Ekikontana n’okusunguwala amangu: I Timoseewo 3:3

Tebeefaako bokka: Tebeefaako bokka era nga bakwata amakubo gaabwe: Tito 1:7

Si mukkiriza mupya: Alina okuba omukulu n'obumanyirivu ng'omukkiriza: I Timoseewo 3:6

Okwagala Ekirungi: Okuwagira byonna eby'omugaso eri Katonda n'ebigendererwa bye: Tito 1:8

Mwenkanya: Obwenkanya mu kukolagana n'abantu: Tito 1:8

Munywevu Mu Kigambo: Tito 1:9

Mutukuvu: Mutuukirivu, atukuziddwa: Tito 1:8

Talulunkana: Si wa mululu gwa kufuna ssente. Talina kwagala nnyo ssente: Tito 1:7, 1 Timoseewo 3:3

Addukanya bulungi amaka ge: Alina okulaga obusobozi bw'obukulembeze mu maka ge: 1 Timoseewo 3:4-5

Alina abaana abakkiriza: Alina okuba n'abaana abagondera Mukama era nga si bajeemu: Tito 1:6

Erinnya ddungi eri ab'ebweru: Alina okuba n'obujulizi obulungi mu batali bakkiriza: 1 Timoseewo 3:7

ABADINKONI:

Ekitiibwa: Alina okuweebwa ekitiibwa n'okulaga endowooza n'empisa ez'amaanyi: 1 Timoseewo 3:8

Obutataagana mu bigambo: Tawa lipoota ezikontana: I Timoseewo 3:8

Talina muzze gwa kunywa mwenge: 1 Timoseewo 3:8

Talulunkanira bintu: Si wa mululu gwa kufuna nsimbi: I Timoseewo 3:8

Yewaayo mu Kukkiriza: 1 Timoseewo 3:9

Agezesebwa: Omuntu eyayita mu kugezesebwa n'okukemebwa mu by'omwoyo era n'alaga nti mwesigwa: 1 Timoseewo 3:10

Tebaliiko kyakunenyezebwa: Obutabaawo musango gwonna ogw'empisa embi: I Timoseewo 3:10

Omwami W'omukyala Omu: Bw'oba mufumbo, alina okuba n'omubeezi omu: I Timoseewo 3:12

Abaddukanya Amaka Abalungi: Balina okulaga obukulembeze mu bulamu bw'amaka: I Timoseewo

Akakasibbwa: Si mupya mukukkiriza, wabula akakasiddwa ng'omukkiriza: I Timoseewo 3:10

EBISAANYIZO EBY'AWAMU

Bino by'ebisaanyizo ebirala ebikulu eri abakulembeze:

OKWOLESEBWA:

Omuntu akulembera alina okuba n'okwolesebwa. Okwolesebwa kuzingiramu okumanya ekigendererwa

kyo mu nteekateeka ya Katonda, okusobola okuwulira eddoboosi lya Katonda, n'okumanya by'ayagala n'ebigendererwa bye.

Pawulo yali kyakulabirako kirungi eky'omukulembeze eyalina okwolesebwa. Pawulo yasobola okukulembera abalala kubanga yalina okwolesebwa okutegeerekeka obulungi ku ekyo Katonda kye yali amuyise okukola. Mu myaka egyaddirira mu buweereza bwe yagamba nti, "Saajeemera kwolesebwa okw'e ggulu."

Okwolesebwa kusobozesa omukulembeze okuteebereza mu biseera eby'omu maaso okusukka ebiriwo n'okukkiriza Katonda olw'ebintu ebinene

OBUSUKKULUMU:

Omukulembeze alina okulaga obusukkulumu, so si kwemalira ku ekyo ekya bulijjo mu mulimu gwa Mukama. Alina okuba omukugu era ng'amanyi, so si mugayaavu mu buweereza. Alina okuba omukwasi w'obudde, mwesigwa, era eyeesigika.

OKUSALAWO:

"Okusalawo" kitegeeza obusobozi bw'okusalawo okunywevu, obutabeera mu mbeera y'obutasalawo obutasalawo.

ASESA:

Omusesa. Kino, kijja kuyamba mu mbeera enzibu.

MUVVUMU:

Omukulembeze talina kutya. Alina okuba omuvumu era ng'asobola okuyimirira mu maaso g'okuziyizibwa nga sitaani oba omuntu (Nekkemiya 6:11).

ENDOWOOZA ENNUNGI:

Okumalamu amaanyi n'okuba n'endowooza embi kivaamu okuwangulwa. Embeera enzibu bigezo eri abukulembeze. Bakumalamu amaanyi? Zikusaanyaawo, zikuwangula oba zikulemesa? Abakulembeze balina funa endowooza ennungi, omwoyo ogw'okuzzaamu amaanyi mu kifo ky'okumalamu amaanyi. Endowooza yo tejjja kukoma ku kukosa nkola yo ng'omukulembeze, wabula kijja kumanyibwa eri abagoberezi bo.

AWA EBY'OKUKOLA:

Omulumu omukulu ogw'obukulembeze kwe kuteeka abantu eby'okukozesa mu mulimu gw'obuweereza (Abaefeso 4:12). Omukozi asobola okutegeka, okukubiriza, n'okukunga abantu. Alaga obunyikivu n'okusanyukira mu mulimu gwa Mukama. Endowooza zino azitegeeza abagoberezi era abakubiriza n'okubazzaamu amaanyi olw'omulumu gw'obuweereza.

Ng'ekimu ku bikozezebwa, amanyi okugaba emirimu eri abalala mu kifo ky'okukola buli kimu ye kennyini. Omukulembeze omulungi azimba abakulembeze abalala. Omukozi aba wa maanyi ekimala okukkiriza abalala okuba n'obuweereza, obuvunaanyizibwa, obuyinza, n'okutendereza nga towulira nti bali ku bunkenke.

OBUYINZA:

Omukulembeze alina okuba omusajja ow'obuyinza wansi w'obuyinza bwa Katonda. Alina okuba ng'asobola okukulembera n'amaanyi n'obuyinza Katonda bye yamukwasa.

OKWEWAYO:

Omukulembeze alina okwewaayo n'okwewaayo eri Katonda, Obwakabaka bwe, abo b'akulembera, n'omulimu gw'obuweereza.

OMUTANDISI:

Abakulembeze abamu bakoppa. Bakoppa ebyo abalala bye bakola. Abakulembeze abamu balabirira. Bamala kukuuma ebyo ebyatandikibwawo edda.

Abakulembeze abamu b'ekiriranya. Batuukana n'okwagala kw'abantu n'okugamba nti "ffe bulijjo bakikoze bwe batyo."

Abakulembeze abalungi baba batandisi. Bakyuka n'enkyukakyuka. Si bakakanyavu era nga tebasibiddwa mu nnono. Omukulembeze ow'ekika kino muyiia era wa mulembe, yegulawo okulungamizibwa Omwoyo Omutukuvu eri engeri empya ez'okukola ebintu n'ebirowoozo ebipya. Basobola okutereeza ebintu bye bakulembeza, okukyusa enkola mu ngeri yonna buli lwe kyetaagisa okutumbula Obwakabaka.

AMAGEZI N'OKUMANYA:

Omukulembeze alina okulaga nti alina endowooza ennungi n'amagezi mu kusalawo n'ebikolwa. Ateekwa okuba nga yalina obusobozi bw'obwongo obumala okumanya engeri y'okukulembera. Obukugu buno osobola okubufuna nga tuyita mu kutendekebwa, obumanyirivu, n'okulungamizibwa Omwoyo Omutukuvu.

OKUSOMA:

Okusomesa kikulu, naye jjukira nti Yesu yalonda abasajja abatamanyi era abatayiga. Bbo baafuuka abakulembeze abakulu olw'amaanyi ga Katonda.

OBUMANYIRIVU:

Olw'okuba Yoswa yali musajja alina obumanyirivu mu ntalo, yalondebwa okukulembera Isiraeri okuyingira mu nsi ensuubize. Eno y'ensonga lwaki "Obuweereza bw'omubiri" buli mukkiriza bukulu. Buwa obumanyirivu okuyimusa abakulembeze abapya.

OBUMALIRIVU OKUSASULA OMUWENDO:

Yesu yagamba nti waliwo omuwendo ogusaanye okuweebwa eri okuba omuyigirizwa. Yalabula abayinza okuba abayigirizwa okubala omuwendo. Abakulembeze balina okuba abeetegefu okwetikka omusaalaba, okwegaana, n'okukola ennyo wansi embeera enzibu.

OMWOYO OGUWEEREZA:

Yesu yakiraga nti ebisaanyizo by'abakulembeze mu Bwakabaka bwa Katonda byawukana ku bisaanyizo by'abakulembeze b'ensi. Abakulembeze Abakristaayo balina okukulaakulanya omwoyo ogw'obwetoowaze, ogw'okusaasira, ogw'okuweereza n'okukulembera ng'omusumba. Ebisaanyizo bino bikulu nnyo ne kiba nti emisomo ebbiri egiddako essira liteekebwa ku byo.

OKUKULAAKULANYA EMBALA:

Nga bw'osoma enkalala z'ebibala eby'omwoyo, ebisaanyizo ebitongole, n'eby'awamu ebyogeddwako mu essomo lino, oyinza okubuutikirwa engeri ezeetaagisa mu bukulembeze. Oyinza okulowooza nti, "Sisobola kukulaakulanya mbala zino zonna!"

...Era oli mutuufu. Tewali kintu mukulembeze "yekola". Mu ngeri endala, tosobola kulaakulanya mbala zino mu ggwe kennyini wekka. Ebisaanyizo by'omukulembeze bikukulaakulanyizibwa ng'okkiriza amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu okukola mu bulamu bwo.

Embeera eno eba yeeyongera mu maaso, kubanga Baibuli eraga nti "tuli" omulimu gwe. Ekigambo "tuli" kiri mukiseera ekiriwo era kitegeeza nti buli kiseera tuli mu nkulaakulana okuyita mu maanyi ga Katonda:

Kubanga ffe tuli mulimu gwa Katonda, twatondebwa mu Kristo Yesu okukola ebikolwa ebirungi nga Katonda bwe yatuteekeratekera. (Abaefeso 2:10)

OKWEGEZAAMU

1. Wandiiika Olunyiriri Olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Ekigambo "Ebisaanyizo" kitegeeza ki?

.....
.....
.....

3. Kibala ki ekiva eky'okubuulira enjiri?

.....
.....
.....

4. Kibala ki eky'embala eziringa eza Kristo?

.....
.....
.....

5. Laba ebibala by'Omwoyo Omutukuvu mu Lukalala olusooka. Soma ennyonyola eziri mu lukalala olw'okubiri. Wandiiika ennamba y'ennyinnyonnyola esinga okunnyonnyola ebibala ku kasaze akalekeddwawo.

Olukalala Olusooka:

Olukalala olw'okubiri:

_____ Okwefuga.

_____ Okukkiriza.

_____ Obuwombeefu:

_____ Ekisa.

_____ Obulungi.

_____ Essanyu.

_____ Okugumiikiriza.

1. Omukwano ogw'amaanyi, okufaayo

2. Essanyu, okusanyuka

3. Okusirika, okukkakkamu, okukwatagana

4. Okugumiikiriza, okugumira.

5. Engeri ennyangu, si ya maanyi

6. Ebikolwa ebituukirivu

7. Obwesige obw'amaanyi mu Katonda

_____ Emirembe.

8. Amaanyi amafuge.

_____ Okwagala.

9. Okwefuga

6. Waayo ennyiri mu Baibuli enkulu bbiri eziwa ebisaanyizo ebitongole eri abakulembeze mu kkanisa:

.....
.....
.....

7. Bisaanyizo ki ebina ebikulu ebyetaagisa mu bakulembeze bonna?

.....
.....
.....

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Yesu Kristo yalina ebibala byonna eby'Omwoyo Omutukuvu ebyeyoleka mu bulamu bwe. Soma ku byokulabirako bino wammanga

Ebibala ebilabika:

-Okubuulira enjiri: Yokaana 10:16, Makko 1:38

Ebibala eby'omunda:

-Okwagala: Makko 10:21, Yokaana 11:5,36

-Essanyu: Yokaana 15:11

-Emirembe: Yokaana 14:27

-Okugumiiikiriza: 1 Peetero 3:15

-Obuwombeefu: 2 Abakkolinso 10:1

-Obulungi: Abaruumi 11:22

-Okukkiriza: Matayo 17:14-21

-Obuwombeefu: 2 Abakkolinso 10:1

-Okwefuga: Lukka 4:1-13

2. Ddamu osome ebisaanyizo ebitongole n'eby'awamu eby'abakulembeze ebyogeddwako mu ssomo lino. Funa ebyawandiikibwa mu bitabo eby'enjiri ebiraga engeri zino mu bulamu ne obuweereza bwa Yesu.

3. Weekenneenye enkalala z'ebisaanyizo ebiweereddwa abakulembeze mu ssomo lino. Weekenneenye obulamu bwo. Weepimira otya ku buli kimu ku bino?

4. Soma embooji ya Yesu bwe yakolimira omutiini mu Matayo 21:18-20. Yesu teyakolimira muti omutiini olw'okuba yali anyiize nti omuti tegulina bibala. Yali asomesa amazima amakulu. Omutiini gwalina endabika ennungi. Gwaalina ebikoola ebya kiragala era nga eringa kyandibadde kibala, naye nga tekirina bibala.

Tekimala okuba n'endabika y'eby'omwoyo. Abakulembeze abamu baba endabika y'okubeera nga balaga nti buli kimu kiri bulungi, naye munda nga tebalina bibala eby'omwoyo eby'okufaanana Kristo. Eno ye yali embeera y'Abafalisaayo, ekibiina kya bannaddiini abakulembeze mu kiseera kya Kristo. Yesu y'abagamba nti:

Zisanze mmwe, abawandiisi n'Abafalisaayo, bannanfuusi! kubanga mulinga ng'amalaalo agatemagana kungulu, naye nga munda gajjudde amagumba g'abafu n'obuvundu obwa buli ngeri. (Matayo 23:27)

Mu bakulembeze, awamu n'abakkiriza bonna, Katonda afaayo ku kubala ebibala okusinga okulabika kw'ebibala.

5. Weetegereze ebisaanyizo ebitaano Musa bye yateekawo eri omukulembeze wa Isirayiri ow'omu maaso (Okubala 27:17). Yalina kubeera muntu nga:

1. Yalina okubakulembera: Oyo eyandikulembedde.
2. Ayinza okuyingira mu maaso gaabwe: Omuntu asobola okwegayirira ku lw'abantu.
3. Ayinza okubaggyayo: Oyo yandibadde omukulembeze asobola mu ntalo.
4. Ayinza okubayingiza: Omuntu asobola okubakulembera mu nsi ensuubize.
5. Yandiwadde obukulembeze obutuufu "ekibiina kya Mukama kireme okuba ng'endiga ezitalina musumba."
6. Zino z'enjawulo wakati w'abakulembeze b'ensi n'ab'omwoyo:

Omukulembeze w'Ensi:

Omukulembeze w'Omwoyo.

Yekkirizaamu.

Yesiga Katonda.

Amanyi bantu.

Amanyi Katonda

Akola okusalawo kwe nga ye.

Anoonya Katonda by'ayagala

Okubeera n'ebirooto ebinene.

Muwombeefu

Agoberera enkola ze.

Agoberera enkola za Katonda

Anyumirwa okugondera abalala.

Agondera Katonda

Bye yeetaaga bye bimuvuga.

Okwagala kwe kumuvuga.

Yeemalirira.

Yeemalira ku Katonda

7 Engero 28 eraga enjawulo mu bisaanyizo by'omukulembeze omulungi n'eby'omukulembeze omubi:

Omukulembeze Omulungi:

-Atebenkedde (tadduka, muvumu): Ennyiriri I-2

- Ayimirira ku kituufu wadde nga waliwo enkaayana: Olunyiriri 4
- Akuuma amateeka: Ennyiriri 4, 9
- Ategeera byonna nga anoonya Mukama okumanya okubikkulirwa: Ennyiriri 5, 11
- Afuula bazadde be okwenyumirizaamu: Olunyiriri 7
- Mwesimbu: Ennyiriri 6, 8
- Musajja wa kusaba: Olunyiriri 9
- Mugagga (mu bintu byonna ebirungi): Ennyiriri 10, 20, 25
- Muntu wa kutegeera (anoonya okutegeera): Olunyiriri 11
- Aleeta essanyu: Olunyiriri 12
- Ayatula ebibi bye: Olunyiriri 13
- Atya Katonda: Olunyiriri 14
- Si wamululu: Olunyiriri 16
- Ajja kufuga ebbanga ddene: Olunyiriri 16
- Alina emirembe: Olunyiriri 17
- Atambula nga yeegolodde: Olunyiriri 18
- Munyiikivu: Olunyiriri 19
- Mwesigwa: Olunyiriri 20
- Tasosola mu bantu: Olunyiriri 21
- Tatya kulumbibwa na ku kangavvulwa: Olunyiriri 23
- Afuula amaka ge ekisinga obukulu: Olunyiriri 24
- Mwetoowaze era yeesiga Mukama mu kifo ky'okwesiga nga ye: Olunyiriri 25
- yesiga okulungamizibwa kwa Katonda: Olunyiriri 26
- Asaasira era afaayo ku abo abamwetoolodde: Olunyiriri 27
- Aleeta abatuukirivu okweyongera: Olunyiriri 28

Omukulembeze Omubi:

- Atya era adduka nga waliwo bwetaavu: Olunyiriri 1
- Si munywevu: Ennyiriri 1-2
- Anyigiriza abaavu: Olunyiriri 3
- Wa malala era atwalibwa n’okutendebwa kw’abantu; ayagala nnyo abatali batuukirivu: Olunyiriri 4
- Talina buziba (yeefaanyiriza kibuyaga): Olunyiriri 3
- Talina okusaasira: Ennyiriri 3, 27
- Aleka amateeka: Olunyiriri 4
- Abulwa okutegeera: Ennyiriri 5, 16
- Akyanye mu makubo ge: Ennyiriri 6, 18
- Mukwano gw’abo abakola effujjo (abatafugibwa): Olunyiriri 7
- Aswaza bazadde be: Olunyiriri 7
- Ayongera obutali butuukirivu: Olunyiriri 8, 20, 22
- Tasaba: Olunyiriri 9
- Areetera abatuukirivu okubula: Olunyiriri 10
- Alina amagezi mu kwegulumiza kwe: Olunyiriri 11
- Amaanyi n’obuyinza bwe bileeta okutya: Ennyiriri 12, 28
- Abikka ku bibi bye: Olunyiriri 13
- Akakanyaza omutima gwe: Olunyiriri 14
- Afuga ng’empologoma ewuluguma oba eddubu erisunguwadde: Olunyiriri 15
- Akola effujjo: Ennyiriri 15, 17
- Alina omululu: Olunyiriri 16
- Amagenda ge kugwa: Ennyiriri 10, 18
- Agwa mu buvuyo: Olunyiriri 14
- Agoberera obutaliimu (mugayaavu, akwatibwako abantu abakulu): Olunyiriri 19

- Atwala enguzi, tawa bantu kitiibwa: Olunyiriri 21
- Alina omusango: Olunyiriri 20
- Abeera mu bwavu obw'omwoyo: Olunyiriri 22
- Si bwesimbu mu kusiima): Olunyiriri 23
- Tafuula maka ge ng'ekisinga: Olunyiriri 24
- Yenyumiriza: Olunyiriri 25
- Asitula enkaayana: Olunyiriri 25
- yesiga obusobozi bwe okumulung'amyia: Olunyiriri 26
- Asaanyaawo mu kifo ky'okuzimba: Olunyiriri 24
- Tafaayo ku abo abamwetoolodde: Olunyiriri 27

Obufunze bw'enjawulo zino: Laba Olunyiriri 28

ESSUULA EYOOKUTANO OKUKULEMBEZE NG'OMUDDU

EBIGENDERERWA:

- Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:
- Okuwandiika ennyiriri enkulu ng'oziggya mu mutwe.
- Okuzuula engeri emu ey'obukulembeze ey'enjawulo ey'Ekikristaayo.
- Okuzuula ekyokulabirako ekisinga obunene eky'obukulembeze bw'obuddu.
- Okunnyonnyola engeri okukulembera ng'omuuddu gye kireeta amaanyi.
- Okuwandiika enjawulo nnya wakati w'abakulembeze ab'ensi n'Abakristaayo.
- Okuzuula ani gwe tuweereza.
- Okunnyonnyola engeri y'okufuuka omukulembeze omuddu.

ENNYIRIRI ENKULU:

Endowooza eno ebeere mu mmwe, eyali mu Kristo Yesu;

Oyo, olw'okuba yali mu kifaananyi kya Katonda, n'alowooza nti tekyali bunyazi okwenkanankana ne Katonda;

Naye yeefuula atalina linnya, n'atwala ekifaananyi ky'omuuddu, era yatondebwa mu kifaananyi ky'abantu. (Abafiripi 2:5-7)

ENNYANJULA

Obukulembeze mu nsi butera okupimibwa okusinziira ku maanyi, ssente, obuyigirize, n'obusobozi. Waliwo engeri nyingi ez'obukulembeze mu nsi. Bwe tugamba "engeri" tutegeeza enkola omuntu gy'akulemberamu. Okugeza waliwo bannakyemalira abafuga abantu. Waliwo n'abakulembeze ba demokulasiya abafugibwa akalulu k'abantu.

Yesu bwe yajja mu nsi, yakyusa endowooza y'ensi ey'obukulembeze obulungi bwe yafuuka omuweereza. Essuula eno ekwata ku musingi gw'Endagaano Empya ogw'okukulembera ng'omuuddu.

EKYOKULABIRAKO EKIKONTANA

Yesu yalaga enjawulo y'obukulembeze obw'omwoyo n'obukulembeze obw'ensi. Yagambye nti:

...Mumanyi ng'abakulembeze bab'amawanga n'abakulu baabwe bakulusanya abantu:

Naye bwe kityo bwe kilina okuba mu mmwe: naye buli ayagala okuba omukulu mu mmwe; anaabeera omuweereza wammwe:

Era buli ayagala okubeera omukulu mu mmwe, anaabanga muddu wa bonna. (Makko 10:42-44)

Okukulembera ng'omuddu kye kyawula obukulembeze bw'Ekikristaayo ku bukulembeze obw'ensi. Y'enkola ey'enjawulo ey'obukulembeze obw'ekikristaayo.

EKYOKULABIRAKO EKIKULU

Ekyokulabirako ekisinga obukulu eky'okukulembera ng'omuweereza yali Mukama waffe Yesu Kristo. Omuweereza y'oyo aweereza abalala mu bwetoowaze, mu kwewaayo, n'okwagala. Yesu yayigiriza era n'akola ekyokulabirako ky'obuweereza. Yesu yagaana endowooza zonna ez'obuyinza ezikumibwa mu nsi era n'aleetawo ekintu ekipya. "Omuddu" ekigambo ekyewuunyisa eri omukulembeze, naye Yesu yakiraga bulungi nti yali azze kuweereza:

...Naye ndi mu mmwe ng'oyo aweereza. (Lukka 22:26)

Makko ayogera nti Yesu teyajja kuweereza, wabula okuweereza:

Kubanga n'Omwana w'Omuntu teyajja kuweereza, wabula okuweereza, era okuwaayo obulamu bwe okuba ekinunulo olw'abangi. (Makko 10:45)

Pawulo yagamba nti Yesu...

...yefuula atalina linnya, n'atwala ekifaananyi ky'omuddu, n'akolebwa mu kifaananyi ky'abantu. (Abafiripi 2:7)

OKUGOBERERA EKY'OKULABIRAKO

Abakulembeze mu Kkanisa eyasooka baagoberera enkola Yesu gye yateekawo. Beeyita abaweereza:

Pawulo, omuddu wa Yesu Kristo... (Abaruumi 1:1)

Yakobo, omuddu wa Katonda era...Kristo. (Yakobo 1:1)

Peetero, omuddu...wa Yesu Kristo. (2 Peetero 1:1)

Yuda, omuddu wa...Yesu Kristo. (Yuda 1:1)

Wa abaddu bo okwogera ekigambo kyo n'obuvumu bwonna. (Ebikolwa 4:29)

Tulina okugenda mu maaso mu nkola eno. Tulina okuba abaweereza b'abo be tukulembera

AMAANYI G'OMUDDU

Oyinza okwebuuzza nti, "Nnyinza ntya okubeera omukulembeze nga ndi muddu w'abantu be nkulembera? Lwaki okussa essira ku kuweereza?" Eky'okuddamu mu bibuuzo bino kiri nti mu buweereza mulimu amaanyi. Okukulembera ng'omuddu tekitegeeza kuba mukulembeze munafu. Si kugamba nti obukulembeze tebuba na maanyi, obukambwe, eri maanyi eri abalabe ab'omwoyo.

Amaanyi g'obuddu kwe kuba nti gakakanya omuntu okutuuka ku ssa n'asobola okukozesebwa Katonda. Kino kyeyolekera mu bulamu bwa Yesu Kristo. Soma Abafiripi 2:5-11 mu Baibuli yo. (Ojja kusoma ku kyawandiikibwa kino mu bujjuvu mu ssomo lino). Ennyiriri zino zinyonyola engeri okuyita mu kwetoowaza Ye kennyini ng'omuweereza era ng'afiira ku musaalaba (ennyiriri 5-8), Yesu yagulumizibwa mu maanyi mangi (ennyiriri 9-11). Omusaalaba kye kifo ekisembayo ku nsi omuntu yenna kye yandinoonyezza omukulembeze, naye nga ate kyafuuka "amaanyi ga Katonda eri obulokozi" (I Abakkolinso 1:18). Mu Bwakabaka bwa Katonda, ensengeka y'ebintu bingi ekyusibwa. Tuba ba maanyi nga tuli banafu, tufuna nga tuwaayo, era tubeera mu bulamu okuyita mu kufa. Ng'omukulembeze, ofuuka ow'amaanyi ng'oyita mu kuweereza.

EBINTU EBINA EBIKONTANA

Soma Matayo 20:25-28 ne Makko 10:42-44. Ebitundu bino biraga engeri nnya obukulembeze bw'ensi gye bwawukana n'engeri z'abakulembeze Abakristaayo:

1. Abakulembeze b'ensi balina obuyinza ku bagoberezi baabwe: "Obufuzi" mu kitegeeza "amaanyi aganyigiriza, agafuga." Abakulembeze abaddu tebanyigiriza oba tebafuga bagoberezi baabwe.
2. Abakulembeze b'ensi bakozesa obuyinza ku bagoberezi: Ekigambo "obuyinza" kitegeeza "okusukkuluma ku balala." Abakulembeze b'ensi beetwala nga basinga abagoberezi baabwe. Abakulembeze Abakristaayo bayitibwa okuweereza, so si kusukkuluma.
3. Abakulembeze b'ensi bakulu ku bagoberezi baabwe: Ekigambo "omukulu" kitegeeza okubeera mu kifo ekisooka. Mu Bwakabaka bwa Katonda, abasooka (abakulembeze) be basembayo.
4. Abakulembeze b'ensi be bakama ku abo be bakulembera: Ekigambo "mukama" kitegeeza oyo gwe baweereza. Omukulembeze Omukristaayo aweereza abagoberezi be.

TUWEEREZA ANI?

Nga abakulembeze abaddu, tuweereza Omubiri gwa Kristo. Pawulo yagamba Abakkolinso nti:

Kubanga tetwebuulira ffekka, wabula Kristo Yesu Mukama waffe; ne ffe kennyini abaweereza bo ku Iwa Yesu. (2 Abakkolinso 4:5)

Era tuweereza abo abantu n’abafa. Soma olugero lw’Omusamaliya omulungi mu Lukka 10:25-37. Obuweereza butwala ekitiibwa n’obuyinza kubanga bwe tuweereza abalala, ddala tuba tuweereza Mukama:

Kabaka alibaddamu n’abagamba nti Mazima mbagamba nti, nga bwe mwakikola eri omu ku baganda bange bano abasembayo wansi kye kimu mwabikolera nze. (Matayo 25:40)

Soma olugero lw’abaweereza mu Matayo 25:14-30. Olw’okuba tuweereza Mukama, tuvunaanyizibwa gy’ali:

Ddala ddala mbagamba nti Omuddu tasinga mukama we, so n’oyo atumiddwa tasinga oyo eyamutuma. (Yokaana 13:16)

ENGERI Y’OKUFUKA OMUKULEMBEZE OMUDDU

Soma Abafiripi 2:5-8. Ekitundu kino kinnyonnyola engeri y’okufuuka omukulembeze omuddu ng’ogoberera ekyokulabirako kya Kristo. Okukulembera ng’omuddu oteekeddwa:

OKUKULAAKULANYA ENDOWOOZA ENTUUFU:

Okukulembera ng’omuweereza kutandikira ku ndowooza yo. Olina okukulaakulanya endowooza ya Yesu:

Endowooza eno ebeere mu mmwe, eyali mu Kristo Yesu;

Oyo, olw’okuba mu kifaananyi kya Katonda, yalowooza nti si bunyazi okwenkanankana naye Katonda...n’amutwala ekifaananyi ky’omuddu. (Abafiripi 2:5-7)

Katonda akozesa abasajja n’abakazi abalina endowooza y’omutima entuufu. Dawudi yafukibwako amafuta okuba kabaka kubanga Mukama yatunuulira omutima gwe (I Samwiri 16:7). Ebigendererwa bisalibwawo mu mutima. Obutonde bwaffe ebigendererwa biba bya kweyagaliza. Bw’oba oyagala okubeera omukulembeze omuweereza, endowooza zo n’ebigendererwa byo birina okukyuka.

WEETOWAZE

Naye yeefuula atalina linnya, n’atwala ekifaananyi ky’omuweereza... (Abafiripi 2:7)

Tofaayo ku biruubirirwa byo, enteekateeka zo, ekifo kyo, oba erinnya lyo. Ebintu bino byonna biweeyo eri Katonda era weetoowaze. Okwetowaze kintu ky’okola, so si Katonda kyakola

WEMANYIIZE ABANTU:

Yesu yasobola okuweereza kubanga yeemanyiiza abantu. Yazuula era n’asisinkana ebyetaago byabwe:

...era yeewaayo n'afuuka ng'omuuddu...era n'alabikira mu kifaananyi ky'omuntu... (Abafiripi 2:7-8)

Yesu yakembwa ng'omuntu, yabonaabona ng'omuntu, era yalina omubiri ogugondera obunafu era ebyetaago by'omuntu afa. Bw'oba ogenda okuweereza abo b'okulemba, olina okutabagana nabo mu bunafu bwabwe, okubonaabona kwabwe, n'ebyetaago byabwe.

BEERA MWETOOWAZE:

Okusobola okuweereza, Yesu yafuuka mwetoowaze:

...Ye...yafuuka omwetoowaze... (Abafiripi 2:8)

Buli ali mu buyinza ng'omukulembeze era abeera wansi w'obuyinza bw'omukulembeze. Ng'Omukristaayo omukulembeze, oli wansi w'obuyinza bwa Katonda. Oyinza n'okuba wansi w'omukulembeze w'ekitongole oba mu kkanisa. Okusobola okuweereza obulungi ng'omukulembeze, olina okuba omuwulize eri abakulembeze bo bennyini.

FFA ERI EKIBI N'OKWEFAAKO

Yesu yali mwetoowaze okutuusa okufa:

...n'afuuka omwetoowaze okutuusa okufa, okufa kw'omusaalaba. (Abafiripi 2:8)

Pawulo yagamba nti "Nfa buli lunaku" (I Abakkolinso 15:31). Okufa kwe yayogerako kwali kufa buli lunaku eri ekibi n'okwefaako. Kino kye kyetaagisa eri abo abandikulembedde nga baweereza. Olina okukomerera ekibi n'okwefaako mu bulamu bwo. Omusaalaba gujja kuba gwa bulumi, naye nga Yesu, ojja kuyiga ennono z'obukulembeze bw'omuweereza okuyita mu kubonaabona.

WEEREZA MU KWAGALA:

Olw'okwagala kwe okungi, Yesu yeetoowaza, n'akwata ekifaananyi ky'omuweereza, n'amanyibwa omuntu n'afuuka omuwulize okutuusa okufa;

Mu kino mwe tutegeerera ddala okwagala kwennyini, si nti twagala Katonda, wabula nti yatwagala, n'atuma Omwana we okubeera okutangirira ebibi byaffe:

Abaagalwa, Katonda bw'atyo bwe yatwagala, naffe tusaanidde okwagalana. (I Yokaana 4:10-11)

Okwagala kukulu mu bukulembeze bw'abaweereza. Okwagala kutandika ng'enneewulira mu mutima, naye naye gulabikira mu bintu ebikwatikako. Bw'oba oyagala omuntu mu mazima, oba mwetegefu okumuweereza

Omukulembeze omuweereza azimba abo b'aweereza. Takozesa bantu wabula akola nabo ne mu bo mu ngeri n'okuyita mu ngeri ebayamba okukula mu by'omwoyo. Awaayo mu kifo ky'okutwala. Okuzikirizibwa kwa mangu era kyangu naye okuzimba kitwala obudde ate nga kizibu nnyo.

Soma I Abakkolinso 13. Buli kifo kye awagamba, "okwagala" gwe kikyuseemu ebigambo, "omukulembeze omuweereza." (Ekyokulabirako: "omukulembeze omuddu agumiikiriza.") Kino kijja kukuyamba okutegeera amakulu g'okwagala okulina okulagibwa abakulembeze abaweereza.

LEKA KATONDA ABEERE N'OBUYINZA

Yesu bwe yajja ku nsi ng'omuweereza, yawaayo eddembe lye "okubeera mu buyinza" ku bulamu bwe. N'agamba nti, "Si kyange, wabula ky'oyagala kikolebwe." Bw'osalawo okubeera omuweereza, olekawo eddembe ly'okubeera mu buyinza. Tokyazimba bwakabaka bwo. Ozimba bwakabaka bwa Katonda. Tobuulira ndowooza zo oba enzikiriza zo. Otuusa obubaka bwa Mukama wo. Tekikyali kwagala kwo, wabula Katonda by'ayagala. Yesu yajja okuweereza mu kweyagalira. Kati okusalawo kukwo Onosalawo okuweereza? Jjukira: Olina ebisaanyizo byokka okukulembera ku kigera ky'oli omuweereza.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika Ennyiriri Enkulu ng'ozijja mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Mu ngeri ki ey'obukulembeze emu ey'enjawulo ey'Ekikristaayo?

.....
.....
.....

3. Ani ekyokulabirako ekisinga eky'obukulembeze bw'obuddu?

.....
.....
.....

4. Nnyonnyola engeri okukulembera ng'omuddu gye kireetera amaanyi.

.....
.....
.....

5. Wandiika enjawulo nnya wakati w'abakulembeze ab'ensi n'Abakristaayo.

.....
.....
.....
.....

6. Ng'abakulembeze, tuweereza ani?

.....
.....
.....

7. Ng'okozesa Abafiripi 2:5-8, nnyonnyola engeri y'okufuuka omukulembeze omuddu

.....

.....

.....

.....

.....

.....

.....

.....

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

Soma olunyiriri luno:

Kubanga oyo aweereza Kristo mu ebyo asanyusa Katonda era n'asiimibwa abantu. (Abaruumi 14:18)

Olunyiriri luno lulaga ebiva mu bukulembeze obulungi:

1. Okuweereza Kristo, kivaamu...
2. Okusanyusa Katonda n'oku...
3. Okukkirizibwa omuntu.

Kati soma Abaruumi essuula 12-14. Kola olukalala lw'ebintu by'olina okukola okusobola okubeera omuweereza wa Kristo, asanyusa Katonda era asiimibwa abantu. Kino ky'ekyokulabirako ky'olina okugoberera:

Okujuliza:

Kye Nteekwa Okukola

Abaruumi 12:1. Okuwaayo omubiri gwange nga ssaddaaka ennamu entukuvu era ekkirizibwa Katonda.

ESSUULA EYOOMUKAAGA

OKUKULEMBERA NG'OMUSUMBA

EBIGENDERERWA:

- Bw'omala essuula eno ojja kusobola:
- Okuwandiika ennyiriri enkulu ng'oziggya mu mutwe gwo.
- Okuzuula Omusumba Omulungi.
- Okuzuula omusumba omu omutuufu.
- Okufunza obuvunaanyizibwa bw'omusumba.
- Okufunza okulabula eri abasumba ababi.
- Okukozesa ennono z'obutonde ez'okusumba mu bukulembeze.

ENNYIRIRI ENKULU:

Mulundenga ekisibo kya Katonda ekiri mu mmwe, nga mukilabirira, so si mu kwemulugunya, nga mukolerera amagoba ag'obukuusa wabula olw'okujjumbira Katonda:

Be mukulembere temubakambuwaliranga wabula mubakulemberenga nga mubalaga ekyokulabirako ekirungi. (1 Peetero 5:2-3)

ENNYANJULA

Okugeraageranya okulala oba okufaanagana okw'obutonde okulaga obukulembeze kwe kw'omusumba. Mu ensi ey'abulijjo, omusumba y'oyo alabirira endiga. "Ekisibo" kye kibinja oba ekisibo ky'endiga. Mu ensi ey'omwoyo, abantu bageraageranyizibwa ku ndiga. Tuli ndiga oba abo abaabula mu by'omwoyo (Isaaya 53:6) oba abafuuse ekitundu ku "kisibo" oba "ekisibo" kya Mukama.

Yesu yeeyita "Omusumba Omulungi" era n'annyonnyola mu bujjuvu obusumba ki kyezingiramu. Ekyokulabirako kino kye kimu ku byokulabirako ebisinga obunene eby'obukulembeze obw'omwoyo (laba Yokaana 10). Okusobola okubeera omukulembeze omulungi, tolina kumanya Musumba Mulungi kyokka n'okubeera n'enkolagana naye, olina okuyiga engeri y'okukulembere ng'omusumba.

Peetero akakasa nti tulina okukulembere ng'abasumba:

Mulindenga ekisibo kya Katonda ekiri mu mmwe, nga mukilabirira... (1 Peetero 5:2)

ENNONO Z'OBUSUMBA

Kubanga Yesu yeeyita "Omusumba Omulungi," olwo tulina okusoma ekyokulabirako kye eky'obuweereza eri okutegeera ennono z'okusumba. Genda mu Yokaana 10 mu Baibuli yo era ogikozese okukulambika ng'osoma ennono gino enkulu ez'obusumba:

EKISIBO KIMU, OMUSUMBA OMU:

Ennono esooka erina okutegeerwa kwe kuba nti waliwo ekisibo kimu kyokka, n'omusumba omu. "Ekisibo" y'e Kkanisa erimu abakkiriza bonna abazaalibwa omulundi ogw'okubiri. "Omusumba" ye Yesu Kristo. Waliwo ekkubo limu lyokka eriyingira mu kisibo, era kwe kuyita mu Yesu:

Nze mulyango; omuntu yenna bw'ayingira mu Nze, alirokolebwa, n'afuluma n'aliisibwa mu ddundiro. (Yokaana 10:9)

...era waliba ekisibo kimu, n'omusumba omu. (Yokaana 10:16)

Mu nsi ey'obutonde, abasumba abantu bagabanya ebisibo byabwe ku bisibo ebirala kubanga kyangu era nga kya mugaso nnyo okubalabirira. Basobola okuba n'obuvunaanyizibwa n'okulabirira bangi bwe batyo bokka. Kino kituufu era mu bukulembeze obw'omwoyo. Naye mu butuufu, waliwo ekisibo kimu kyokka. Kikolebwa bonna abakkiriza abatuufu ab'Omusumba Omulungi, Yesu Kristo. Ng'omukulembeze oba "omusumba," oli wansi w'omusumba." Oweereza ku kitundu ky'ekisibo mu kulungamizibwa Omusumba Omulungi.

Bulijjo jjukira nti enjawukana z'amadiini, ebitongole, n'enkolagana z'ekkanisa ez'omu kitundu zikolebwa muntu era nga ziriwo okutuukirira okulabirira abantu n'okutegeka n'enteekateeka ezirabika. Mubutuufu, waliwo ekisibo kimu.

Togezako kwawula "kisibo kyo" ku bantu abalala mu kisibo ky'Omusumba Omulungi olw'enzikiriza z'amadiini. Tofaayo ku kuzimba "ekisibo kyo" eky'eddiini. Faayo okuzimba ekisibo ky'Omusumba Omulungi. Tossaawo mateeka n'ebiragiro by'omuntu ebijjamu endiga ezimu. Yesu alangirira nti, "Buli ayagala ajje," kasita bayita mu mulyango gwa Mukama waffe Yesu Kristo.

Ekisibo kya Katonda tekyawula. Omulyango muguggule eri endiga ze zonna:

Nnina endiga endala ezitali za kisibo kino: nazo nteekwa okuzireeta; era baliwulira eddoboosi lyange, era baliba ekisibo kimu, n'omusumba omu. (Yokaana 10:16)

ENDIGGA KATONDA YAZIWA:

Olw'okuba waliwo ekisibo kimu kyokka, endiga zonna (abagoberezi) Katonda y'aziwa:

Kubanga Kitange yazimpa (endiga), era ye tewali amusing maanyi...(Yokaana 10:29)

Abagoberezi bakukwasiddwa kubalabirira kwokka. Naye ekituufu kiri nti, ba Katonda.

ENDIGA EZIMU TEZIJA KUGOBERERA:

Waliwo ensonga ey'ennyiike gy'oteekwa okuba ng'omanyi ng'omusumba. Abamu abayitibwa baja kugaana okugoberera. Yesu yagamba nti:

Naye temukkiriza, kubanga temuli ba ndiga zange... (Yokaana 10:26)

Wajja kubaawo abamu abayitibwa naye nga tebajja kugoberera. Baja kugaana okufuuka ekitundu ku kisibo okuzinga. Kiba kya nnaku, naye kituufu. Kino tokireka kukumalamu maanyi. Kulembera abo abagenda okugoberera.

OMUSUMBA AMANYI ENDIGGA ZE:

Yesu yagamba nti:

Nze musumba omulungi era mmanyi endiga zange, era nazo zimanyi. (Yokaana 10:14)

Mu kiseera ky'obuweereza bwa Kristo, abasumba baalina enkolagana ey'obuntu n'endiga zaabwe. Omusumba yaliwo ku kuzaalibwa kw'endiga era n'agilungamya era n'agilabirira obulamu bwayo bwonna. Okusobola okubeera omukulembeze omulungi, olina okumanya abantu abakwasiddwa okubalabirira. Olina okukulaakulanya enkolagana ey'obuntu nabo. Yesu agamba nti Omusumba Omulungi "ayita endiga ze amannya" (Yokaana 10:3).

ENDIGA ZIMANYI OMUSUMBA:

Omusumba takoma ku kumanya ndiga ze, n'endiga zimanyi omusumba:

Endiga zange ziwulira eddobozi lyange, era nzimanyi, ne zingoberera. (Yokaana 10:27)

Yesu yagamba nti endiga zimanyi eddobozi ly'omusumba. Bawuliriza era bagoberera kubanga bamumanyi era bamwesiga.

Ng'omukulembeze, olina okuzimba enkolagana ey'omukwano n'okwesigagana n'abagoberezi bo. Okukola kino, olina okuba n'endiga zo era ng'obeerawo ku lwazo, so si kwawukana ku zo. Olina okutambuza obulamu bwo, endiga zisobole okukugoberera nga bw'ogoberera Kristo;

Mungoberere, nga nange bwengoberera Kristo. (I Abakkolinso 11:1)

Abantu tebakugoberera lwa kuba nti oweereddwa omulimu gw'okukulembera. Olina okufuna obwesige bwabwe okusobola okubakulembera. Kino okikola ng'obaleka okukumanya.

OMUSUMBA ALABIRIRA ENDIGGA:

Abasumba abalungi balabirira endiga zaabwe. Mulina okulabirira emyoyo gy'endiga. Olina okulaba nti "emyoyo gyabwe gikomezeddwawo" mu nkolagana entuufu ne Katonda:

Azzaawo emmeeme yange. (Zabuli 23:3)

Okulabirira endiga kizingiramu okuzibudaabuda mu biseera eby'ennaku n'obwetaavu. Omuggo gw'omusumba gwakozesebwanga okugolola n'okukwata endiga n'okuzisemberera okubudaabudibwa era n'okwekebejjebwa (Zabuli 23:4).

Okufaayo kuzingiramu okulungamy abantu eri Omusumba Omulungi asobola okubawa ebyetaago byabwe byonna:

Mukama ye musumba wange, seet'agenga. (Zabuli 23:1)

Mu kwogera ku kufaayo kwa Mukama ng'omusumba we ow'omwoyo, Dawudi yagamba nti:

Angalamiza mu ddundiro ly'omuddo: Ankulemba antwala awali amazzi amateefu. (Zabuli 23:2)

Endiga bwe zirabirirwa obulungi, zijja kugalamira ne zimatira. Endiga mu nsi ey'obutonde, nga bwe kiri n'ensi ey'omwoyo, ejja kugalamira singa eba:

Tewali kutya: Okutya omuntu oba omulabe kijja kusaasaanya endiga. Olina okuyigiriza endiga nti...

Katonda tatuwadde mwoyo gwa kutya; naye ow'amaanyi, n'okwagala era n'okwegendereza. (2 Timoseewo 1:7)

Tewali bukuubagano na ndiga ndala: Endiga ezilwanagana teziyiza kuwummula wadde okuliisa. Tezaala mu by'omwoyo. Endiga bwe zaalwananga mu biseera bya Baibuli, omusumba yateekanga amafuta ku mitwe gyajjo. Kino kyazifuula okuka nga ziseerera ne giriisi nga tezisobola kulwana. Endiga ziyigirize okulwanyisa omulabe, so si kulwanagana zokka na zokka. Siiga amafuta g'Omwoyo Omutukuvu ku mitwe gyazo!

Tezirina biwuka: Mu nsi ey'obutonde, waliwo ebika by'ebiwuka eby'enjawulo ebiyingira mu byoya by'endiga ne zireeta endwadde n'obutabeera bulungi. Waliwo ensekere ezimu ezilumba endiga ne zileka amagi okwalula mu byoya byazo, olwo ensekere ne zigenda mu mutwe ne ziziba amaaso n'okufa.

Dawudi yagamba nti omusumba "yafuka ku mutwe gwe amafuta" (Zabuli 23:5). Mu nsi ey'obutonde, abasumba baakozesanga amafuta okuyonja endiga obulwadde, n'endwadde. Mu ensi ey'omwoyo, ebwuka bisobola okugeraageranyizibwa ku kibi. Ekibi kijja kuleetera omuntu okuziba amaaso mu by'omwoyo n'okufa. Amafuta g'Omwoyo omutukuvu galina okusiigibwa okulongoosa endiga okuva mu biwuka by'ekibi.

Tewali njala na nnyonta: Bw’oba oyagala endiga zisigale mu kisibo, olina okuziriisa mu by’omwoyo. Omukulembeze alina okutwala endiga mu maddundiro ly’omuuddo n’aziriisa n’amazima g’Ekigambo kya Katonda:

Muludenga ekisibo kya Katonda ekiri mu mmwe, nga mukilabirira... (1 Peetero 5:2)

Tekimala kumala kukulembera ndiga mu ddundiro ly’omuuddo omuto. Olina okuzigalamiza ne zisigala mu muddo. Olina okuteekateeka emmeeza n’ebirungi bya Katonda n’obiteeka mu maaso gaabwe (Zabuli 23:5). Olina okukulembera endiga okutuuka ku mazzi agataggwaawo (Yokaana 4) agajja okumalawo ennyonta yazo. Jjuza ebikopo byabwe eby’omwoyo okutuuka ku kujjula Ekigambo (Zabuli 23:5).

Mu nsi ey’obutonde, endiga bwe ziba n’ennyonta zijja kusituka okunoonya amazzi. Bwe zitalungamizibwa eri amazzi amalungi, zijja kunywa amazzi amabi. Omusumba azikulembera n’akebera oba tewali bimera bya busaggwa okumpi n’enzizi ne n’amazzi amabi. Ng’omusumba, olina okukulembera endiga okutuuka ku amazzi amalungi. Yesu yagamba nti:

Omuntu yenna bw’alumwa ennyonta, ajje gye ndi anywe... (Yokaana 7:37)

Yeremiya yayogera ku “nzizi ezitalina mazzi.” Obutaliwo tebusobola kujjula awatali amazzi ga bulamu (Yeremiya 2:13).

Kisanyusa okukimanya mu Zabuli 23:2 nti omusumba atwala ku “mazzi amateefu” Amazzi amateefu kitegeeza obukkakkamu. Wano amazzi mayonjo. Si mazzi agalimu ebicaafu. Kiba maggya era nga malungi. Kino kyogera ku njigiriza ennywevu etatambuzibwa mpewo za bumanyirivu ezikyukakyuka oba ezimanyiddwa ennyo ez’eddiini.

OMUSUMBA AKANGAVVULA ENDIGGA:

Okulabirira endiga kizingiramu okukangavvula. Omuggo gw’omusumba gwakozesebwanga okulungama endiga mu kkubo ettuufu. Oboolyawo si kirungi okufumita endiga n’omuggo, naye kyetaagisa.

Omuggo gw’omusumba kyakulabirako kya butonde eky’omuggo gw’obuyinza bw’Ekigambo kya Katonda nga guno gwe gusitulibwa abasumba ab’omwoyo. Omuggo guleeta empisa. Bulijjo tekiwulikika bulungi, naye kyetaagisa.

Okukulembera kuzingiramu okukangavvula, okunenya, n’okutereeza endiga okusobola okukuuma endiga mu kkubo ettuufu. Endiga bwe zibula, okukangavvula n’okufaayo kizingiramu okuzigoberera n’okuzizza mu kisibo (Lukka 15). Olina okukulembera endiga okuva mu kibi okuzitwala mu butuukirivu:

...Ankulembera mu makubo ag’obutuukirivu... (Zabuli 23:3)

Mu nsi ey’obutonde, endiga zirekebwa ku bwazo ne zidda mu makubo gaabwe. Ziriira mu kifo ky’ekimu okutuusa omuddo lwe guggwaawo. Bwe kityo bwe kiri ne ku basajja n’abakazi:

Ffenna ng'endiga tubuze; buli muntu tukyusizza mu kkubo lye; era Mukama yamuteekako obutali butuukirivu bwaffe ffenna. (Isaaya 53:6)

Bw'okulemba abasajja n'abakazi mu makubo ag'obutuukirivu, obakangavvula okutuuka mu makuboga Katonda.

OMUSUMBA AYAMBA OKUSITULA ENDIGGA:

Mu nsi ey'obutonde, endiga "esuuliddwa wansi" y'eyo eyeekulukuunya ku mugongo nga tesobola kusituka ku bwayo. Kiba kyangu okuliibwa ebisolo kubanga eba tekyayinza. Omusumba alina okujja era n'agilngamya n'omuggo okugikubiriza okuddamu okusituka ku bigere byayo.

Endiga n'abakkiriza bombi bafuuka "abasuuliddwa wansi" nga:

Ntebenkevu weziri: Mu nsi ey'obutonde, endiga oluusi zifuuka ezisuuliddwa wansi nga zilundibwa mu kifo ekirungi eky'amalundiro ag'omuddo omuto, nga nsanyufu era nga mativu. Zeevulungula mu sanyu nga tezisobola kusituka.

Mu nsi ey'omwoyo, abakkiriza batera okusenga mu bulamu obwangu. Beenygira mu masanyu n'obugagga bw'ensi. Tebafaayo ku Katonda, n'Obwakabaka bwe n'emyooyo egy'abula. Kino bwe kibaawo zifuuka ezitakola bulungi eri Katonda era nga nnyangu okumalibwawo omulabe. Okuyamba endiga ng'ezo, olina okussa essira lyazo ku mpisa ezitaggwawo n'okuzikubiriza okukola omulimu ogw'Obwakabaka.

Zirina Ebyoya Ebisusse: Ebyoya by'endiga bwe biba biwanvu nnyo, ebiwuka bitandika okuzesibako era endiga ne zizitowererwa olw'ebintu bino, ne zifuuka omuyiggo omwangu eri abalabe. Okuyamba endiga eno "esuuliddwa wansi", omusumba asala n'okukendeeza ku byoya by'endiga. Nga bw'akikola endiga ziwowoggana, zilwana, era n'ekuba era n'esamba.

Mu nsi ey'omwoyo, abakkiriza bafuuka bazitoowererwa "n'emitawaana gy'ensi" ne "ebibi ebitwesibako." Ebintu bino birina okutusalibwako bwetuba nga twakukola bulungi eri Katonda. Tuyinza okusamba, okulwana, n'okuwowoggana, naye kyetaagisa.

Zigejja nnyo: Endiga ezigejja ennyo teziyinda kuddamu kuyimuka nga zeevulungudde ku migongo zaazo. Abakkiriza abamu bagejja nnyo mu by'omwoyo. Bayingiza ebintu bya Katonda naye tebafulumya. Tebaweereza balala, wabula beeyongera okugejja mu by'omwoyo

Mu nsi ey'obutonde, endiga zino ensava si ze zisinga okuba ennungi oba ezisinga okuvaamu ebibala. Kino kituufu era ne mu nsi ey'eby'omwoyo. Abasumba ab'omwoyo balina okukomyawo endiga zino "ezigejja" mugendo ku lwa Katonda.

OMUSUMBA AKULEMBERA ENDIGGA:

Yesu yagamba nti:

Azikulembera ne zimugoberera, kubanga zimanyi eddoboosi lye... (Yokaana 10:4)

Obukulembeze kye kigambo kye kitegeeza: Olina okugenda mu maaso g'endiga n'ozikulembera. Ggwe tomala gabuulira ndiga gye zigenda, ozilaga ng'ozikulembera mu. Kino okikola ng'okola ebyo by'obuulira n'okubiraga ng'oyitira mu bulamu bwo mu kifo ky'okubibuulira byokka. Omusumba assaawo ekyokulabirako ng'omukulembeze, so si nga "mwami" eyeeraga. Peter yagamba okuweereza...

So si ng'abaami b'obusika bwa Katonda, wabula ng'ebyokulabirako eri ekisibo. (1 Peetero 5:3)

OMUSUMBA AWEEREZA KYE YAGALIRE:

Peter yategeezezza nti...

Muliisa ekisibo kya Katonda ekiri mu mmwe, nga mukilabirira, so si olw'okuziyizibwa, naye nga kyeyagalire... (1 Peetero 5:2)

Tolina kukulembera olw'okubanga osabiddwa, owaliriziddwa okukikola. Olina okukulembera kubanga oyagala kukulembera. Tuukirize okuyitibwa kwo nga weeyagalidde.

OMUSUMBA AWAAYO OBULAMU BWE KU LW'ENDGGA:

Yesu yagamba nti:

Nze musumba omulungi: omusumba omulungi awaayo obulamu bwe ku lw'endiga. (Yokaana 10:11)

Yesu ye yali ssaddaaka yokka eyeetaagisa olw'ebibi by'abantu. Tosobola kufiirira ndiga zo mu ngeri eno. Batono ku ffe abayinza okufiira ku lw'abalala oba wadde ng'abajulizi.

Naye okubeera omukulembeze, ojja kuba olina "okuwaayo obulamu bwo" mu ngeri endala. Olina okwewaayo noleka okwegomba n'okwefaako ku lw'abalala. Waliwo ebizibu bingi mu kulabirira abantu. kitwala obudde era kiyinza okutaataaganya enteekateeka zo ez'obuntu.

Kino Yesu yakyogerako bulungi mu lugero lw'endiga eyabula mu Lukka 15. Endiga zonna zaali mpulize naye emu yabula. Tekyali kyangu kufuluma kiro okujinoonya. Kyali kya kabenje. Naye omusumba "yawaayo obulamu bwe" n'agenda okununula endiga eyabula.

OMUSUMBA AKUUMA ENDIGGA:

Omubbi tajja, wabula okubba, okutta, n'okuzikiriza... (Yokaana 10:10)

Naye oyo apangisa so si musumba, endiga nga si zizze; alaba omusege nga gujja, n'aleka endiga, ne nadduka; n'omusege guzisikula guzisaasaanya.

Adduka, kubanga wa mpeera era tafaayo ku ndiga. (Yokaana 10:12-13)

Omusumba omulungi asigala n'endiga n'azikuuma, ka kube nga kirina kye kitwala.

Abalundira empeera be bakulembeze abakozesa ebifo byabwe eby'obukulembeze ku ssente, obuyinza, ekifo, ekitiibwa. Baweereza "muganyulo omucaafu," oba okuganyulwa kwabwe. Tebafaayo nnyo ku ndiga, bwe zityo zidduka ng'omulabe alumba (I Peetero 5:2).

OKULABULA ERI ABASUMBA

Soma Ezeekyeri 34 mu Baibuli yo. Essuula eno erimu okulabula eri abasumba ababi abaafuga Isiraeri. Naye okulabula okuli mu kitundu kino kukwata ku bakulembeze bonna abasumba ababi. Katonda yasuubiza okusalira omusango ku basumba aba:

1. Taliisa kisibo: Olunyiriri 2
2. Abanyazi era ab'efaako nga banyaga endiga: Olunyiriri 3
3. Beerabirire, naye nga tebalabirirandiga: Ennyiriri 2-3, 8
4. Tebafaayo ku byetaago by'ekisibo: Olunyiriri 4 (Tebabudaabuda abo abalumizibwa, tebanyweza ndiga, tebafaayo ku balwadde mu by'omwoyo.)
5. Tonoonya ndiga ezibuze: Ennyiriri 4 ne 6
6. Bafuga n'amaanyi n'obukambwe: Olunyiriri 4
7. Basaasaanya endiga: Ennyiriri 5-6
8. Baleka omulabe azikirize endiga: Olunyiriri 8
9. Baleka endwadde z'ekibi n'obutali bumu okusaanyaawo ekisibo: Olunyiriri 21

EKISUUBIZO ERI ABASUMBA

Bw'oba ogoberera ennono za Baibuli ez'okukulembera ng'omusumba, kino osobola okukyeyatulirako

...Omusumba omukulu bw'alirabikira, mulifuna engule ey'ekitiibwa ekitazikira. (1 Peetero 5:4).

OKWEGEZAAMU

1. Wandika ennyiriri enkulu ng'ozijja mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Omusumba Omulungi y'ani?

.....
.....
.....

3. Ekisibo ekimu ekya nnamaddala kye ki?

.....
.....
.....

4. Wandika mu bufunze ennono z'obusumba z'oyize ssomo lino. Buvunaanyizibwa bwa musumba ki obw'omusumba?

.....
.....
.....

5. Funza okulabula okuweebwa abasumba ababi mu Ezeekyeri 34.

.....
.....
.....

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Weekenneenye obulamu bwo ku bikwata ku nnono gy'obusumba gy'osomye mu ssomo lino. Ennono zino zikolera mu bulamu bwo ne mu buweereza bwo? Wa w'olemererwa? Oyinza otya okulongoosaamu?
2. Soma Zabbuli 23 ng'okozesa bino wammanga. Ng'omusumba, Mukama ye:

-Omugabirizi:	Zabbuli 23:1
-Emirembe:	Zabbuli 23:2
-Omukozi w'ekkubo:	Zabbuli 23:3
-Obukuumi:	Zabbuli 23:4
-Okutegeka:	Zabbuli 23:5
-Bingi (byamuyiika):	Zabbuli 23:5
-Okusuubiza:	Zabbuli 23:6

Ebisingawo ku Zabbuli 23: Mu kwogera ku bulungi n'okusaasira mu lunyiriri 6, weetegereze nti...

- Okusemberera kwayo: "Kijja kungoberera."
- Okugenda mu maaso kwayo: Kijja kugenda mu maaso mu bulamu bwo bwonna.
- Obutakyukakyuka bwayo: "Ennaku zonna" kitegeeza buli kiseera.
- Obukakafu ku kyo: "Mazima ddala."

Lowooza ku kibuzo kino: Obulungi n'okusaasira bikugoberera? Nga bw'oyita mu bulamu, oleka omukululo gw'okuzaamu amaanyi, okubudaabudibwa, okusaasira, n'obulungi?

Mu kwogera ku kiwonvu, ekiraga ebiseera ebizibu mu bulamu bwaffe obw'ekikristaayo, weetegereze nti...

-Mu butuufu tewali kirala wabula kisiikirize. Bw'olaba ekisiikirize mu nsi ey'obutonde, wabaawo ekikireeta. Ekisiikirize si kye kituufu. Mu nsi ey'omwoyo, olutalo lw'omulabe lw'eluli emabega wa buli kisiikirize mu biwonvu byaffe.

-Kwe "okuyita mu." Tojja kubeera mu kiwonvu emirembe gyonna. Tekigamba nti "Nnafiraamu." oba "Nnasigalamu."

-Kuno kuba "kutambula," so si kudduka olw'okutya.

-Ebiwonvu mu nsi ey'obutonde bye bisinga okuvaamu ebibala. Ekyebuuzibwa si bwe kiri oba ojja kuyita mu kiwonvu oba nedda. Ojja kuyita mu bingi. Ekyebuuzibwa kiri nti, ojja kubikwata otya? Onoolya ku birungi bya Katonda ebikula mu byokka ebiwonvu?

-Omuggo gw'omusumba (olw'okukangavvula) n'oluga (olw'okulabirira) byombi bikola mu kiwonvu kyaffe

3. Manya ebisingawo ku ekyo Baibuli ky'eyigiriza ku bikwata ku busumba ng'osoma eby'okujuliza bina:

-Okubala 27:17

-Zabuli 23, 80:1

-Isaaya 40:11

-Ezeekyeri 34, 37:24

-Zakaliya 10:2, 11:15-17

-Matayo 9:36, 25:32, 26:31

-Makko 6:34, 14:27

-Yokaana 10

-Abaebbulaniya 13:20

-I Peetero 2:25, 5:4

ESSUULA EYOOMUSANVU

EMIRIMU GYABAKULEMBEZE

EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno ojja kusobola:

- Okuwandiika nnyiriri nkulu okuva mu mutwe gwo.
- Okuzuula omulimu abakulembeze gwe bakulembeza.
- Okunnyonnyola "okutuukiriza."
- Okufunza ebivudde mu "kutuukiriza" abantu olw'omulimu gw'obuweereza.
- Okuzuula emirimu egy'enjawulo egy'abakulembeze.

ENNYIRIRI ENKULU:

Era Ye (Katonda) yawa abatume abamu; n'abamu bannabbi; n'abamu, ababuulizi b'enjiri; n'abamu, abasumba n'abasomesa; Ku lw'okutuukirizibwa kwa abatukuvu olw'omulimu gw'obuweereza, olw'okuzimba omubiri wa Kristo. (Abaefeso 4:11-12)

ENNYANJULA

Mu misomo egiyise wayize ku ngeri gy'osaanidde okukulembera ng'omuwanika, omuweereza, era omusumba omulungi. Omusomo gino n'egiddako essira liteekebwa ku ki omukulembeze ky'akolera ddala.

Obukulembeze buzingiramu emirimu mingi. Omulimu buvunaanyizibwa, ky'olina okukola oba mulimu. Tewali ngeri gye tusobola okukubaganya ebirowoozo ku buli mulimu omukulembeze gw'ayinza okuyitibwa okukola, kale tujja kulowooza ku mirimu emikulu gyokka egy'abakulembeze.

EKIKULU ENNYO EKISOOKA

Ekintu ekisooka ekikulu eky'omukulembeze Omukristaayo kinnyonnyolwa mu kitundu kino wammanga:

Era Ye (Katonda) yawa abatume abamu; n'abamu bannabbi; n'abamu, ababuulizi b'enjiri; n'abamu, abasumba n'abasomesa; Ku lw'okutuukirizibwa kwa abatukuvu olw'omulimu gw'obuweereza, olw'okuzimba omubiri wa Kristo. (Abeefeso 4:11-12)

Katonda ateeka abakulembeze mu Kkanisa okutuukiriza abakkiriza kulw'omulimu gw'obuweereza. Ekigambo kino

"Okutuukiriza" kitegeeza okuteekateeka oba okuwa. "Omulimu gw'obuweereza" guzingiramu buli kifo, omulimu, n'obuvunaanyizibwa bw'obuweereza.

Omulimu omukulu ogw'abakulembeze Abakristaayo kwe kutuukiriza abakkiriza olw'omulimu gw'obuweereza. Olw'okuba buli mukkiriza aweebwa waakiri ekirabo kimu eky'omwoyo, abakulembeze balina eky'obugagga ekinene eky'okwerobozaamu. Buli mukkiriza alina okuba n'ebikozesebwa mu by'omwoyo okusobola okukola omulimu Katonda gwe yamuyitira.

Okutuukiriza kizingiramu okuyigiriza, okubuulira, okwolesebwa, n'okutendeka. Okutuukiriza nakyo kizingiramu okukunga abantu olw'emirimu gy'obuweereza. "Okukungaanya" kwe kukola oba okussa mu bikolwa. Abakkiriza tebalina kutendekabwa kwokka, wabula balina okukunganyizibwa okukozesa bye bayize.

Okutuukiriza kizingiramu okutendeka abantu abamu ng'abakulembeze ate abalala ng'abagoberezi. Byonna bikulu kulw'omulimu gw'obuweereza. Essuula ey'ekkumi ey'omusomo guno ekwata ku kutendeka abakulembeze n'abagoberezi.

Bwoba oli mukulembeze eyayitibwa era eyalondebwa Katonda olina okwenyigira mu kuzimba abalala kulw'omulimu gwa Katonda. Kino gwe ky'olina okusokka okuteekako essira era omulimu gwo omukulu. Bino bye birungi ebivaamu nga abakkiriza "batuukiridde" bulungi olw'omulimu gw'obuweereza:

-Omulimu gw'obuweereza gukoledwa: Abeefeso 4:12

-Omubiri gwa Kristo (Ekanisa) guzimibwa (guzimibwa): Abeefeso 4:12

-Abantu batuuka ku bukulu obw'omwoyo: Abeefeso 4:13-15

-Ebivudde mu bumu: Abeefeso 4:13

-Abantu bafaanana mu kifaananyi kya Kristo: Abeefeso 4:13

-Abantu bafuuka banywevu mu njigiriza, nga basenziira ku mazima: Abeefeso 4:15-16

-Omubiri gwa Kristo gukola bulungi: Abeefeso 4:16

OBUVUNANYIZIBWA BW'OKUTUUKIRIZA

"Okutuukiriza" kuno okw'abakkiriza kuzingiramu obuvunaanyizibwa bungu. Bino bye bimu ku byo:

OKUTEEKAWO EKYOKULABIRAKO:

Twamala dda okukubaganya ebiwoozo mu bujuvu ku buvunaanyizibwa bw'abakulembeze okussaawo ekyokulabirako ekituufu eri abagoberezi. Ng'ekyokulabirako, omukulembeze alina okuyitibwa, okufukibwako amafuta, omuwanika era omusumba omulungi, era omuweereza wa bonna. Obulamu bwe bulina okulaga ebisaanyizo by'abakulembeze ebyogeddwako mu Ssuula ey'okuna. Ateekwa okuba omusajja asaba era ng'asoma Ekigambo kya Katonda. Ekyokulabirako kyo kiteekwa okuba nga kya Katonda, olw'okubanga...

Omuyigirizwa tali waggulu w'omusomesa we, naye buli muntu atendekeddwa obulungi ajja kukikola abeera ng'omusomesa we. (Lukka 6:40)

Obusobozi bw'okuddukanya n'okukulembera abalala butandikira ku kweddukanya obulungi. Olina okuteekawo ekyokulabirako mu nneeyisa yo ng'omuntu, empisa ne mu nkolagana ne Katonda, ne mu kubuulira enjiri na buli "mulimu ogw'obuweereza."

OKUFAAYO:

Obuvunaanyizibwa obulala obukulu obw'abakulembeze kwe kufaayo ku bagoberezi. Kino kyassibwako dda omulaka mu ssuula y'okukulembera ng'omusumba n'omuuddu. Abantu be basinga, so si nteekateeka oba pulojekiti.

Ng'omukulembeze, oyitiddwa Katonda okulabirira abagoberezi Katonda b'akukwasiza. Olina okubaagala, okufaayo ku bizibu byabwe, n'okuweereza eby'omwoyo, eby'omubiri, n'ebyetaago by'ebintu nga Katonda bwaba akusobozesa. Ekisinga obukulu ye mukulembeze okuba ng'asabira abagoberezi be. Toyonoona eri Katonda ng'olemwa okusabira abo abakwasiddwa okulabirira.

OKUKULEMBERA:

Omukulembeze alina okukulembera n'okulungama. Alungama abantu okubasobozesa okutuukiriza obuweereza bwe bayitibwa. Olina okulungama abantu Katonda gy'ayagala bagende, so si gye beegomba n'okwegomba okutaayaaya. Okukulembera kuzingiramu okubuulirira abantu okutambulira mu makubo ga Katonda nga tubalungama n'ennono ez'ebyawandiikibwa.

OKUSALAWO:

Okusobola okukulembera abalala, olina okusalawo eri ebintu bingi. Waliwo ennono ezisookerwako mu kusalawo eziyinda okukuyamba mu mulimu guno. Bino ojja kubisoma mu Ssuula ey'Omunaana.

OKUGONJOOLA OBUKUUBAGANO N'EMPISA

Buli lw'okola n'ekibinja ky'abantu, bulijjo wabaawo obutakkaanya. Omukulembeze alina okuba ng'asobola okugonjoola enkaayana ng'ezo ng'alungamizibwa Mukama. Era wajja kubaawo abantu abeetaaga eby'omwoyo okukangavvulwa kubanga bagwa mu nsobi y'enjigiriza oba ekibi era beetaaga okuterezebwa. Essuula ey'omwenda mu musomo guno ewa ebiragiro ku kugonjoola obukuubagano n'okukangavvula.

OKWEKENNEENYA EBIKWETOLOODE:

Okusobola okukola obulungi, olina okutegeera abantu b'oweerereza. Olina okutegeera ebizibu byabwe, ebyetaago byabwe, n'ebibaluma. Okusobola okufuna okutegeera ng'okwo, weekenneenya ebikwetoolodde omuli embeera zaabwe ez'omwoyo, ez'omubiri, ez'ebintu, n'ez'obuwangwa. Omusomo gwa Harvestime International Institute, "Okwekenenya obwebulungulule," gulaga ennono z'okwekenneenya obutonde bw'ensi olw'ebigendererwa by'obuweereza.

OKULABA EKIGENDERERWA:

Ekigendererwa kwe kwolesebwa okw'omwoyo. Bayibuli egamba nti:

Awatali kwolesebwa, abantu bazikirizibwa... (Engero 29:18)

Ekigendererwa oba kwolesebwa okw'eb'omwoyo kuzingiramu okutegeera ebintu bibiri:

1. Ebigendererwa bya Katonda.
2. Ekitundu kyo mu kutuukiriza ekigendererwa kye n'enteekateeka ze.

Bw'ozuula ekigendererwa kyo mu buweereza, ozuula ekitundu kyo eky'obuntu mu nteekateeka ya Katonda. Ekigendererwa kiteekawo kwolesebwa oba ekiruubirirwa ky'obuweereza. Kiwa okulungamya n'okutegeera ekyo kyennyini obuweereza bwo kye bwayitibwa Katonda okutuukiriza. Kikukkiriza okuteekateeka n'okussa mu nkola enteekateeka okutuukiriza ekigendererwa kyo. Bw'otegeera obulungi ekigendererwa kya Katonda n'ekitundu kyo mu yo, osobola bulungi okukulemba abalala.

Omusomo gwa Harvestime International Institute, "Obuwanika bw'ebigendererwa," gujja kukuyamba okumanya ekigendererwa kyo mu nteekateeka ya Katonda.

ENTEGEKA:

Okumanya ekigendererwa kyo eky'obuweereza si kye kimu n'okutuukiriza ekigendererwa kyo. Olina okukola n'okussa mu nkola enteekateeka okukituukiriza. Olina okwongera ekikolwa ku kumanya n'okukola n'okukkiriza okusobola okutuukiriza omulimu gw'obuweereza. Okuteekateeka wansi w'okulungamizibwa Omutukuvu Omwoyo kikuyamba okukola mu kukwatagana ne Katonda okutuukiriza enteekateeka ze n'ebigendererwa bye.

Olina okukola enteekateeka entongole okusobola okutuukiriza ekigendererwa kyo eky'obuweereza. Bw'oba oli mukulembeze, yamba abagoberezi okukola enteekateeka okutuukiriza omulimu gw'obuweereza bw'ekitongole oba obw'ekibiina. Okuteekateeka kizingiramu okusalawo...

-Ki kyogenda okukola.

-Engeri gy'ogenda okukikola (enkola oba emitendera gy'ebikolwa).

-Ddi lw'ogenda okukikola.

-Ani agenda okukikola.

-Ensimbi ezisaasaanyizibwa mu kukikola.

-Enkola ey'okwekenneenya n'olaba oba ekoledwa nga bwe wategese.

Okuteekateeka mulimu munene ogw'abakulembeze. Nnono ya Baibuli era eyogerwako mu bujjuvu mu musomo gwa Harvestime International Institute ogutumiddwa "Obuwanika bw'ebigendererwa."

OKUTEEKA MU NKOLA ENTEEKATEEKA:

Omukulembeze bw'amala okukola enteekateeka, enteekateeka zino zirina okuteekebwa mu nkola. Okussa mu nkola enteekateeka, omukulembeze alina okukola emirimu gino wammanga. Buli kimu ku bino kyogerwako mu bulambulukufu mu musomo ogutumiddwa "Obuwanika bw'ebigendererwa"

-Okulonda abantu okutuukiriza enteekateeka.

-Okubategeza enteekateeka, omulimu gw'obuweereza ogulina okukolebwa.

-Okugaba obuyinza n'obuvunaanyizibwa okutuukiriza enteekateeka.

-Okutendeka abasunsuddwa mu bukugu obwetaagisa okutuukiriza omulimu.

-Okutegeka abantu abakwatibwako n'ebikwata ku nteekateeka.

-Okuteekawo enaku z'okutandika n'okumaliriza n'okukebera buli luvannyuma lwa kiseera enteekateeka eno bw'agenda mu maaso.

-Okukola embalirira y'ensimbi ezeetaagisa okutuukiriza enteekateeka.

-Okusalawo.

-Okwekenenya enkulaakulana.

-Okwekenenya emirimu gy'obuweereza. Okwekenenya kwe kusalawo oba watuukiriza enteekateeka era oba yaleetera ddala okutuukiriza ebigendererwa bya Katonda eby'obuweereza bwo.

ANYWEZEDDWA KU LW'OMULIMU

Nga bwe kyayogeddwa emabegako, tewali ngeri yonna gye tuyinza kutesa ku buli mulimu omukulembeze gw'ayinza okuba ng'alina okukola, naye ebyo ebyogerwako bwe buvunaanyizibwa obukulu obwa buli mukulembeze. Kino ky'ekisuubizo ky'okwelangirirako ku lw'emirimu gino na buli buvunaanyizibwa obulala bw'oyinza okuyitibwa okutuukiriza mu bukulembeze:

Nsobola okukola byonna nga mpita mu Kristo annyweza. (Abafiripi 4:13)

Buli lw'oniyigirizibwa n'otandika okulowooza nti, "Tewali ngeri gye nsobola kukola byonna ebyetaagisa." kikole," olina okumala ebiseera ebisingawo wekka ne Katonda. Tojja kukoowa n'okumalibwamu amaanyi

singa ofuna obudde okulindirira Katonda:

Olimukuuma mu mirembe egituukiridde, eyeesigamye omwoyo ggwe ku ggwe; olw'okuba akwesiga ggwe. (Isaaya 26:3)

Saba "essaala y'omukulembeze" eno eyasabibwa Kabaka Sulemaani:

Era omuddu wo ali wakati mu bantu bo be walonda, eggwanga ekkulu, abatayinza kubalibwa wadde okubalibwa olw'obungi.

Kale omuddu wo muwe omutima omutegeevu okusalira abantu bo omusango, okwawula wakati w'ekirungi n'ekibi: kubanga ani asobola okufuga eggwanga lyo lino ekkulu? (1 Bassekabaka 3:8-9)

OKWEGEZAAMU

1. Wandika ennyiriri enkulu ng'ozijja mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Mulimu ki abakulembeze gwe bakulembeza?

.....
.....
.....

3. Nnyonyola "okutuukirizibwa."

.....
.....
.....

4. Biki ebirungi ebiva mu "kutuukiriza" abantu olw'omulimu gw'obuweereza?

.....
.....
.....

5. Funza obuvunaanyizibwa obukulu obw'abakulembeze abatuukiriza abakiriza olw'omulimu gw'obuweereza.

.....
.....
.....

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Okujuliza okuwerako kwayogerwako mu ssuula eri amassomo ga Harvestime International Institute "Okwekenenya obwebulungulule" ne "Obuwanika bw'ebigendererwa." Nga bwe kyayogeddwa mu ntandikwa y'omusomo guno, tukuteesa ofune emisomo gino ebiri okugenda mu maaso n'essomo lino.
2. Bino by'ebyokulabirako mu Baibuli ebiraga ebimu ku mirimu gy'abakulembeze:

OKUDDAMU OKUZIMBA BBUGGWE WA YERUSALEMU

EKIZIBU:

Nekkemiya yafuna amawulire nti abasigadde mu Yuda abaali bakomyewo baali mu nnaku ey'amaanyi ne bavumibwa kubanga bbugwe wa Yerusalemi yamenyebwa n'ayokebwa omuliro. Nekkemiya 1:2-3

EKYOKUDDAMU:

Nekkemiya yasiiba era n'asaba: Nekkemiya 1:4-11

Yabikkulira kabaka ennaku ye: Nekkemiya 2:1-2

Yabuulira kabaka lwaki yali mwennyamivu: Nekkemiya 2:3

Kabaka yabuuza nti, "Osaba ki?" Nekkemiya 2:4

Nekkemiya yasaba Katonda okumulungamya mu kuddamu ekibuuzo kino: Nekkemiya 2:4

Yasaba kabaka amusindike e Yuda okuddamu okuzimba bbugwe: Nekkemiya 2:5

Kabaka yaddamu bulungi: Nekkemiya 2:6

Nekkemiya yasaba kabaka ebbaluwa entongole asobole okutambula mu ddembe n'okufuna embaawo okuva mu bibira: Nekkemiya 2:7-8

Nekkemiya bwe yatuuka yamala ekiro ssatu ng'apunta ekizibu mu nkukutu era n'afuna a akakodyo k'okuddamu okuzimba: Nekkemiya 2:12-16

Olwo Nekkemiya n'alaga enteekateeka ye n'asaba abantu bamuyambe okuddamu okuzimba bbugwe: Nekkemiya 2:17-3:32

Abalabe ba Isiraeri bwe baagezaako okuyimiriza omulimu, abantu ne basaba ne bateekawo omukuumi:
Nekkemiya 4:1-13

Abantu bwe beeyongera okutya, Nekkemiya yabazzaamu amaanyi: Nekkemiya 4:14

Amangu ddala ng'ekigambo kituuse eri omulabe nti beetegefu okwewozaako, bo baddayo mu kuzimba:
Nekkemiya 4:15

Nekkemiya yayiia enteekateeka empya ey'okukola n'okukuuma basobole okweyongera okuzimba:
4:16-23

EBYAVAMU:

Baamaliriza bbugwe mu nnaku 52: Nekkemiya 6:15

Abantu batendereza Katonda: Nekkemiya 12:27-29, 31-42

Abantu beetukuza n'ekibuga: Nekkemiya 12:30

Baawaayo ssaddaaka eri Katonda: Nekkemiya 12:43

Abalabe ba Isiraeri bwe baalaba obuwanguzi buno n'essanyu lye bawulira, ne baggwaamu amaanyi:
Nekkemiya 6:16

ENSOBI Z'ENZIGIRIZA

EKIZIBU:

Abasajja abamu baali basomesa enjigiriza ez'obulimba mu Antiyokiya: Ebikolwa 15:1

Pawulo ne Balunabba tebaasobola kugonjoola kizibu ekyo: Ebikolwa 15:2

EKY'OKUDDAMU:

Ekkansa y'e Antiyokiya yasalawo okunoonya okulungamizibwa okuva mu batume n'abakadde mu
Yerusaalemi: Ebikolwa by'Abatume 15:2-3

Ekibinja kya Antiyokiya kyategeeza engeri Abamawanga gye baali bakyusibwamu okuyita mu kukkiriza
kwokka: Ebikolwa by'Abatume 15:4

Abatume n'abakadde baakunjaanira mu kiseera ekiggaddwa okukubaganya ebirowoozo ku nsonga eno:
Ebikolwa 15:6

Peetero yajjukiza abantu Katonda bye yakolera Koluneeriyo n'ab'omu maka ge: Ebikolwa 15:7-11

Pawulo ne Balunabba baawa obujulizi obw'enjawulo ku bintu Katonda bye yali akoze ng'ayita mu bo
mu mawanga: Ebikolwa 15:12

Yakobo yajjukira engeri bannabbi b'e Ndagaano enkadde gye baali balagudde okukyuka kw'Abamawanga: Ebikolwa 15:13-18

Yakobo yateesa ku ngeri y'okugonjoolamu ekizibu kino: Ebikolwa 15:19-21

Abatume, abakadde, n'ekkanisa yonna bakkiriza ekiteeso kino: Ebikolwa 15:22

Ebbaluwa yawandiikibwa: Ebikolwa 15:22-30

Yuda ne Siira be baalondebwa okutuusa ebbaluwa: Ebikolwa 15:22

Yuda ne Siira be baatuusa ebbaluwa era n'obubaka: Ebikolwa 15:30,32

EBYAVAMU:

Ekibiina kyasanyuka: Ebikolwa 15:31

Yuda ne Siira baasindikibwa okuddayo e Yerusaalemi mu mirembe: Ebikolwa 15:33

Omulumu gwa Katonda gwagenda mu maaso awatali kulemesebwa: Ebikolwa 15:35

Ebiragiro ebiri mu bbaluwa Pawulo, Siira, ne Timosewo byabituusibwa mu kkanisa endala empya: Ebikolwa 16:4-5

OKULAMULA ABANTU

EKIZIBU:

Abantu baayimirira ku Musa okuva ku makya okutuusa akawungeezi asobole okugonjoola ebizibu byabwe: Okuva 18:13

Musa yagezaako okukola omulumu ogwo yekka: Okuva 18:14-16

Enkola eno yaleetera Musa n'abantu ebizibu: Okuva 18:18

EKY'OKUDDAMU:

Yesero yawa Musa amagezi okuteekawo ebintu by'akulembeza: Okuva 18:19

Yakola enteekateeka y'okugaba obuvunaanyizibwa: Okuva 18:19-22

Musa yategeeza abantu ekizibu ekyo: Ekyamateeka 1:9-12

Musa yalagira buli kika okulonda abasajja abagezi era n'abalonda okuba abakulembeze: Ekyamateeka 1:13

Musa yalagira n'obwegendereza abakulembeze mu buvunaanyizibwa bwabwe: Ekyamateeka 1:16-18

EBYAVAMU:

Musa yayambibwako mu buvunaanyizibwa bw'obukulembeze: Okuva 18:22

Musa yasobola okugumira ebyo bye yali ayagala mu kifo kye eky'obukulembeze: Okuva 18:23

BANNAMWANDU ABATAAFIIBWAKO**EKIZIBU:**

Abayigirizwa baali beeyongera mangu era olw'okukula ng'okwo, enkola y'abantu bonna yateekebwa wansi yagootanyizibwa. Bannamwandu abamu baali babuusibwa amaaso ne batandika okwemulugunya: Ebikolwa 6:1

Abatume beenyigira mu bintu ebikwata ku kizibu kino era kyabaleetera okulagajjalira obuvunaanyizibwa bwabwe obw'okuyigiriza Ekigambo kya Katonda: Ebikolwa 6:2

EKYOKUDDAMU

Olukungaana lw'abakkiriza bonna lwayitibwa: Ebikolwa 6:2

Abantu baategezezebwa ku mirimu emikulu egy'abatume 12, nga gyali kusaba n'obuweereza bw'Ekigambo: Ebikolwa 6:3-4

Abantu baategezezebwa okulonda abasajja musanvu abalina ebisaanyizo okukola ku byetaago ebyaliwo: Ebikolwa 6:3

Abantu baalonda abasajja musanvu: Ebikolwa 6:5

Abatume bakakasa okulonda kwabwe nga bayita mu kusaba n'okussaako emikono: Ebikolwa 6:6

EBYAVAMU:

Ebyetaago by'abantu byatuukibwako era obumu ne buddawo. Abatume baasobola okutuukiriza omulimu gwabwe omukulu: Ebikolwa 6:7

ESSUULA EY'OMWANA

OKUKOLA OKUSALAWO

EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno ojja kusobola:

- Okuwandiika Olunyiriri Olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunyonnyola enkola ya Baibuli mu kusalawo.
- Okufunza ebiragiro ebikwata ku kusalawo.
- Okunyonnyola ekigendererwa ky'ekyokulabirako.
- Okunyonnyola omugaso gw'ekyokulabirako mu kusalawo.
- Okukozesa enkola ya Baibuli mu kusalawo

OLUNYIRIRI OLUKULU:

**Omutima gw'omuntu guteekateeka ekkubo lye; naye Mukama y'alung'anya emitendera gye.
(Engero 16:9)**

ENNYANJULA

Okusalawo mulimu muzibu abakulembeze gwe boolekedde buli lunaku. Buli kusalawo kikulu, kubanga okusalawo ku bintu ebitonotono okumala ekiseera kikwata ku bulamu bwo bwonna n'obuweereza bwo bwonna.

Okusalawo kwe kwesalirawo. Olina okufuna eky'okuddamu ku mbeera y'obulamu eya nnamaddala n'osalawo ekikolwa ki eky'okukola. Okusalawo kusalawo amagenda go. Okusalawo okukolebwa omukulembeze tekukwata ku ye yekka n'amagenda ge, wabula n'abo abamugoberera.

Obulamu buba bwa kulonda n'okusalawo okuddiriŋana okutaliiko kkomo. Okukola okusalawo buba buvunaanyizibwa. Okugaana okusalawo ku bwakyo nakwo kuba kusalawo. Essomo lino liraga ebiragiro by'okukola okusalawo okulungi n'ekyokulabirako kya Baibuli eky'okusalawo.

OKUSINZIIRA KU BAYIBULI

Enkola ya Baibuli ey'okusalawo si kulondebwa bantu. Si kye kya demokulasiya oba enkola "y'okulondebwa abantu abangi." Ebizibu ebiri mu nkola eno biragibwa mu mbooji ya Isiraeri ku nsalo ya Kanani (Ibala Okubala 13).

Enkola ya demokulasiya mu Kkanisa ereeta okwekiriranya, okugoberera amateeka, n'okuvuganya. Amateeka g'ensengeka, ebiteeso, n'obululu bikoma ku kubikkulirwa okuva mu Mwoyo Omutukuvu. Okulonda kutera okuvaamu okulumwa, enneewulira, obusungu, n'enjawukana mu kkanisa. Zino si ngeri za Baibuli ez'okusalawo mu Kkanisa. Zino nkola kkanisa z'esembeza okuva mu nkola za gavumenti eza demokulasiya ez'ensi.

Ebikolwa by'Abatume essuula 15 kyakulabirako kirungi nnyo eky'enkola ya Baibuli ey'okusalawo. Ekyokulabirako kyali kikwata ku kizibu ky'empisa z'Abayudaaya. Okukigonjoola, abakulembeze baasisinkanye, ne basaba, nebekenneenya ensonga, ne batuuka ku nzikiriziganya wansi w'okulungamizibwa Omwoyo Omutukuvu.

EKIGOBERERWA MUKUSALAWO

Ebiragiro ebiyinzira okuyamba abakulembeze okusalawo obulungi:

1. ZUULA EKIZIBU:

Ensonga, kizibu oba kibuzo ki ekyetaagisa okusalawo? Kunjjaanya byonna ebiriwo ebikwata ku nsonga eyo. Laga ekizibu mu kiwandiiko ekimpimpi. Tosobola kusalawo bulungi bw'oba tozudde kizibu kituufu.


2. GOBERERA EKY'OKULABIRAKO KY'EKYOKUSALAWO:

Eky'ekyokulabirako kiba ky'efaananyiriza ku kintu. Kikuwa ekyokulabirako ky'oyinza okugoberera. Ekyekyokulabirako kikuwa okusalawo kuwa ekyokulabirako ky'olina okugoberera ng'osalawo. Ku lupapula oluddako waliwo ekyokulabirako kya Baibuli ekijja okukuyamba okusalawo mu ngeri ey'amagezi mu kwagala kwa Katonda. Laba eky'ekyokulabirako kino olwo osome ennyinnoyonyola eno wammanga:

EKY'OKULABIRAKO EKYA BAIBULI KU KUSALAWO.

Zuula ekizibu, ekibuzo oba embeera y'obulamu eyetaaga okulufhamizibwa.

Kyogerwako mu byawandiikibwa n'ekiragiro ekyetongodde, ennono enkulu oba nga eky'okulabirako?



Ye

Nedda




Oludda 1

Kola okusalawo ng'osinziira

Ku kiragiyo ekya Baibuli ennono

Oba eky'okulabirako



Oludda 11

Pawulo yabayigiriza ng'ayita mu bumanyirivu. Ekintu kye yasooka okukola kwe kubatuusa mu mbeera empya ey'omwoyo okwali okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu (Ebikolwa 19:2-8). Pawulo yabayigiriza okuyita mu kwolesa. Baalaba ebyamagero bingi ebinene ebyakolebwa mu linnya lya Mukama (Ebikolwa 19:11-12)

Abo abaali tebagoberezi ba Yesu abatuufu baabikkulwa era ne beenenya (Ebikolwa 19:13-17).

Bangi baawangulwa eri Mukama waffe Yesu Kristo (Ebikolwa 19:17-20).

Okuwakanya Enjiri bwe kwava mu bakulembeze b'ennonno, Pawulo yatandikawo ekifo eky'okutendekebwamu e Efeso:

Naye abantu abatali bamu ne bakakanyavu, ne batakiriza, naye ne boogera obubi mu maaso g'ekibiina, ye (Pawulo) n'abavaako, n'ayawula abayigirizwa, nga beekeneyya ebyawandiikibwa buli lunaku mu ssomero lya Tyrannus omu. (Ebikolwa 19:9)

Efeso kyakulabirako kirungi nnyo eky'enteekateeka ey'ekyokulabirako ey'okutendeka obukulembeze. Pawulo teyaggyawo abayizi okuva wag ye babeera okufuna okutendekebwa. Yabatendeka mu mbeera gye baali bamanyidde. Baasigala mu kitundu kyabwe ne bayiga mu lulimi lwabwe lwennyini.

Ekifo Pawulo kye yatandikawo kyalimu omusomo gw'okutendeka abayigirizwa okumala emyaka ebiri. Ekigendererwa ky'essomero kwali kukubisaamu abayigirizwa abaali bagenda okubunyisa obubaka bw'Enjiri:

Kino ne kigenda mu maaso okumala emyaka ebiri; bwe batyo bonna abaabeerangamu Asiya bawulira ekigambo kya Mukama waffe Yesu Kristo, Abayudaaya n'Abayonaani. (Ebikolwa 19:10)

Ekifo kino eky'okutendekebwa tekyamanya layini za buwangwa. Abayizi baaweerezanga Abayudaaya n'ab'amawanga (amawanga g'ensi agatali Bayudaaya). Essomero eryo teryalina nsalo za bitundu. Abayizi tebaaweerereza mu kibuga kyabwe eky'e Efeso kyokka, batuuka ku ssemazinga wa Asiya yenna.

Ekyokulabirako ky'e Efeso kyakulabirako kirungi eky'okutendekebwa kubanga abatendekebwa baayigiriza abalala...

...Bonna abaabeera mu Asiya ne bawulira ekigambo kya Mukama waffe Yesu Kristo, Abayudaaya n'Abayonaani. (Ebikolwa 19:10)

Bwe kityo ekigambo kya Katonda kyakula n'amaanyi era ne kiwangula. (Ebikolwa 19:20)

Essomero ly'e Efeso lyatendekanga abayigirizwa era ne babayamba okukola omulimu gw'obuweereza. Ekigendererwa kyali kya kubunyisa Njiri mu bitundu (mu Asiya yonna) ne mu buwangwa (eri byombi Abayudaaya n'Abamawanga). Abappya mu kukkiriza olwo ne batendekebwa ng'abayigirizwa mu nkola eagenda mu maaso ey'okwekubisaamu.

OKUTANDIKA EKIFO EKY'OKUTENDEKA

Obwetaavu bw'ebifo eby'okutendekebwamu okufaananako n'ekyo eky'e Efeso bukyaaliwo leero. Nga abapya mu Kristo bwe bakyeongerera obungi, kikulu okutendekebwa ng'abagoberezi n'abakulembeze abalina obuvunaanyizibwa bw'okutuuka mu nsi n'Enjiri.

Ekifo eky'okutendekebwamu e Efeso tekyadda mu kifo kya kkanisa. Abakkiriza baagenda mu maaso n'okusisinkana mu kkuṅṅaaniro, ekyali ekifo ekimu eky'ekkanisa eyasooka we baakuṅṅaaniranga. Abakkiriza nabo baagenda mu maaso n'okusisinkana mu masinzizo ne mu maka gaabwe. Essomero ly'e Efeso lyali kugaziya kkanisa so si okudda mu kifo kyayo. Ekigendererwa ky'enteekateeka y'okutendeka ng'eyo si kudda mu kifo ky'ekintu kyonna ekiriwo ekitongole ekibunyisa Enjiri n'obunyiikivu.

Bw'oba oyagala okutandikawo ekifo eky'okutendekebwa okufaanako n'eky'e Efeso, ebiragiro okukola kino biweebwa mu musomo gwa Harvestime International Institute ogutumiddwa "Enkola z'okwekubisaamu." Kinnyonyola engeri y'okulondamu ekifo, okuteekawo embalirira, okuwandiika abayizi, okulonda abasomesa n'ensoma, n'okulangirira n'okutambuza emisomo.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiiika Olunyiriri Olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Lwaki okutendeka abalala buvunaanyizibwa bukulu?

.....
.....
.....

3. Kigendererwa ki eky'okutendeka abakulembeze n'abagoberezi?

.....
.....
.....

4. Wandiiika ennono mukaaga egy'okulonda egyayogerwako mu kusoma Yesu n'abayigirizwa be.

.....
.....
.....
.....
.....

5. Wandiiika emisingi munaana egy'okutendeka egyayogerwako mu kuyiga Yesu n'abayigirizwa be.

.....
.....
.....
.....

6. Ekyokulabirako ki eky'Endagaano Empya ekyaweebwa ng'ekyokulabirako ky'okutendeka obukulembeze?

.....
.....
.....

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Abagoberezi bafuuka abakulembeze:

-Yoswa, eyali omugoberezi wa Musa, yafuuka omukulembeze: Okubala 27:18, Ekyamateeka 3:28

-Erisa, eyali omugoberezi wa Eriya, yafuuka omukulembeze: II Bassekabaka 2

2. Yesu yatendeka abagoberezi abaafuuka abakulembeze. Okuyitibwa kwa Yesu Kristo kwali kuyitibwa kwa kugoberera. Ebigambo "mugoberere," "mungoberera," byakozesebwa Yesu emirundi egisukka 20. Nga bigenda eri:

-Simooni ne Andereya:	Matayo 4:19, Makko 1:17
-Yakobo ne Yokaana:	Matayo 4:21, Makko 1:20
-Matayo:	Matayo 9:9, Makko 2:14, Lukka 5:27
-Firipo:	Yokaana 1:43
-Peetero:	Yokaana 21:19, 22
-Omufuzi omuto omugagga:	Matayo 19:21, Makko 10:21; Lukka 18:22
-Omulala ku bayigirizwa be:	Matayo 8:22
-Omuntu yenna:	Matayo 16:24, Makko 8:34, Lukka 9:23; Yokaana 12:26

3. Soma ku kutendekebwa kw'abakulembeze mu biseera by'Endagaano Enkadde mu 1 Samwiri 19:18-20 ne 2 Bassekabaka 2:1, 4:38, 6:1

4. Bino by'ebizibu ebitaano ebikulu by'olina okuvvuunuka ng'otendeka abagoberezi n'abakulembeze:

1. Okutya omuntu.

2. Obugayaavu.

3. Okuziyiza enkyukakyuka.

4. Ebintu ebikulembeza ebikontana.

5. Obutamanya (abantu balina okutendekebwa mu ngeri y'okugabana Enjiri n'okukola emirimu egy'enjawulo egy'obuweereza).

5. Emisomo gya Harvestime International Institute gisobola okukuyamba mu kutendeka abagoberezi n'abakulembeze. Wandika leero okufuna olukalala lw'amasomo agasomesebwa mu bujjuvu

6. Bino by'olina okugoberera mu kutendeka:

Beera mwetegefu:

Buli musomesa alina okuba ng'amanyi bulungi essomo ly'alina okusomesa. Alina okwetegeka ng'ayita mu kusaba. Alina okuba n'ebikozesebwa ebituufu bye yeetaaga mu kusomesa.

Buli musomesa alina okuba n'ebigendererwa ebitongole ku buli ssomo. Bwoba okozesa ebikozesebwa bya Harvestime International Institute, ebigendererwa biwandiikiddwa ku buli ntandikwa ya buli ssuula.

Kakasa nti ebibiina bitegekeddwa eri abayizi.

Beera mu budde:

Tandika n'okumaliriza emisomo gy'ekibiina mu budde. (Okuggyako nga Omwoyo Omutukuvu akulungamya.)

Saba:

Tandika olusomo na kusaba era oggalewo nakusaba.

Weekenneenye era Mufunze:

Tandika buli kitundu kya kibiina n'okuddamu okwetegereza mu bufunze ebyo ebyasomesebwa mu lusomo olwasembayo.

Kozesa Enkola ez'enjawulo ez'okusomesa:

Omusomo gwa Harvestime International Institute ogutumiddwa "Obukodyo bw'okusomesa" gukutendeka okusomesa ng'okozesa enkola za Yesu.

Weggule eri Omwoyo Omutukuvu:

Okubeera omuggule eri okulungamizibwa Omwoyo Omutukuvu kikulu nnyo okusinga okumaliriza essomo oba okugoberera enkola etegekeddwa.

Okwolesa:

Laga ekyokulabirako ku ebyo ebisomesebwa. Okugeza, bw'oba oyigiriza ku kuwonya, sabira abo abaliwo nga balwadde. Bw'oba oyigiriza ku kubatiza kw'Omwoyo Omutukuvu, sabira abanto okumufuna.

Tegeka olusoma:

Waayo emirimu gy'okusoma abayizi gye balina okumaliriza wakati w'ebiseera by'ekibiina. Bawe omukisa okuteeka mu nkola bye bayiga nga bayita mu buweereza obw'omugaso mu kkanisa yaabwe mu kitundu kyabwe.

7. Bino bye bibuuzo by'olina okulowoozaako:

-Ekyokulabirako kyo mu maaso g'abalala kye kibakulembera okubeera ku lwa Katonda? Wandiiika engeri ssatu gy'osobola okukitegeera.

-Abalala balina omukisa okubeera naawe okusobola okwetegereza ekyokulabirako kyo oba osigala nga weesudde eri abantu? Wandiiika engeri ssatu gy'eweggulawo bulijjo eri balala.

-Ddala okkiririza nti ekyokulabirako ky'obulamu bwo kisaana okugobererwa abalala? Lwaki oba lwaki nedda? Oyinza otya okulongoosa ekyokulabirako kyo?

-Omenya ennono emanyiddwa ey'Ekigambo kya Katonda mu bukulembeze bwo? Mu ngeri ki? Kino oyinza otya okukitereeza?

-Osobola okufuna omuntu gw'otendese okukuyamba?

ESSUULA EY'EKKUMI N'EMU

OKUSISINKANA OKULEMERERWA

EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno ojja kusobola:

- Wandiiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okulaga ebintu bisatu ebikulu ebivaako okulemererwa.
- Okuzuula abakulembeze ba Baibuli abaawangudde okulemererwa.
- Okuzuula abakulembeze ba Baibuli obulamu bwabwe bwe bwakoma mu kulemererwa.
- Okuwa ebiragiro bya Baibuli eby'okukyusa okulemererwa okudda ku buwanguzi.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Omuntu omutuukirivu agwa emirundi musanvu, n'agolokoka. (Engero 24:16)

ENNYANJULA

Essomo lino lye limu ku lisinga obukulu mu musomo guno ogukwata ku "Ennono y'obuwanika bwa Baibuli." Kikwata ku kulemererwa. Katonda alina enteekateeka ezituukiridde, naye akola okuyita mu bakulembeze abatuukiridde okutuukiriza enteekateeka ze. Olw'okuba totuukiridde, olina okutegeera ensonga z'okulemererwa era omanyee eky'okukola ng'olemereddwa.

Mu ssomo lino ojja kuyiga ebintu ebikulu ebivaako okulemererwa. Ojja kusoma ebyokulabirako by'abakulembeze obulamu bwabwe bwe bwakoma mu kulemererwa n'abo abaafuula okulemererwa obuwanguzi. Era ojja kuweebwa ebigobererwa bya Baibuli obw'okusisinkana n'okulemererwa n'okufuula okulemererwa obuwanguzi.

KIKI EKIVAako OKULEMBEERA?

Waliwo ensonga ssatu enkulu ezireetera omuntu okulemererwa:

1. OKULEMWA MU NKOLAGANA:

Abakulembeze bangi balemererwa kubanga balina enkolagana etali ntuufu ne Katonda. Bayinza okuba nga tebalina kumanyisibwaa emisingi emituufu egy'eby'omwoyo egyawandiikibwa mu Abebbulaniya 6:1-3. Bwe bagezaako okukolera Katonda ku musingi ogw'omwoyo omubi, olemererwa.

Abakulembeze abamu bakola nnyo "omulimu gwa Katonda" ne balagajjalira okusaba, okusoma Baibuli, okusiiba, n'okunoonya Mukama n'ebyo by'ayagala. Abalala bafiirwa okwagala kwabwe okw'amaanyi okwasooka eri Mukama waffe Yesu Kristo. Mu kifo kya Katonda n'Obwakabaka bwe okubeera ebikulu, okufaayo n'obugagga bw'ensi, okukola ssente, oba okusanyusa abantu bitandika okufuuka ebikulu mu bulamu bwabwe.

Kabaka Uzziya kyakulabirako kya mukulembeze eyalemererwa olw'obutaba nankolagana ne Katonda. Kabaka Uzziya yatandika bulungi. Yanoonya Mukama (2 Ebyomumirembe 26:6-8). Yakola bulungi mu ntalo eri abalabe ba Isiraeri (2 Ebyomumirembe 26:6-8). Naye Kabaka Uzziya bwe yamanyika ennyo era nga yeenyumiriza, yatandika "okukola obubi," teyali mwesigwa eri Katonda, era nga takyanoonya Mukama (2 Ebyomumirembe 26:16).

Okusobola okubeera omukulembeze, olina okuba n'enkolagana ey'oku lusegere ne Katonda. Abakulembeze bangi abalemereddwa bazuula nti ekizibu kyabwe kyatandika n'okulemererwa mu nkolagana yaabwe ey'obuntu ne Katonda.

2. OKULEMERERWA OLW'EKYO KY'OKOLA:

"Okulemererwa olw'ekyo ky'okukola" kitegeeza okulemererwa okuva ku bikolwa byo eby'ekibi. Ebibi by'o "kukola" mulimu buli kikulwa ekikyamu, ekigambo, endowooza oba ekigendererwa ekikyamu. Ebikolwa oba ebibi ng'ebyo bivaamu okulemererwa.

3. OKULEMBEERA OLW'EKYO KY'OTAKOZE:

Kino kitegeeza okulemererwa okuva ku by'otokola. Bw'oyonoona olw'ekyo, olemmererwa okukola ekyo ky'osaanidde okukola Bayibuli egamba nti:

Kubanga oyo amanyi okukola ekituufu n'atakikola, kiba kibi. (Yakobo 4:17)

Ebibi ebyo by'ebintu ekigambo kya Katonda kye kigamba nti olina okukola naye nga olemmererwa okukola. Yesu yanenya abakulembeze b'eddiini ab'omu kiseera kye olw'ebintu ng'ebyo. Yagambye nti...

Zibasanze mmwe, abawandiisi n'Abafalisaayo, bannanfuusi! kubanga musasula ekimu eky'ekkumi ku buli kintu ne ku buli kika kya muddo oguwunyisa obulungi era oguwoomesa enva, okutuukira ddala ne ku kalagala akasinga obutono era basuddewo ensonga ezisinga obuzito mu mateeka, obwenkanya, n'okukkiriza; bino mwandibadde mubikola, so temuleka birala nga tebikoleddwa. (Matayo 23:23)

ABAKULEMBEZE ABAWANGULA OKULEMERERWA

Baibuli erimu ebyokulabirako bingi eby'abasajja abaamaanyi ab'alemererwa mu bukulembeze:

Ibulayimu: Yalimba nti Saala si mukyala we olw'okutya nti bajja kuttibwa ne bamutwalako mukazi we. Naye ayitibwa omusajja ow'okukkiriza era "mukwano gwa Katonda."

Musa: Mu busungu yakuba olwazi n'ayita amazzi mu kifo ky'okwogera n'olwazi nga Katonda bweyali amulagidde. Naye Baibuli egamba nti tewabangawo nnabbi mulala mukulu nga Musa.

Kabaka Dawudi: Yayenda ne mukyala w'omusajja omulala, oluvannyuma n'ata omusajja oyo atte agezeeko okubikka ku kibi kye. Naye yali kabaka mukulu era ayitibwa "omuntu alina omutima ng'ogwa Katonda."

Yona: Yasalawo okukwata ekkubo ekyamu Katonda bweyali amuyise okugenda okubuulira mu Nineeva. Oluvannyuma yabuulira okuzzibwa obuggya okusinga obunene mu byafaayo. Ekibuga kyonna ne kyenya.

Yoswa: Omusajja ono yali muduumizi wa magye omukulu eyatwala obukulembeze bw'eggwanga lya Isiraeri oluvannyuma lw'okufa kwa Musa. Ekimu ku bisoomooza Katonda bye yawa Yoswa kwe kukulembera Isiraeri okutwala ensi ensuubize. Naye ekiseera kyatuuka Yoswa n'aggwaamu amaanyi ne yeegomba okuddayo ku luuyi olulala olwa Yoludaani mu ddungu. Mu kiseera ekirala yalimbibwa Abagibyoni. Naye omusajja ono yagenda mu maaso n'atwala ensi Katonda gye yasubiza.

Nabbi Eriya: Nnabagereka omubi ayitibwa Yezeberi yatuma omubaka eri nnabbi Eriya ng'amutegeeza nti yali atekateeka kumutta. Eriya...

...yagenda olugendo lw'olunaku mu ddungu n'ajja n'atuula wansi w'omuti gw'omwoloola, n'atuula wansi wagwo n'asaba afe, n'agamba nti kino kimala; kaakano, Ayi Mukama, nzigyako obulamu bwange; kubanga nze sisinga bajjajjange. (1 Bassekabaka 19:4)

Ono yali musajja wa Katonda ow'amaanyi eyali awonyezza abalwadde, eyazuukiza abafu, era ng'afuga ebintu byonna eby'obutonde mu linnya lya Mukama. Kati yali yeekwese, ng'atya, ng'aggwaamu essuubi era ng'asaba okufa. Naye Eriya yakomawo okulaga amaanyi ga Katonda mu maaso g'eggwanga lya Isiraeri lyonna ku Lusozi Kalumeeri.

Peetero: Omusajja ono yeegaana Yesu, naye oluvannyuma n'afuuka omukulembeze omukulu mu kkanisa eyasooka.

Omutume Pawulo: Omutume Pawulo naye yasisinkana okulemererwa. Yawandiika lumu nti olw'ebyo bye yayitamu mu Asiya "yanyigirizibwa" era "yaggwaamu essuubi n'okutuusa okufa" (2 Abakkolinso 1:8). Yatuuka mu kaseera k'okutawaanyizibwa, okusoberwa, okuyigganyizibwa, n'okusuulibwa wansi (2 Abakkolinso 4:8-11). Yagamba nti yalina okutya n'ebizibu (2 Abakkolinso 7:5-6). Naye Omutume Pawulo yabunyisa bulungi Enjiri eri ab'amawanga, n'asitula amakanisa amanene n'abakulembeze wonna mu mawanga g'ensi.

ABAKULEMBEZE ABAALEMERERWA NE BAWANGULA

Baibuli era erimu ebyokulabirako bingi eby'abakulembeze abaalemererwa n'okuwangulwa:

Samusooni: Eyali omulamuzi omukulu owa Isiraeri era ng'alina amaanyi mangi ag'omubiri

agaamuweebwa okuva eri Katonda. Yatandika okununula Isiraeri okuva ku mulabe w'Abafirisuuti. Olw'enkolagana ye n'omukyala munnamawanga, Samusooni yatwalibwa mu buwambe n'afa ng'akyali musibe w'omulabe.

Uzziya: Yafuuka kabaka ng'alina emyaka 16 naye newaakubadde nga yakola ebirungi mu maaso ga Katonda, Uzziya yayonoona bwe yayingira mu yeekaalu n'akola emirimu bakabona bokka gye baali bakkirizibwa okukola. Katonda yamukuba ebigenge n'afa.

Sawulo: Sawulo ye kabaka wa Isirayiri eyasooka, yayagalibwa abantu, era nga ye musajja Omwoyo wa Katonda yawummulirako. Olw'obujeemu, Sawulo Katonda yamugaana era kabaka omulala n'alondebwa okumaliriza omulimu gwe. Obulamu bwa Sawulo bwakoma mu kulemererwa, okuswazibwa, n'okwetta.

Eri: Mu kusooka yali kabona omukulu mu nnyumba ya Mukama. Olw'obujeemu, Eri ne batabani be baafa mu buswavu.

Yuda: Yuda yali muyigirizwa wa Yesu mu buweereza bwe ku nsi. Yalaba ebikulu n'ebyamagero bya Yesu era n'awulira enjigiriza ze. Naye yalyamu Yesu olukwe era n'amaliriza nga yesse.

KIKI EKYALEETAWO ENJAWULO?

Abamu ku bakulembeze bano badda engulu okuva mu kulemererwa ne bagenda mu maaso ne bafuuka abasajja ba Katonda ab'amaanyi. Abalala tebaakyuka. Obulamu bwabwe bwaggwa nga bawanguddwa. Kiki ekyaleta enjawulo?

Okusobola okuddamu ekibuuzo kino, ka twekenneenye mu bujjuvu obulamu bw'abakulembeze babiri ab'amaanyi ab'eggwanga lya Isiraeri, bakabaka Dawudi ne Sawulo. Sooka osome embooji y'okulemererwa kwa Dawudi mu ssuula za 2 Samwiri 11-12. Oluvannyuma soma embooji y'okulemererwa kwa Sawulo mu 1 Samwiri essuula 15.

Mu ndowooza yaffe ey'obuntu, okulemererwa kwa Dawudi kulabika nga kusinga nnyo okwa Sawulo. Sawulo mu ngeri ennyangu yakomyawo ente ezimu ng'omunyago okuva mu lutalo nga Katonda amulagidde obutakikola. Dawudi yayenda ne mukazi w'omusajja omulala. Bwe kyazuuliddwa nti ali lubuto, yalina okutta bba okugezaako okubikkirira ekibi. Sawulo Katonda yamugaana okuba kabaka, naye Dawudi yasigalawo ku ntebe y'obwakabaka era n'ayitibwa "omusajja alina omutima ng'ogwa Katonda yennyini."

Lwaki obulamu bw'omusajja omu bwaggwa mu kulemererwa ate omulala n'agenda mu buwanguzi mu biseera eby'omu maaso? Eky'okuddamu kiri ekigambo kimu: Okwenenya. Nnabbi Samwiri bwe yasisinkana Sawulo olw'ekibi kye, Sawulo yagamba nti...

...Nnyonoonye: kubanga nnamenya ekiragiyo kya Mukama, era ebigambo byo: kubanga nnatya abantu, ne ngondera eddobozi lyabwe. Awo n'agamba nti Nnyonoonye, naye nkwegayiridde, mu maaso g'abakadde aba Isiraeri, oddeyo nange, nsinze Mukama Katonda wo. (1 Samwiri 15:24 ne 30)

Sawulo yakwatibwa mu kibi kye era n'akikiriza. Yanakuwala, naye olw'okukwatibwa kwokka. Okunakuwala olw'ekibi tekimala. Okunakuwala okwo kulina okukuvirako okwenenya:

Kubanga okunakuwala okw'okwenenya eri Katonda kuleeta obulokozi, era tekuleeta kwejjusa: naye okunakuwala okw'ensi kuleeta kufa. (2 Abakkolinso 7:10)

Sawulo yakkiriza nti yali alemereedwa, naye okulemererwa kwe yakuiteeka ku bantu abalala. Yali ayagala Samwiri amuwe ekitiibwa mu maaso g'abakulembeze b'abantu aleme kuswazibwa. Yali ayagala Samwiri asinze Katonda wamu naye okulaga abantu nti yali akyali musajja wa mwoyo.

Sawulo teyayatula kibi kye eri Katonda, teyenenya, wadde okusaba ekisonyiwo. Yagaana okukkiriza obuvunaanyizibwa obw'obuntu ku bikolwa bye. Yayagala okusinza Katonda nga Katonda ayagala okwenenya. Sawulo yali afaayo nnyo ku linnya lye mu bantu okusinga enkolagana ye ne Katonda. Obwakabaka teyabulaba ng'Obwakabaka bwa Katonda, wabula ng'engeri y'okuzimba obwakabaka bwe.

Olw'ensonga eno, Samwiri yagamba Sawulo nti:

...Mukama ayawuddemu obwakabaka bwa Isiraeri leero, n'abuwa omu muliraanwa wo, akusinga. (1 Samwiri 15:28)

Obwakabaka bwaggyibwa ku Sawulo ne buweebwa Dawudi.

Nnabbi Nasani bwe yayomba ne Dawudi ku kibi kye yakola, amangu ago Dawudi yakkiriza nti:

Nnyonoonye eri Mukama. (2 Samwiri 12:13)

Teyagezaako kunenya balala. Teyanenya Basuseba. Yakkirizza okulemererwa kwe era ne yenenya mu bwetoowaze mu maaso ga Katonda. Okusaba kwa Dawudi okunene okw'okwenenya kuwandiikiddwa mu Zabbuli 51. Soma Zabbuli eno yonna mu Baibuli yo. Dawudi yakkiriza ekibi kye era n'asaba okusonyiyibwa:

Kubanga ntegeera ebisobyo byange: n'ekibi kyange kiri mu maaso gange bulijjo.

Eri ggwe, ggwe wekka gwe nnayonoona ne nkola ekibi kino mu maaso go. Ontoddemu omutima omulongoofu Ayi Katonda era onteekemu omwoyo omulungi munda yange. (Zabuli 51:3, 4, 10)

Bwe yayolekagana n'okulemererwa, Dawudi yenenya era n'akyusa. Sawulo teyakikola. Yabula era n'aviira ddala ku Katonda by'ayagala era obulamu bwe bwaggwa mu kulemererwa, okuwangulwa, n'okwetta.

BW'OLEMBEERA

Bw'olemererwa waliwo ebiragiro bya Baibuli, bw'obigoberera, ebiyinza okufuula okulemererwa okuyita. Okusoma obulagirizi buno tujja kukozeza ekyokulabirako kya Yona. Soma ekitabo kya Yona

(essuula nnya) mu Baibuli yo nga tonnagenda mu maaso na ssomo lino.

Yona yalagirwa Mukama okugenda okubuulira eggwanga ery'ekibi ery'e Nineva okwenenya. Mu kifo ky'okugondera eddoozi lya Katonda, yayolekera oludda olulala. Yona yakola emitendera gino wammanga okutereeza okulemererwa kwe. Zino ze mitendera gy'olina okuyitamu ng'ofunye okulemererwa:

OKUBIKKULA:

Bw'olemereddwa, saba Katonda akubikkule ekivuddeko okulemererwa okwo. Beera mukakafu: Katonda alina engeri gy'akumanyisa wooba olemereddwa. Omuyaga omunene ogwagwa ku nnyanja gwalaga nti Yona yali avudde mu kwagala kwa Katonda. Yona yakkiriza omusango gwe oluvannyuma lw'okubikkulirwa kuno (Yona 1:12). Kasita tokkiriza kulemererwa kwo ojja kusigala ng'olemererwa:

Oyo abikka ku bibi bye taliba bulungi; naye oyo eyatula era n'abireka alisaasirwa. (Engero 28:13)

Bwe tugamba nti tetulina kibi, twelimbimba, era amazima tegali mu ffe. (1 Yokaana 1:8)

Toleka nsonga yonna ekulemesa okukkiriza nti olemeddwa. Bino bye bimu ku bitera okubeerawo:

- "Abantu bajja kuggwaamu obwesige mu nze."

- "Bwe nkiriza okulemererwa kuba kukkiriza nti nnali mukyamu."

- "Nnalemererwa dda. Nnyinza okulekulira."

- "Kikeerezi nnyo."

- "Ndi kyakulabirako kibi, kale nsaana kumala kulekera awo."

- "Ndi wala nnyo okuva mu kwagala kwa Katonda okusobola okutereeza ebintu."

Tekyetaagisa kubikkula kulemererwa kwo mu lujjudde okuggyako nga kikosezza obulamu bw'abalala naawe ng'olina okusaba okusonyiyibwa. Naye bulijjo olina okukkiriza okulemererwa kwo eri ggwe kennyini ne eri Katonda. Guno gwe mutendera ogusooka okukyusa okulemererwa okutuuka ku buwanguzi: Ekibi kiteekwa okubikkulwa. Olina okukyenganga.

OKWENNEENYA:

Oluvannyuma lw'okubikkulwa ekikuleetedde okulemererwa, olina okwenenya:

Bwe twatula ebibi byaffe, mwesigwa era mwenkanya okutusonyiwa ebibi byaffe, era okutusonyiwa tulongoose okuva mu butali butuukirivu bwonna. (1 Yokaana 1:9)

Okusaba kwa Yona okunene okw'okwenenya kuwandiikiddwa mu Yona essuula 2. Yona yakkiriza ekibi kye mu maaso ga Katonda, ne yeenenya, n'asaba okusonyiyibwa. Bw'olemererwa, jjangu mu maaso ga Mukama mu kwenenya. Saba Katonda akusonyiwe olw'okulemererwa kwo. Naawe kakasa nti weesonyiwa.

OKUDDA:

Okuyita mu kusaba, ekigambo kya Katonda ekiwandiikiddwa, n'okulungamizibwa okw'Omwoyo Omutukuvu, Katonda ajja kubikkula okulemererwa kwo we kwatandikira. Olwo olina okuddayo n'okyusa.

Mu nsonga ya Yona, yakitegeera nti okulemererwa kwe kwatandika bwe yagenda mu kkubo ery'ekikontana okuva E Nineva. Yalina okudda mu kifo kino eky'okulemererwa n'akyusa. Okwenenya okwa nnamaddala kizingiramu okukyusa ekubo. Bw'odda mu kifo we walemererwa odda gy'oli wewasooka okwonoona era otereeze ensobi yo. Kino kikolebwa mu...

OKUZZAAWO:

Mu nsonga ya Yona, bwe yategeera nti yalemererwa yatandika ng'ayolekera oludda olulala okuva e Nineva, yakyusa amakubo ge. Yagenda ng'ayolekera Nineva. Yatereza okulemererwa kwe (Yona 3:3). Yakola kyonna ky'asobola okutereza ebintu. Kino kiyitibwa "okuzzaawo."

Oluusi tolina ky'osobola kukola kutereza kulemererwa kwo okuggyako okwenenya. Mu kyokulabirako kya Dawudi kye twayogeddeko, yali tasobola kukola kintu kyonna ku kibi kye ne Basuseba nga ng'amaze okukikola. Ensobi yali yakolebwa dda. Obwenzi bwakolebwa era bba yali afudde. Awo teyalina kye yali asobola kukola kukitereza okuggyako okwenenya.

Naye mu mbeera z'osobola okuddayo n'otereza ebintu, olina okukikola. Oyinza okuba ng'olina okwetondera omuntu. Oyinza okuba ng'olina okuzzaayo ekintu kyewabba oba kiriza nti wayogedde bulimba. Bino byonna byakulabirako bya kuzzaawo.

Era weetaaga obudde okwezzaawo n'okuddamu okuzimba amaanyi go ag'omwoyo oluvannyuma lw'okulemererwa. Oyinza okweetaaga okuva mu buvunaanyizibwa bw'obuweereza okumala akaseera. Mazima ddala ojja kwetaaga obudde obw'okubeera wekka ne Katonda.

Zino z'ezimu ku ngeri gy'oyinza okuzzaawo amaanyi go ag'omwoyo:

-Soma Ekigambo kya Katonda.

-Mala ebiseera mu kusaba n'okusiiba.

-Weekenneenye ebikulu ebivaako okulemererwa (ebiweereddwa mu ssomo lino) osobole okwewala okulemererwa mu biseera eby'omumaaso. Saba Katonda akubikkule era akuyambe okutereza ebitundu byonna ebizibu mu bulamu bwo.

-Weekenneenye obukodyo bw'entalo ez'omwoyo okukuyamba okukola entalo ennungi omulundi oguddako. (Funa essomo lya Harvestime International Institute eriyitibwa "Enkola z'Omwoyo: Ekitabo ky'olutalo lw'omwoyo.")

Wummula mu mubiri. Omuntu mubiri, meeme n'omwoyo. Omubiri gwo bwe gukoowa, Sitaani asobola okweyambisa omukisa n'okukosa emmeeme yo n'omwoyo gwo n'akuleetera okulemererwa.

ERI OBUWANGUZI

Bw'omala okukola emitendera gino, okulemererwa kwo kuteeke emabega ogende mu maaso n'obuwanguzi. Yona yateeka okulemererwa emabega we. Mukama n'ayogera naye omulundi ogw'okubiri n'amugamba nti, "Golokoka ogende." E Nineva" (Yona 3:1-2). Ku mulundi guno yagonda. Mu Nineva, Yona yabuulira okuzzibwa obuggya okukyasizze mu byafaayo. Ekibuga kyonna ne kyenya. Nga tugoberera emitendera gy'okubikkula, okwenya, okudda, n'okuzzaawo, okulemererwa kwe kwakusibwa ne kufuuka obuwanguzi.

Baibuli erimu embooji nnyingi ezikwata ku basajja nga Yona. Abasajja bano baalemererwa kyokka ne bakkiriza nti balededwa nebasaba Katonda okusonyibwa. Bwe baakola bwe batyo, Katonda teyalemererwa kubasonyiwa n'okubalunganya nate. Eno y'enkola ya Baibuli ey'okufuula okulemererwa obuwanguzi.

Katonda asobola okukukolera ekintu kye kimu! Tatunuulidde byakulemererwa kwo eby'ebiseera eby'emabega. Takutunuulira nga bw'oli leero. Alaba omusajja oba omukazi...omukulembeze singa osalawo okumugondera

OKUYIGIRA MU KULEMERERWA

Pawulo yawandiika nti:

Kubanga tetwagala, ab'oluganda, mmwe obutamanya kizibu kyaffe ekyatuuka ffe mu Asiya, nti twanyigirizibwa n'essubi ly'okuba abalamu ne lituggwaamu essubi n'okutuusa okufa:

Naye ffe ffennyini, nga tusaliddwa gwa kufa, nga tetusaanidde kwetekamu bwesige bwaffe, wabula mu Katonda azuukiza abafu:

Eyatuwonya mu kufa okunene bwe kuti, era awonya oyo gwe twesiga nti akyajja kutununula. (2 Abakkolinso 1:8-10)

Paul yannyonyodde nti ebizibu mu Asia byamuyigiriza essomo ddene..."tetulina kwesiga ffe kennyini, naye mu Katonda." Kino kyakuyiga kinene nnyo okuyigira ku kulemererwa. Tosobola kwesiga maanyi go, obuyinza bwo, obuwanguzi bwo ng'omukulembeze bikakasibwa mu Kristo Yesu yekka. Pawulo yatunula okusukka ensi ey'obutonde okulaba emigaso egy'omwoyo egy'ebizibu, ebikemo, ebigezo, n'okulemererwa:

Olw'ekyo tetukoowa newaakubadde omuntu waffe ow'okungulu asaanawo, naye omuntu ow'omunda azzibwa buggya buli lunaku. Kubanga okubonaabona kwaffe okutono, okuliwo akaseera katono, kutukolera wala nnyo obuzito obusukkiridde era obw'olubeerera obw'ekitiibwa

Noolwekyo tetunuulira bintu ebirabika naye ebintu ebitalabika, kubanga ebintu ebirabika bya kiseera buseera, naye ebyo ebitalabika bya mirembe na mirembe. (2 Abakkolinso 4:16-18)

Pawulo yali akitegedde nti newankubadde muntu ow'okungulu asaanawo, omuntu ow'omunda yali azzibwa buggya. Mu kifo ky'okulekulira, Pawulo yayigira mukulemererwa n'agenda mu maaso n'okutuuka ku buwanguzi. Mu 2 Abakkolinso 1:10 yalaga nti Katonda...

"Yatutaasa." (Edda)

"Atutaasa." (Mu kiseera kino)

"Ajja kututaasa." (Mu maaso)

... okuva mu bizibu byaffe, ebigezo, ebikemo, n'okulemererwa kwaffe. Yakola nti twali...

Tunyigirizibwa....NE TUTABETENTEBWA

Tweraliikirira...NAYE TETUZIKIRIRA.

Tuyiganyizibwa...NAYE TETULEKEDDWAWO.

Tusuulibwa wansi...NAYE TETUBETENTUKA

(2 Abakkolinso 4:8-9)

Wadde nga Pawulo yalina okusoberwa kwonna, okuyigganyizibwa, ebizibu, n'okuggwaamu essubi, naye yasobola okwogera ku nkomerero y'obuweereza bwe.

Nwaanye olutalo olulungi, mmaliriza omulimu gwange, nkuumye okukkiriza. (2 Timoseewo 4:7)

OKWEGEZAAMU

1. Wandiiika Olunyiriri Olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Wandiiika ebyokulabirako bisatu ebiri mu Baibuli eby'abakulembeze abakulu abaawangula okulemererwa kwabwe.

.....
.....
.....

3. Laga ebyokulabirako bisatu eby'omu Baibuli eby'abasajja obulamu bwabwe bwe bwakoma mu kulemererwa.

.....
.....
.....

4. Wandiiika ebiragiro bya Baibuli ebikwata ku kukyusa okulemererwa okudda ku buwanguzi:

.....
.....
.....

5. Biki bisatu ebikulu ebivaako okulemererwa?

.....
.....
.....

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Mu Lukka 15:11-32 Yesu yanyumya embooji y'omuvubuka eyaleka kitaawe n'agenda okubeera mu nsi engwiira. Soma embooji eno n'obwegendereza naddala ekitundu ekinyumya omwana okudda ewa kitaawe. Ojja kukizuula nti yagoberera ebiragiro bye bimu olw'okutereeza okulemererwa ebyayogeddwako mu ssuula eno.
2. Soma olukalala luno oluddako olw'ebiyokulabirako ebiri mu Baibuli eby'abakulembeze abaalemererwako mu bulamu bwabwe. Bani abaatereza okulemererwa kwabwe? Okulemererwa kwabwe baakufuula batya obuwanguzi? Bani abatereza kulemererwa kwabwe? Kiki ekyavaamu? Osobola okwongerako ebirala ebyokulabirako ku lukalala luno okuva mu kusoma kwo kennyini mu Kigambo kya Katonda:

-Ibulayimu:	Olubereberye 20-21
-Musa:	Ekitabo Ky'Okuva Ebikolwa 7:20-44
-Alooni:	Okuva 32
-Balamu:	Okubala 22
-Uzziya:	2 Ebyomumirembe 26
-Ssamson:	Abalamuzi 13-16
-Dawudi:	2 Samwiri 11-12, Zabbuli 51
-Sawulo:	1 Samwiri 8-15
-Yona:	Ekitabo kya Yona
-Peetero:	Matayo, Makko, Lukka, Yokaana, Ebikolwa by'Abatume
-Yokaana Makko:	Ebikolwa 12:12, 25, 15:39, 2 Timoseewo 4:11
-Demas:	2 Timoseewo 4:9

3. Wayize mu ssomo lino nti waliwo ensonga ssatu enkulu ezireetera omuntu okulemererwa omuli:

-Okulemererwa mu nkolagana yo ey'obuntu ne Katonda (omusingi gw'omwoyo omukyamu, obutasaba, n'obutayiga Baibuli).

-Ebibi by'okukola (okumenya ekigambo kya Katonda kwonna).

-Ebibi by'okulekayo okukola (obutakola ekyo ekirina okukolebwa).

Luno lwe lukalala lw'ebimu ku bivudde mu kulemererwa kuno okusookerwako. Osobola okulowooza ku ebirala by'oyinza okwongerako ku lukalala luno?

-Okumalamu amaanyi.

-Okukkopereza (okukoppa obuweereza bw'abalala).

-Obutaba na kwolesebwa.

-Obutaba na kutendekebwa.

-Obutayagala kusasula muwendo.

-Obuteewaayo.

-Ebintu ebikyamu by'okulembeza.

-Obugwenyufu.

-Omululu, obugagga, okukozesa ssente mu bukyamu, okwagala ssente.

-Amalala.

-Obuggya.

-Okuyisa obubi abagoberezi.

-Obutaba na mpuliziganya eri abagoberezi.

-Okutya abantu n'okussa ekitiibwa mu bantu.

-Obuganzi bw'abantu.

-Obutakwatagana.

-Obutaba na kwekenneenya.

-Okwegeraageranya ku balala.

-Okubusabuusa.

-Okwagala ebintu.

-Obutasobola kukwasa balala (agezaako byonna okubikola ye kennyini).

-Okuwuliriza n'okugondera omuntu mu kifo kya Katonda; ng'otwalibwa olw'endowooza y'abantu.

- Obutakkiriza.
- Obutasobola kukulembera ng'omuweereza era ng'omusumba.
- Obutatuukiriza bisaanyizo bya Baibuli ku bifo by'obukulembeze.
- Obutaba na mulanga gwa bukulembeze mulambulukufu.
- Obutaba na kumanya n'okussa mu nkola ennono z'entalo ez'omwoyo.
- Obutaba na kumanya n'okussa mu nkola ennono za Baibuli ez'obuwanguzi.
- Obutasobola kuwulira ddoobozi lya Katonda n'okutegeera by'ayagala ekivaamu okusalawo obubi.
- Obutaba na maanyi ga mwoyo.
- Obutaba na nteekateeka.
- Okuddukanya obubi eby'obugagga eby'omwoyo.
- Obutabala bibala mu by'omwoyo.
- Ekikolo ky'obukaawa.
- Obugayaavu.
- Okwagala ensi.
- Obutaba na kufukibwako mafuta.

4. Amalala y'emu ku nsonga enkulu ezireetera omuntu okulemererwa. Kye kyavaako ekibi ekyasooka eky'omuntu. Sitaani yagamba nti, "Ojja kuba nga Katonda." Bino bye bimu ku bubonero bw'amalala:

- Okwemanya ekisukiridde: Zabbuli 101:5
- Okubeera ne "eby'okuddamu byonna": Engero 3:7
- Okutunula okw'amalala: Engero 6:17
- Okusinga okukozesa ennyo "nze" oba "wange": Isaaya 14:14-15
- Okwemanya ennyo olw'endabika ennungi: Isaaya 28:1
- Essanyu mu kulagira abao abakwetooloodde: Matayo 20:26-27
- Okwagala ebitiibwa: Matayo 23:6-11
- Okwetwala nti gwe okoze so si Katonda: Ebikolwa 12:21-23

- Okukola ebintu n'ekigendererwa ekikyamu: Abaruumi 8:6
- Okusika omuguwa okunoonya ekifo ku mutwe gw'emmeza oba layini: Makko 12:38-39
- Okumanyisa ennyo amagezi g'omuntu: I Abakkolinso 3:20
- Okusanyuka ennyo olw'okubeera n'abantu abakulu: I Abakkolinso 4:6-7
- Okwesiima: 2 Abakkolinso 10:12-13
- Okwewaama olw'emirimu egikolebwa abalala: II Abakkolinso 10:15
- Okufaayo ekitono ku balala: Abafiripi 2:2-4
- Okweraliikirira olw'ebibuuzo: I Timoseewo 6:4
- Okwewaana ku ekyo omuntu ky'ateekateeka okukola: Yakobo 4:16
- Okubuusa amaaso amagezi g'abantu abakadde, ab'omwoyo: I Peetero 5:5-6
- Okubeera nga weetongodde mu ngeri enyiiza: Abeefeso 5:21
- Okweraliikirira mu kifo ky'okuwa okufaayo kwonna ku Katonda: I Peetero 5:6-7
- Empeera ez'okwagala, okusiimibwa, ekifo, n'okuliyirira: I Yokaana 2:15-16

5. Yesu yasaba tusobole okukuumibwa obutalemererwa. Soma essaala ye mu Yokaana 18:15 ne 20.

6. Okuva mu Matayo 23, kola olukalala lw'ebiragiro kkumi ebirungi eri abakulembeze Abakristaayo Buli kulemererwa kw'Abafalisaayo kuyinza okukyusibwa okusobola okuwa okulungamizibwa okulungi.

7. Ekitabo ky'Engero kirimu okulabula kungi ku bintu ebivaamu okulemererwa. Soma essuula buli lunaku era osobola okusoma ekitabo kino omulundi gumu buli mwezi. Lamba mu Baibuli ebintu ebivaamu okulemererwa era obyewale. (Kino oyinza okwagala okukikola mu bitabo ebirala ebya Baibuli.)

8. Eky'okujuliza mu ssomo lino kinnyonnyola engeri y'okusoma obulamu bw'abakulembeze embooji zaabwe ezogeddwa mu Baibuli. Soma abamu ku bakulembeze abaalemererwa. Kola olukalala lw'ebintu ebyabaviirako okulemererwa.

9. Ebitabo bya 1 ne 2 Timoseewo ne Tito byawandiikibwa abavubuka mu bukulembeze mu bifo eby'obuweereza. Soma ebitabo bino n'obwegendereza era owandiike ebintu Omutume Pawulo byeyabagamba okwewala.

ESSUULA EY'EKKUMI N'EBBIRI

ENNONO Z'OBUWANGUZI

EBIGENDERERWA:

- Bw'omala essuula eno ojja kuba osobola:
- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunyonnyola obuwanguzi.
- Okunyonnyola engeri obuwanguzi mu Bwakabaka bwa Katonda gye bwawukana ku bw'ensi.
- Okufunza ennono enkulu ez'obuwanguzi.
- Okwongera okusoma ku nnono za Baibuli ez'obuwanguzi.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Ekitabo kino eky'amateeka tekijja kuva mu kamwa ko; naye ojja kyefumiitirizangako emisana n'ekiro, olyoke otegeerenga okukola nga byonna ebiwandiikiddwamu; kubanga awo olifuula ekkubo lyo ery'okugagawala, era awo olifuna obuwanguzi n'enkulaakulana. (Yoswa 1:8)

ENNYANJULA:

Abantu abawanguzi batera okubuuzibwa nti, "Kyama ki eky'obuwanguzi bwo?" Abo ab'omunsi baddamu nti buyigirize, ekifo, ebitone, obuyinza, ne ssente ng'ebyama by'obuwanguzi. Ebitabo bingi biwandiikiddwa ku nsonga eno, naye ennono entuufu egy'obuwanguzi yeyolekera mu Bayibuli. Mu ssomo lino ojja kuyiga ennono za Baibuli egy'obuwanguzi.

Kiteeberezebwa nti wazimbibwa dda ku misingi gy'okukkiriza egyiragibbwa mu Abebbulaniya 6:1-3. Omusingi omutuufu ogw'eby'omwoyo gwetaagisa okusobola okukozesa emisingi gya Baibuli egy'obuwanguzi mu bulamu bwo n'obuweereza.

OBUWANGUZI KYE KI?

Mu Bwakabaka bwa Katonda obuwanguzi kwe "kukozesa ebirabo n'obusobozi bw'omuntu mu ngeri esinga mukigera ky'obuvunaanyizibwa Katonda bwakuwadde." Oba muwanguzi bw'okozesa obulungi eby'obugagga byo eby'mwoyo olw'omulimu gwa Katonda.

Obuwanguzi mu Bwakabaka bwa Katonda bwawukana ku mutindo gw'ensi ogw'obuwanguzi. Ensi etunuulira obuwanguzi mu by'omubiri. Katonda akitunuulira mu by'omwoyo. Mu Bwakabaka bwa Katonda mulimu omutindo ogw'enjawulo ogunnyonnyola obuwanguzi. Ensi eteekawo omutindo gwayo. Omutindo Katonda gwe yateekawo guyitibwa "obwesigwa."

Waliwo omusingi ogw'enjawulo ogw'obuwanguzi. Omusingi gw'obuwanguzi mu nsi gukyukakyuka era gwa kaseera buseera. Mu Bwakabaka bwa Katonda, omusingi gw'obuwanguzi gubeera munywevu era ogw'olubeerera kubanga gwesigamiziddwa ku mazima agabikkuliddwa. Waliwo ebigererwa eby'enjawulo ebireetera omuntu okutuuka ku buwanguzi. Mu nsi, abantu bavugibwa mululu, amalala, n'okwagala ettutumu. Abakkiriza bavugibwa okutuuka ku buwanguzi olw'ekitiibwa kya Katonda.

Waliwo engeri ey'enjawulo ey'okutuuka ku buwanguzi mu Bwakabaka bwa Katonda. Ensi etunuulidde abantu ab'amaanyi n'abagagga. Ekyokulabirako kyaffe ye Mukama waffe Yesu Kristo. Waliwo ekigendererwa eky'enjawulo eky'obuwanguzi. Sente, amaanyi n'ebifo binywezebwa ng'ebiruubirwa by'ensi. Ekiuubirwa mu Bwakabaka bwa Katonda kwe kufaanana Kristo.

Obuwanguzi mu Bwakabaka bwa Katonda bussa essira ku kuwaayo mu kifo ky'okufuna, okuweereza mu kifo ky'okubeera mu kifo, obwetoowaze mu kifo ky'amalala, obunafu mu kifo ky'amaanyi. Ensi etunuulira obuwanguzi mu ngeri y'ebyo by'okola. Obulung'amu bw'empisa bussibwako essira okusinga okukola obulungi mu bituukiddwaako.

Mu Bwakabaka bwa Katonda, obuwanguzi tebupimibwa ku ky'oli. Kipimibwa ku ky'oli bw'ogeraageranya n'ekyo ky'oyinza okuba. Obuwanguzi tebupimibwa ku by'okolera Katonda. Kipimiddwa ku by'okola bw'ogeraageranya n'ebyo by'oyinza okuba ng'okola.

EBYAMA BY'OBUWANGUZI

Katonda ayagala obeere muwanguzi mu buweereza. Ayagala otuukirize ekigendererwa n'enteekateeka z'alina ku lulwo. "Ebyama by'obuwanguzi" eby'omwoyo mu butuufu si bya kyama. Bilagibwa mu lwatu mu kigambo kya Katonda. Bikyali "kyama" kubanga abantu bagaana okubinoonya n'okubizuula.

Tetusobola kusomo ku buli musingi ogulaga obuwanguzi mu Kigambo kya Katonda kubanga bingi nnyo. Aba "Ku lwa." Akanyomero k'Okwongera okusoma" ak'essomo lino kakuwa okulungamizibwa otya bw'olina okugenda mu maaso n'okusoma ku nnono endala mu Baibuli yo. Zinno z'ennono enkulu:

BEERA ENDOWOOZA ENTUUFU:

Obuwanguzi butandikira ku muntu ow'omunda gw'emutima gw'omuntu:

...Kubanga Mukama talaba ng'omuntu bw'alaba; kubanga omuntu atunuulira ndabika, naye Mukama atunuulira omutima. (1 Samwiri 16:7)

Endowooza entuufu ey'omutima erimu okwagala, obwetoowaze, obuwulize, omwoyo ogw'okuweereza, n'obutukuvu.

MANYA ENSIBUKO Y'OBUWANGUZI:

Si ky'omanyi, wabula gw'omanyi kye kikufuula omuwanguzi. Okwagala kwesigamiziddwa ku gw'omanyi, so si by'omanyi. Obulamu bwonna bwesigamiziddwa ku nkolagana. Oyo gw'omanyi (Yesu) si ekyo ky'omanyi nti kyekikutuusa mu Ggulu.

Okumanya Mukama kye kivaamu obuwanguzi:

Bw'ati bw'ayogera Mukama nti, Omugezi teyenyumiriza mu magezi ge, so n'omusajja ow'amaanyi teyenyumiriza mu maanyi ge, omugagga aleme kwenyumiriza mu bugagga bwe. Naye oyo eyeenyumiriza yeenyumirwe mu kino, kubanga ategeera era amanyi nze, nti nze Mukama akola ekisa, omusango, era obutuukirivu mu nsi... (Yeremiya 9:23-24)

Abantu abamanyi Katonda waabwe baliba ba maanyi ne bakola emirimu egy'amaanyi, n'abo abategeera baliyigiriza bangi. (Danyeri 11:32-33)

NOONYA MUKAMA:

Okunoonya Mukama kitegeeza okumulindirira nga tumwebuza ko, okusaba, n'okusoma Ekigambo okulsobola okumumanya n'okukola by'ayagala. Emigaso gy'okunoonya Mukama gyakakasibwa omuntu atya Kabaka wa Yuda atya Katonda ayitibwa Keezeekiya. Yanoonya Katonda era eno y'ensonga lwaki yatuuka ku buwanguzi:

Bwatyo Keezeekiya bwe yakola mu Yuda yonna, n'akola ebyo ebyaliwo ebirungi n'obutuufu n'amazima mu maaso ga Mukama Katonda we.

Na buli mulimu gwe yatandikira mu kuweereza ennyumba ya Katonda, ne mu mateeka, ne mu biragiro, okunoonya Katonda we, yakikola n'ebibye byonna n'omutima, era n'akulaakulana. (2 Ebyomumirembe 31:20-21)

Era kyayogerwako ne ku kabaka ayitibwa Uzziya:

...Era kasita yanoonya Mukama, Katonda yamuwa omukisa (2 Ebyomumirembe 26:5)

Kikulu okunoonya Mukama kubanga Katonda ayagala okubikkulira abakulembeze enteekateeka ze n'ebigendererwa bye (laba Amosi 3:7)

FUUMITIRIZA KU KIGAMBO:

Obuwanguzi busuubizibwa abo abafumiitiriza ku Kigambo kya Katonda. Mukama yagamba Yoswa nti:

Ekitabo kino eky'amateeka tekijja kuva mu kamwa ko; naye oja kyefumiitirizangako emisana n'ekiro, olyoke otegeerenga okukola nga byonna ebiwandiikiddwamu; kubanga awo olifuula

ekkubo lyo ery'okugaggawala, era awo olifuna obuwanguzi n'enkulaakulana. (Yoswa 1:8)

"Okufumiitiriza" kitegeeza "okulowooza, okufumiitiriza, okujjukira, n'okusoma mu bujjuvu." Oyo afumiitiriza akkiriza nti Katonda ayogedde n'omuntu, nti Baibuli kiwandiiko ky'ebyo by'ayogedde, era nti ekigambo kya Katonda kituufu.

GONDERE EKIGAMBO:

Si kufumiitiriza kwokka okuvaamu obuwanguzi, naye era kugondera Kigambo...

Ekitabo kino eky'amateeka tekijja kuva mu kamwa ko; naye oja kyefumiitirizangako emisana n'ekiro, olyoke otegeerenga okukola nga byonna ebiwandiikiddwamu; kubanga awo olifuula ekkubo lyo ery'okugaggawala, era awo olifuna obuwanguzi n'enkulaakulana. (Yoswa 1:8)

Sulemaani nga tannafuuka Kabaka wa Isiraeri, Dawudi yamuwa amagezi gano:

Kaakano mwana wange Mukama abeere naawe; era ogaggawale, ozimbe ennyumba ya Mukama Katonda wo, nga bwe yakugamba. Mukama yekka akuwe amagezi n'okutegeera n'okukulembera Isiraeri, olyoke okuumenga amateeka ga Mukama Katonda wo. (1 Ebyomumirembe 22:11-12)

Buli kiragiro ekiri mu Kigambo kya Katonda kikulu. Okukuuma ebiragiro bino kijja kukufuula okuwangula

Tolina kukoma ku kufumiitiriza ku Kigambo kya Katonda n'okukigondera byokka, naye olina okukisitula okutuuka ku sa ly'obuyinza ekifo mu maaso g'abantu b'okulembera. Soma engeri Nekkemiya gye yazaawo obuyinza bw'e Kigambo kya Katonda mu Nekkemiya 8:1-8. Ennongoosereza Nekkemiya ze yakola tezandibadde wo awatali buyinza bw'Ekigambo kya Katonda. Obuweereza obwesigamye ku buyinza bw'Ekigambo bukukulaakulana.

YITIBWA KATONDA:

Wayiga emabegako mu ssomo lino obukulu bw'okuyitibwa Katonda. Tojja kuwangula okuggyako ng'omanyi era ng'oweereza mu kuyitibwa kwa Katonda okwetongodde, ng'okozesa ebirabo eby'omwoyo byakuwadde.

SISINKANA OKUBERAWO KWA KATONDA:

Okubeerawo kwa Katonda kwe kukulaakulanya obuweereza:

Mukama yali wamu ne Yusufu, era yali musajja mugagga; era yali mu ennyumba ya mukama we Omumisiri.

Mukama we n'alaba nga Mukama amuwadde omukisa mu by'akola. (Olubereberye 39:2-3)

Katonda asobola okubeera "naawe" nga otambulira mu kussa ekimu naye, ng'oweereza mu kuyitibwa, n'okubeera mubulamu obutukuvu.

BEERA N'AMAFUTA GA KATONDA:

Essuula ey'okusatu ey'omusomo guno yannyonnyola obukulu bw'okufukibwako amafuta ga Katonda. Wetaaga okufukibwako amafuta okusobola okutuuka ku buwanguzi mu buweereza.

WEGANGE EBIZIBU N'OKUSALAWO:

Okugaana okweganga ebizibu n'okusalawo kiviirako okulemererwa. Yolekera ebizibu mu bwangu era okole okusalawo mu magezi ng'okozesa obukodyo bwe wayiga mu ssomo lino.

MANYA EKIGENDERERWA KYO:

Katonda alina ekigendererwa ekigere eri buli mukkiriza. Okumanya ekigendererwa kyo kizingiramu okwolesebwa ba okw'omwoyo, okumanya lwaki watondebwa ne Katonda ky'akuyitidde okukola. (Osobola okuyiga ebisingawo ku kino mu musomo gwa Harvestime International Institute, "Obuwanika bigendererwa.")

Omuntu alina okwolesebwa tabeera mu biseera eby'emabega, nga yeeraliikirira ensobi n'okulemererwa oba okwesanyusa okwayita. Okwolesebwa n'okumanya obulungi ekigendererwa kikuyamba okussa essira ku biseera eby'omu maaso. Nga Pawulo bwe yagamba nti:

Ab'oluganda, nze ssirowooza nti nakifuna: naye kino kye nkola, okwerabira ebyo ebiri emabega, ne nduubirira ebyo ebiri mu maaso... (Abafiripi 3:13)

BEERA N'ENEEKATEEKA:

Tojja kutuukiriza kigendererwa kyo okuggyako ng'olina enteekateeka y'okukikola. Osobola okuyiga engeri y'okuteekateekamu mu ssomo lya Harvestime International Institute, "Obuwanika bw'ebigendererwa."

TEEKA MU NKOLA ENEEKATEEKA:

Okuba n'enteekateeka ennungi tekimala kutuukiriza kigendererwa kyo mu buweereza. Era olina okussa mu nkola enteekateeka. Olina okuba ng'osobola okutegeka, okusigira n'okulabirira. Ekigezo kimu eky'eby'omwoyo eky'obukulembeze obulungi kwe kuba nti otuukiriza obulungi ebigendererwa bya Katonda n'enteekateeka ze. Osobola okuyiga engeri y'okukola kino mu musomo gwa Harvestime International Institute ogutumiddwa "Obuwanika bw'ebigendererwa."

BEERA OBULAMU OBUTUKUVU:

Ojja kuba muwanguzi mu buweereza singa obeera mu bulamu obutukuvu, ng'otuukiriza ebisaanyizo by'ofuna by'obukulembeze by'osomye mu Ssuula ey'okuna ey'omusomo guno. Ekibi kikakasa

okulemererwa. Obutukuvu bukakasa obuwanguzi:

Oyo abikka ebibi bino taliba bulungi; naye oyo eyatula era nabileka alisaasirwa. (Engero 28:13)

NOONYA AMAGEZI OKUVA ERI KATONDA:

Amagezi g'omuntu tegamala kusalawo bulungi n'okukulembera abalala. Olina okuba nga olina amagezi okuva eri Katonda okubeera omukulembeze omuwanguzi:

Omuntu yenna ku mmwe bw'abulwa amagezi, asabenga Katonda agabira abantu bonna n'omutima atakyuka era ganaamuweebwa. (Yakobo 1:5)

FUBA OKUKOLA OBULUNGI:

Tomalira ku "kirungi ekimala." Fuba okukola obulungi:

...mulyoke mulonde ekisinga ebirungi. (Abafiripi 1:10)

BYONNA BIKOLE OLW'EKITIIBWA KYA KATONDA:

Bw'onookola buli kimu olw'ekitiibwa kya Katonda mu kifo ky'ekitiibwa kyo, ojja kuba muwanguzi:

Era kyonna ky'okola mu kigambo oba mu bikolwa, byonna mubikole mu linnya lya Mukama Yesu, nga muyita mu ye okwebaza Katonda... (Abakkolosaayi 3:17)

SOOKA ONOONYE OBWAKABAKA:

Ojja kuba muwanguzi singa Obwakabaka bwa Katonda bwe bw'okulembeza:

Naye musooke munoonye Obwakabaka bwa Katonda n'obutuukirivu bwe; ne bino byonna ebintu (nga mw'otwalidde n'obuwanguzi) bijja kwongerwako. (Matayo 6:33)

Ebintu eby'Obwakabaka bisobola okuteekebwawo nga tuyitira mu nteekateeka entuufu. (Laba Ebikolwa 6:1-7)

GOBERERA EKYOKULABIRAKO:

Nga bwe wayiga mu musomo guno, Yesu ye kyokulabirako ky'omukulembeze asinga obukulu mu by'omwoyo. Yesu yagamba nti:

Kubanga mbawadde ekyokulabirako, nammwe mukolenga nga bwe nnabakoze. (Yokaana 13:15)

Bw'ewegeraageranya n'ekintu kyonna ekitali kyakulabirako kya Kristo, tekiba kirungi. Yakobo yageraageranya Yusufu ku baganda be era n'atandikaawo embeera y'obuggya n'obukyayi. Abantu ba Isiraeri beegeraageranya ku mawanga amalala ne beettanira amakubo gaabwe amabi. Sawulo yawulira okwegeraageranya ku Dawudi era obuggya ne bumufuukira.

Okugeraageranya kuyinza okuba okw'omugaso okuleeguula okwolesebwa kwo nekukusoomooza okutuukiriza obusobozi bwo. Naye omuntu omulala by'atuuseeko si gwe mutindo gw'obulamu bwo. Obuwanguzi bwo tebupimibwa mu nkolagana n'enkola y'abalala. Olw'ensonga eno Peetero kye yabuuza Mukama ku Yokaana;

"Mukama wange, ate ono aliba ataya?" n'afuna okunyenyezebwa, "Ofaayo ki? Ggwe goberera Nze." (Yokaana 21:21-22).

OKUSALAWO, EMPISA, OKULUNGAMIZIBWA, OKUMALIRIRA

Mu butuufu, obuwanguzi busobola bulungi okufunzibwa mu kigambo kimu:

Goberera ekyokulabirako kya Yesu mu kusalawo, empisa, okulungamizibwa, n'obumalirivu.

Omutume Pawulo yakola kino:

Temumanyi ng'abadduka mu mpaka badduka bonna, naye omu afuna... ekirabo? Bwe mutyo nga mufubirira okuwangula ekirabo.

Era buli muntu afuba okwefuga yekka mu byonna. Kaakati bakikola okufuna engule evunda; naye ffe etavunda.

N'olwekyo nziruka nga nnina kye ngenderera. Sirwana ng'omukubi w'ebikonde amala gawujja n'akuba ebbanga:

Naye mbonereza omubiri gwange ne gungondera, si ku lwa nga mbuulira abalala Enjiri, ate nze kennyini ne sisiimibwa. (1 Abakkolinso 9:24-27)

Pawulo yasalawo. Yali ayagala okubeera omuwanguzi. Yali ayagala kuwangula "empaka" z'obulamu (Olunyiriri 24). Kino okukikola, yakitegeera nti alina okutambulira mu mpisa, ekitegeera okuba ow'obukkakkamu mu bintu byonna (Olunyiriri 25 ne 27). Yalina okulungamizibwa. Teyadduka wadde okulwana nga talina kigendererwa. Yalina bukakafu ku kigendererwa n'enteekateeka ze (Olunyiriri 26). Era yali mumalirivu okufuna, n'okutuuka ku buwanguzi (Ennyiriri 24-25).

OMUWENDO GW'OBUWANGUZI

Oli mwetegefu okusasula omuwendo gw'obuwanguzi? Laba wano:

Naye oyo atamanyi, n'akola ebintu ebisaanira okukubwa, alina okukubwa n'emiggo mitono. Kubanga buli aweebwa ebingi, alisuubirwamu bingi; n'oyo gwe basigira ebingi, alivunaanyizibwa bingi okusingawo. (Lukka 12:48)

Gy'okoma okutuuka ku buwanguzi, Katonda gy'akoma okukusaba. Guno gwe muwendo gw'obuwanguzi.

OKWEGEZAAMU

1. Wandika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....
.....
.....
.

2. Nnyonyola obuwanguzi.

.....
.....
.....

3. Obuwanguzi mu Bwakabaka bwa Katonda bwawukana butya n'obw'ensi?

.....
.....
.....

4. Funza ennono enkulu ez'obuwanguzi ze wayize mu ssomo lino.

.....
.....
.....

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

Essomo lino likute ku nnono enkulu ez'obuwanguzi. Waliyo ennono endala nyingi ez'obuwanguzi ezawandiikiddwa mu Kigambo kya Katonda. Ekitundu kino kijja kukuyamba okweyongera okusoma ennono zino.

1. Mu mwaka oguddako, soma Bayibuli yonna. Lamba buli kiragiyo kyonna ky'ekuwa. Okukuuma ebiragiyo bino kijja kukakasa obuwanguzi mu obulamu n'obuweereza bwo obulungi (Yoswa1:8).
2. Eky'okujuliza mu musomo guno kinnyonyola engeri y'okusoma obulamu bw'abakulembeze embooji zaabwe ezogeddwa mu Baibuli. Soma obulamu bw'abakulembeze abaatuuka ku buwanguzi. Laba ebintu ekyabafuula abawanguzi era bino obiteeke mu bulamu bwo.
3. Soma ekitababo ky'Omubuulizi ekinyonyola "obuwanguzi" obw'ensi. Naddala weetegereze Essuula 2. Omuntu asinziira ku buwanguzi ku mutindo ng'ogwo alekebwa si musanyufu. Omuntu asinziira ku mutindo gwa Katonda okukulaakulana kwe aba mumativu era musanyufu. Soma okufundikira mu Omubuulizi 12:13-14.
4. Ebitabo bya 1 ne 2 Timoseewo ne Tito byawandiikibwa abavubuka mu bukulembeze mu bifo by'obuweereza. Soma ebitabo bino n'obwegendereza era owandiike ennono z'obuwanguzi Omutume Pawulo gy'agabanako.
5. Jjukira kino: "Kirungi okugezaako n'olemererwa okusinga obutabaako ky'okola n'otuuka ku buwanguzi." Ggwe tokolangako kulemererwa okutuusa lw'ogamba nti, "Nemeleddwa!"
6. Ebyensimbi bikulu nnyo mu buweereza obulungi. Okwetaaga ssente okusobola okutuukiriza omulimu gwa Katonda. Wano waliwo ennono ez'omu Byawandiikibwa egy'okutuuka ku buwanguzi mu by'ensimbi:

Katonda ye nsibuko yo: Olubereberye 22:14.

Katonda ayagala obeere bulungi mu by'ensimbi: Zabbuli 35:27, 23:1, Makko 12:43-44, Abeefeso 3:29, Abaggalatiya 3:13, 1 Timoseewo 6:17, 3 Yokaana 2

Bw'okulembeza obwakabaka bwa Katonda, ajja kukuwa ebyetaago byo: Matayo 6:33

Obuwanguzi mu by'ensimbi mpeera ya:

- Okulembeza Katonda: Engero 3:9-10, Matayo 6:33
- Okwagala Katonda: Engero 8:21
- Okuwa Katonda ekitiibwa: Engero 10:22
- Okwagala okutya Katonda: Engero 13:21, 15:6
- Obwetoowaze: Engero 22:4
- Okwetegekera okugaba: Engero 22:9
- Okwesiga Katonda: Engero 28:25
- Okusiga mu ddembe: Engero 11:24-25, Lukka 6:38, 2 Abakkolinso 9:6,10

Katonda akuwa amaanyi okufuna obugagga: Ekyamateeka 8:18-19

Obugagga buva mu kukola:

- Okukola n'obunyikivu: Engero 10:4; 13:4
- Okukola n'amagezi: Engero 10:5
- Okukola n'obwesimbu: Engero 13:11
- Okukola mu kasirise: Engero 14:23

Okuwaayo kikufuula ow'obuwanguzi mu by'ensimbi. Ggwe olina okuwaayo:

- Okusooka eri Mukama: Malaki 3:1-2, Engero 3:9-10
- Mu ssanyu: 2 Abakkolinso 9:7
- Nga kyeyagalire: Okuva 25:2, 1 Ebyomumirembe 29:9, 2 Abakkolinso 8:12
- Mu ddembe: Ezera 2:68
- Okusinzira ku busobozi bwo: Matayo 5:42, Ebikolwa 11:29, 2 Abakkolinso 8:12, Ekyamateeka 16:17, Ezera 2:69
- Olw'ekitiibwa kya Katonda: Matayo 6:3
- N'obwangu: Abaruumi 12:8
- Eri abaavu: Engero 3:27-28, 19:17, 21:13, 28:27

-Mu kyama: Matayo 6:3

-Bulijjo: 1 Abakkolinso 16:2

-Okusenziira ku bitundu ku kikumi eby'enyigiza: Olubereberye 14:20, 28:22, Eby'Abaleevi 27:30, 2 Ebyomumirembe 31:5, Malaki 3:10

Okusobola okutuuka ku buwanguzi mu by'ensimbi olina okwewala:

-Okwagala ssente: 1 Timoseewo 6:10

-Okwesiga obugagga: Zabbuli 49:6, 1 Ebyomumirembe 29:14

-Ebbanja: Abaruumi 13:8

-Obugayaavu: Engero 6:6-11, 24:30-34

-Okwesanyusa: Engero 13:18, 21:17, 23:21

-Okuloota: Engero 13:4

-Effujjo: 1:10-19

-Obufere: Yakobo 5:3-4, Engero 20:23, 13:11, 22:16

-Okuferu: Engero 10:2

-Enguzi: Engero 14:27

-Obutali bwesimbu: Ebikolwa 5:3-4, Engero 21:6

-Enkwe z'oku "gaggawala amangu": Engero 28:20

-Okwewola n'obutasasula: Zabbuli 37:21

-Okukakasa amabanja g'abantu abalala: Engero 6:1, 11:15, 22:26

-Emize emibi egy'obuntu: Engero 23:21

-Obutagondera kikosa obuwanguzi mu by'ensimbi: Engero 13:18

-Okukung'aanya ssente: Engero 10:22, 1 Timoseewo 6:10

-Obutasasula musaala gwa bwenkanya: Yereimiya 22:13

-Omululu: Engero 28:22

-Okugaana okulagirwa kwa Katonda: Engero 13:18

-Okufuna ebiweebwayo ebinene olw'okuganyula omuntu yenna: 1 Samwiri 2:29

-Ebiweebwayo ebikumibwa: Engero 11:24

Ojja kukula mu by'omwoyo okutuuka ku ddaala ly'obeera omwesigwa mu kuwaayo: Lukka 16:11

7. Ekitabo ky'Engero kirimu ennono ezimu ku buwanguzi obusinga obunene mu Baibuli yonna.

Soma essuula emu buli lunaku era osobola okusoma ekitabo kino omulundi gumu buli mwezi. Lamba ennono z'obuwanguzi mu Baibuli yo era gifumiitirizeeko. Ziyingize mu bulamu n'obuweereza.

8. Ebimu ku by'okujuliza ebikwata ku buwanguzi n'okukulaakulana mu Byawandiikibwa obutereevu:

-Ekyamateeka 29:9

-Zabuli 1:3, 73:12, 122:6

-Yoswa 1:8-9

-Engero 28:13

-2 Ebyomumirembe 31:21, 32:30

-Omubuulizi 7:14, 11:6

-1 Bassekabaka 2:3

-Isaaya 54:17, 55:11

-Nekkemiya 1:11, 2:20

-3 Yokaana 2

9. Keezeekiya yalina enteekateeka nnya ez'okutuuka ku buwanguzi. Ye...

-Yeesiga Mukama.

-Okunywerera ku Ye (enkolagana ey'omugundu).

-Yamugoberera.

-Yakuuma ebiragiro bye.

Olw'ensonga eno, yatuuka ku buwanguzi mu buli kye yakola.

ESSUULA EY'EKKUMI N'ESSATU

OKUWA Omutango

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuwandiika lunyiriri lukulu okuva mu mutwe gwo
- Okufunza ebintu bisatu ebikwata ku nsaasaanya y'obukulembeze.
- Okuzuula ekigezo ekituufu eky'obukulembeze obw'omwoyo.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Awo Yesu n'agamba abayigirizwa be nti, Omuntu yenna ayagala okungoberera, asaana yeefirize yekka, yeetikke omusaalaba gwe angoberera. (Matayo 16:24)

ENNYANJULA

Mu musomo guno oyize ku nzirukanya y'ebintu eby'omwoyo ng'oyita mu nkola entuufu ez'obukulembeze. Oyize engeri y'okubeera omuwanika omulungi n'okukulembera ng'omuweereza era ng'omusumba.

Wayiga ku bisaanyizo n'emirimu gy'abakulembeze, obukulu bw'okufukibwako amafuta n'engeri y'okusalawo n'okugonjoola ebizibu. Wasoma ennono z'obuwanguzi era n'olabulwa ne ku ebintu ebivaako okulemererwa. Era wayiga engeri y'okutendeka abakulembeze n'abagoberezi.

Ekibuuzo kimu kyokka kye kisigadde: Oli mwetegefu okuwa omutango omunene ogw'okuweereza ng'omukulembeze ow'eb'omwoyo?

OKUWA Omutango

Yesu yaggumiza obukulu bw'okuwa omutango nga tonnaba kusalawo mu by'omwoyo. Yakozesa ebyokulabirako bibiri eby'obutonde, eby'omusajja ng'azimba omunaala ne kabaka ng'agenda mu lutalo:

Ku mmwe ani ayagala okuzimba omunaala, atasooka kutuula wansi, era n'abala omuwendo, oba alina ebimala okugumaliriza?

Kubanga singa tagumaliriza n'akoma ku musingi gwokka, buli agulaba atandika okumsekerera:

Ng'agamba nti, "Omusajja ono yatandika okuzimba, n'atasobola kumaliriza.

Oba kabaka ki, agenda okulwana ne kabaka omulala, atasooka kutuula; n'akubaganya ebirowoozo oba asobola n'emitwalo kkumi okusisinkana oyo ajja okumulumba n'emitwalo abiri?

Bw'afumiitiriza n'alaba nga tajja kusobola, atumira Kabaka oli omubaka, ng'akyaliko wala, okuteesa emirembe (Lukka 14:28-32)

Mu byokulabirako bino Yesu yalaga obukulu bw'okuwa omutango nga tonnaba kukola okwewaayo mu by'omwoyo. Biki ddala ebisaasaanyizibwa mu kuweereza ng'omukulembeze ow'eb'omwoyo?

ENSONGA ESATU EZ'OBUKULEMBEZE

Soma Lukka 9:57-62 mu Baibuli yo. Mu kitundu kino abasajja basatu baatuukirira Yesu nga baagala okubeera abayigirizwa. Eri buli omu ku bano abayinza okuba abayigirizwa, Yesu abikkulira ensonga ey'enjawulo ku nsaasaanya y'obukulembeze obw'omwoyo:

OMUWENDO GULOWOZEKO: (Lukka 9:57-58)

Omusajja asooka agezaako okufuuka omuyigirizwa ng'ayita mu maanyi ge. Talinda kuyitibwa Yesu. Okufaananako n'obuyigirizwa, obukulembeze si kintu omuntu ky'awaayo eri Katonda. Kuyitibwa kwa Katonda eri omuntu. Bw'ogezaako okukulembera mu maanyi go, ojja kulemererwa. Olina okuyitibwa era n'ofukibwako amafuta ga Katonda. Yesu n'agamba omusajja ono nti, "Bw'onnoogoberera, kino ky'onooyolekagana nakyo." Omutango gw'obukulembeze mulimu okwewaayo nga kwotadde n'okuweereza:

Kuno kwe tutegeera okwagala kwa Katonda, kubanga yawaayo obulamu bwe ku lwaffe; era tusaanidde okuwaayo obulamu bwaffe ku lw'abooluganda. (I Yokaana 3:16)

Omutango gw'obukulembeze mulimu okubeera obw'omu. Omutume Pawulo yawandiika nti:

Kino okimanyi nti bonna abali mu Asiya banvaako... (2 Timoseewo 1:15)

Omukulembeze atera okufuna okugaanibwa n'okunenyezebwa

Ye (Yesu) yajja eri abantu be, naye abantu be ne batamusembeza. (Yokaana 1:11)

Omukulembeze era ayinza okuyigganyizibwa. Soma ku bintu eby'entiisa Pawulo bye yayitamu mu 2 Abakkolinso 11:23-27.

Omukulembeze alina emirimu mingi:

Ng'oggyeeko ebirala bye simenye nga nabyo bikyali awo, n'eraliikirira buli lunaku nga ndowooza ku kkanisa zonna nga bwe ziri. (2 Abakkolinso 11:28)

Omukulembeze alina okuba n'empisa:

Naye mbonereza omubiri gwange ne ngufuula omuddu wange, si kulwa ngambuulira abalala enjiri ate nze nzennyini ne sisiimibwa. (1 Abakkolinso 9:27)

Omukulembeze alina obuvunaanyizibwa bungi okutambula ng'agwanidde okuyitibwa kwe okw'omwoyo:

Noolwekyo nga bwe tulina obuweereza buno, bwe twaweebwa olw'okusaasira, tuleme kuddirira. Twaleka ebikisibwa eby'ensonyi, nga tetutambulira mu bukuusa, wadde okukyama ekigambo kya Katonda, wabula okuggyayo amazima nga bwe gali, nga tweraga eri buli ndowooza y'omuntu mu maaso ga Katonda. (2Abakkolinso 4:1-2)

Kale nze, omusibe wa Mukama, mbasaba mutambulire nga musaanira okuyitibwa kwe muyitiddwa. (Abaefeso 4:1)

EBIKULEMBEZEBWA EBIRUNGI: (Lukka 9:59-60)

Omusajja owookubiri Yesu yayitibwa Yesu "okumugoberera." Nga bw'oyize, "okugoberera" kitegeeza mujje oluvannyuma lw'eyo asoose mu maaso, okukoppa ekyokulabirako. Kizingiramu okukkiriza n'obuwulize.

Yesu bwe yayita abayigirizwa be 12, yabagamba bajje bamugoberere. Teyalambika bulungi kubo lino. Teyabawa bikwata ku nteekateeka eno. Omuyigirizwa yalina okuva mu bulamu obw'emabega olw'okuyita kwe. Kino kiyinza okwetaagisa okusalawo, okwawukana, n'okwefiiriza

Omukulembeze mugoberenzi alina okuleka obulamu obw'obukuumi eri obw'obutali butebenkevu mu maaso g'ensi. Okwewaayo si eri enteekateeka, wabula eri omuntu. Omuntu oyo ye Mukama waffe Yesu Kristo. Mu kitundu kya Lukka, okuddamu kw'omusajja ono eri omulanga gw'okugoberera yali "sooka ongumiiikirize." Yali ayagala kugoberera Yesu, naye si kye yali akulembeza.

Yesu teyandigambye nti omuntu abusa amaaso ebyetaago bya bazadde be (Ibaba Yokaana 19:25-27). Ensonga y'akukulembeza era kye kissiddwako essira mu mbooji eno. Omusajja ono agamba nti ayagala "kuziika kitaawe"okusooka. Mu biseera by'Endagaano Enkadde omuntu bwe yagamba nti alinze "okuziika kitaawe," tekitegeeza nti kitaawe yali afudde. Kyategeeza nti yali alinze kitaawe lw'afa okusobola okufuna obusika obwali bumugwanidde. Kale, omusajja ono bwe yakozesa ensonga eno, yali assa obusika bwe obw'omu maaso mu maaso g'okuyitibwa kwa Mukama waffe Yesu Mu kaseera akanyuvu Yesu lw'ayita omuntu okumugoberera n'okufuuka omukulembeze, tewali kintu kyonna kiteekwa kuteekebwawo ng'akakwakulizo ng'okuyitibwa kuzze.

Mu kitundu ekirala, Yesu yannyonyola mu bujjuvu obukulu bw'ebintu ebituufu okukulembeza:

Awo Yesu n'agamba abayigirizwa be nti, "Omuntu yenna ayagala okungoberera, yeegane yekka, asitule omusaalaba gwe angoberera. (Matayo 16:24)

Okwegaana kulina okujja nga tetunnakwata musaalaba. Embala ey'edda ey'okwefaako n'ekibi bilina okugaanibwa. (Soma Abaruumi 7-8 ku lutalo lwa Pawulo mu kitundu kino.) Ye bw'aba afudde, omusaalaba gulina okufuuka ekintu ky'olina okukulembeza. Omusaalaba kabonero ka kwewaayo, obulumi, okugaanibwa, okuvuma, n'ebizibu ebizingirwa mu kukola Katonda by'ayagala. Omusaalaba guyinza n'okutegeeza okukoowoola okufa olw'okuttibwa ku lw'Enjiri.

"Okusitula omusaalaba" tekitegeeza migugu gya bulamu. Bino bya bulijjo eri abantu bonna. Bye bibonyoobonyo, ebigezo, okuggwaamu essuubi, n'okwennyamira ebitujjira olw'okubeera mu a ensi ey'ekibi. Omukkiriza taggyibwa mu migugu egyo egy'obulamu. Afuna obulwadde, obubenje, omuliro, n'akabi ak'obutonde kubanga abeera mu nsi eyoononese ekibi. Naye emigugu gino si gyebayita "kusitula musaalaba." Okusitula omusalaba kya kyeyagalire, so si kintu ekissibwawo olw'emigugu gy'obulamu. Kwe kusalawo okugenda mu maaso (buli lunaku) okwegaana okwegomba kw'omuntu okusobola okukola Katonda by'ayagala.

Yesu yagamba nti, "Buli atasitula musaalaba gwe n'angoberera, tayinza kuba muyigirizwa wange." Okusitula omusaalaba tekisanyusa butonde bwa muntu kubanga kizingiramu okwegaana. Kiteekwa okuba nga kikolebwa kyeyagalire ku lw'obulungi bwa Kristo.

Okusitula omusaalaba, olina okuggyamu ebintu by'ensi mu mikono gyo. Omutima gwo bwe guba nga guteereddwa ku ssente n'ebintu, emikono gyo gijjudde nnyo okutwala omusaalaba. Singa obudde bwo bwe buba kutwaliibwa ssanyu n'ebintu ebisanyusa omubiri, emikono gyo gijjudde nnyo gwe okusobola okusitula omusaalaba. Oluvannyuma lw'okwegaana n'okwata omusaalaba, ekiddako kwe kugoberera. Olina okuleka emabega obulamu obw'edda n'enkolagana ey'ekibi.

Tojja kufuuka mukulembeze ng'otudde n'olinda kibeewowo. Olina okutwala omutendera ogusooka: Weegaane, kwata omusaalaba gwo, ogoberere. Matayo yandibadde asobola okusigala ku mmeeza y'omusolo ne Peetero ku butimba bwe. Bombi baali basobola okukola emirimu gyabwe mu bwesimbu era bayinza okubanga baakola banyumirwanga ebyo bye yayitamu mu by'omwoyo. Naye bwe baali baagala okufuuka abakulembeze ab'eby'omwoyo, baalina okweresa embeera enkadde n'oyingira mu mpya. Matayo yava ku mmeeza z'omusolo ate Peetero n'aleka obutimba bwe.

Kino tekitegeeza nti buli muntu alina okuva ku mulimu gw'alina kati n'awaka asobole okufuuka omukulembeze. Kiki ekyo ekyetaagisa mu kukyusa mu bulamu. Mu mbeera ezimu era kiyinza okutegeeza okuvaawo awaka, emirimu n'abaagalwa bo ku lw'Enjiri. Olina okugoberera wonna Yesu gy'akulemberamu.

Ebintu ebituufu ebikulembeza kitegeeza nti olina okuleka ebirala byonna okukkiriza okuyitibwa kuno:

Bw'atyo bw'atyo, buli mu mmwe ataleka byonna by'alina, ye tayinza kuba muyigirizwa wange. (Lukka 14:33)

Okuweereza abalala kiteekwa okufuuka ekintu ekikulu:

Naye tekiriba bwe kityo mu mmwe: naye buli ayagala okuba omukulu mu mmwe, leka ye abeere omuweereza wo:

Era buli ayagala okuba omukulu mu mmwe, abeere muddu wammwe; Nga Omwana w'omuntu bwe tajja kuweereza, wabula okuweereza, era okuwaayo obulamu bwe okuba ekinunulo olw'abangi. (Matayo 20:26-28)

Obwakabaka bwa Katonda bulina okufuuka ekintu kyo ekikulu:

Noolwekyo temweraliikirira nga mugamba nti Tulirya ki? oba tulinywa ki? oba, tuliyambala ki? Naye musooke munoonye Obwakabaka bwa Katonda, n'obutuukirivu bwe ne bino byonna ebintu bijja kubagattibwako. (Matayo 6:31, 33)

EBIRUUBIRIRWA EBISUKKULUMU: (Lukka 9:61-62)

Omusajja owookusatu mu Lukka 9:57-62 yayagala okugoberera, naye yayagala okukikola ku bukwakkulizo bwe. Okusiibula ab'omu maka ge kyali kintu kya bulijjo, naye Yesu yali amuyise. Kiki ekyali ekigendererwa ekituufu mu bulamu bwe? Yali ayagala kufuuka mukulembeze oba okugoberera enteekateeka ye ey'obulamu? Ebigendererwa by'omusajja ono eby'obulamu tebyaterezebwa. Yali yeekutte wakati w'obulamu obukadde n'obupya. Ekigendererwa kye ekituufu mu bulamu tekyali kuyitibwa kwa Katonda. Okwewaayo kwo eri obukulembeze bulina okuba nga bujjuvu. Kiteekwa okufuuka ekigendererwa ekituufu eky'obulamu bwo.

OKUGEZESEBWA OKUTUUFU OBW'OBUKULEMBEZE BW'OMWOYO

Ekigezo ekituufu eky'obukulembeze kye kibaawo nga tokyaliwo na bagoberezi bo. Beeyongera okuba abeesigwa eri ebyo by'obayigirizza? Bayigiriza abalala bye bayize? Bayinza okweyongera okukula mu by'omwoyo nga toliiwo? Bwe kiba bwe kityo, oyise mu kigezo ekituufu eky'obukulembeze obw'omwoyo.

OKUSOMOOZEBWA OKUSEMBEYO

Bulijjo jjukira obuvunaanyizibwa bwo obunene ng'omukulembeze:

Omuyigirizwa tabeera waggulu w'omusomesa we (omukulembeze), wabula buli muntu bw'aba asomesebwa ajja kuba ng'omusomesa we. (Lukka 6:40)

Toggwaamu maanyi olw'ebizibu n'abagoberezi. Yesu yafuna ebizibu ng'ebyo. Olumu Peetero, Yakobo ne Yokaana baayoleka endowooza ey'obukyayi nga baagala okuyita omuliro okuva mu ggulu okusaanyaawo ekyalo ky'Abasamaliya ekitakkiriza (Lukka 9:51-55). Peetero yeegaana Mukama emirundi

esatu (Lukka 22:54-62). Bonsatule baali beebase mu Lusuku Gesusemane bwe baabagamba saba (Lukka 22:45-46).

Naye abagoberezi bano abatonotono baali basaanidde okussaamu ebiseera n’obuweereza bwa Yesu. Baalaga nti baali basajja beesigwa, wadde nga baalina ensobi n’okulemererwa. Okuyita mu bo, Enjiri yasaasaana mu mawanga gonna ag’ensi. Bw’oba mwetegefu okusasula omutango okuweereza ng’omukulembeze ow’omwoyo, kisoboka nti naawe, osobola okukozesebwa Katonda okusitula abeewaddeyo ng’abagoberezi?

Nawulira okuyitibwa "jangu ongoberere"...bwekityo bwe kyali.

Essanyu ly’ensi lyagenda likendeera;

Emmeme yange yamugoberera.

Nasituka ne mugoberera...bwe kityo bwe kyali.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....
.....
.....

2. Biki ebisatu ebikwata ku kuwaayo omutango gw’obukulembeze ebyodeddwako mu ssomo lino?

.....
.....
.....
.....

3. Kiki ekigezo ekituufu eky’obukulembeze obw’omwoyo?

.....
.....
.....

(Eby’okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y’essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma ebyawandiiko bino wammanga era olowooze ku muwendo basajja bano gwe bawa okuweereza mu kifo by'obukulembeze:

Yusufu: Olubereberye 37-50

Musa: Ekitabo ky'Okuva

Koseya: Ekitabo kya Koseya

Ezeekyeri: Ezeekyeri 3

Omutume Pawulo: Ebikolwa 9-28

2. Kati nga bw'omaze okunoonyereza kuno ku nzirukanya y'emirimu, tukuteesa ofune amasomo ga Harvestime International Institute gano "Okwekenenya obwebulungulule" ne "Obuwanika bw'ebigendererwa."

Emisomo gino gijja kwongera ku kumanya kwo ku bukulembeze, okuteekateeka, n'enteekateeka eyeetaagisa okusobola okuweereza obulungi.

OKUJULIZA

Okujuliza kuno kukuwa omukisa okuyiga ebisingawo ku misingi gy'enzirukanya mu kuyiga obulamu bw'abantu abakulu mu Baibuli.

"Biography" ye mboozu y'obulamu bw'omuntu. Bw'osoma obulamu bw'omuntu omukulu mu Baibuli, oba okola "okusoma ebikwata ku bulamu bw'omuntu." Mu kuyiga obulamu bw'abantu abaayogerwako mu Bayibuli oba osobola okuyigira ku bye bayitamu. Bayibuli egamba nti:

Ebyo byonna ne bibatuukako okuba ebyokulabirako; era biwandiikiddwa olw'okubuulirira kwaffe. (1 Abakkolinso 10:11)

Ebintu ebyagwawo mu bulamu bw'abantu abaali mu Bayibuli byawandiikibwa okusobola okuganyulwa ffe. Bye bayitamu bisobola okukuyigiriza eby'okuyiga ebinene eby'omwoyo ebikwata ku bukulembeze. Nga twetegereza okulemererwa kwabwe ng'abakulembeze osobola okuyiga ku nsobi z'olina okwewala. Bw'otunuulira obuwanguzi bwabwe ng'abakulembeze osobola okukulaakulanya engeri ennungi ez'obukulembeze mu bulamu bwo.

Gino gy'emitendera ena gy'olina okugoberera ng'okola okunoonyereza ku bulamu bw'omuntu:

OMUTENDERA OGUSOOKA: Londa omuntu gw'ogenda okusomesebwa.

Oyinza okulonda omuntu ow'enjawulo gw'osiimye okusomako. Oyinza okwagala okulonda omuntu okuva mu nkalala eziweereddwa mu Abebbulaniya 11, Abaggalatiya 3:7, oba Lukka 4:27. Oyinza okusoma ku muntu mu ekitabo ekimu ekya Baibuli ky'osoma mu kiseera kino.

Jjukira nti omukulembeze asinga bonna ye Yesu Kristo. Oyinza okwagala okusooka okusoma obulamu bwe nga ekyokulabirako ekituukiridde eky'omukulembeze.

Bw'oba olonda omuntu gw'ogenda okusoma, weegendereze obutatabulatabula mannya. Ekyokulabirako, waliyo Zaakaliya nga 30 mu Baibuli, Nasani 20, Yonasaani 15, Yuda 8, Maliyamu 7, Yakobo 5, ne Yokaana 5. Kakasa nti ennyiriri zonna z'osoma zikwata ku muntu gw'olonze so si mulala omuntu ssekinnoomu alina erinnya lye limu.

Abantu abamu nabo balina amannya agasukka mu limu. Okugeza mu ndagaano enkadde erinnya lya Yakobo lyakyusibwa n'efuulibwa Isirayiri ate n'erinnya lya bulayimu ne likyusibwa ne lifuuka lbulayimu. Mu Ndagaano Empya, Erinnya lya Sawulo lyakyusibwa ne lifuuka Pawulo.

OMUTENDERA OGW'OKUBIRI: Kunjaanya Amawulire

Soma buli kimu Baibuli kye yawandiika. Bw'oba olina Bayibuli ebitabo ebijuliza Baibuli ebiriwo, kozesa bino okufuna ebisingawo. Okugeza, bw'oba olina "concordance" osobola okunoonya erinnya ly'omuntu n'osanga olukalala lw'ebintu byonna ebimukwatako mu Bayibuli.

Bw'oba tolina concordance, kunjaanya ebijuliziddwa butereevu okuva mu Baibuli. Ebisinga obungi ebijuliziddwa ebikwata ku muntu bisangibwa mu kitabo kimu oba ebitabo bya Baibuli ebiddirinjana.

Wandiika byonna ebiwandiiko ebikwata ku muntu oyo, olwo osome era osome buli kiwandiiko ekijuliziddwa.

OMUTENDERA OGW'OKUSATU: Weekenneenye Amawulire

Olukalala luno wammanga lulaga ebimu ku by'osaanidde okukung'aanya ng'osoma. Baibuli eyinza obutabaamu mawulire ku bintu bino byonna mu buli mbeera, naye gezaako okussaamu buli kimu Baibuli ky'ebikula ng'osoma. Noonya ebikwata ku bulamu bw'omuntu:

Erinnya n'amakulu g'erinnya.

Abooluganda: Abazadde, ab'oluganda, bajjajja, abaana.

Okuzaalibwa: Ekifo, obukulu bw'okuzaalibwa, ebintu ebitali bya bulijjo ebikwata ku kuzaalibwa.

Okutendekebwa mu buto n'okutendekebwa nga bakyali bato.

Embeera y'ensi: Embooji y'obulamu bw'omuntu ono yasinziira wa?

Emikwano n'abo b'okolagana nabo, enkolagana ey'obuntu.

Omulimu: Kifo ki oba ofiisi ki gye baalina? Babeeranga wano batya?

Ennyonyola y'ebirabwako.

Empisa ennungi n'engeri z'obukulembeze.

Empisa embi n'engeri z'obukulembeze.

Ebintu ebikulu ebibaddewo:

Okusisinkana Katonda kwe okwasooka.

Okukyuka.

Okuyitibwa mu buweereza

Obuzibu oba enkyukakyuka esinga obunene mu bulamu bw'omuntu oyo.

Engeri gye baalemererwa ng'amukulembeze: Kiki ekyabaleetera okulemererwa? Kiki ekyavaamu? Baakolawo ki ku nsonga eyo?

Okufa: Ddi, wa, embeera ezitali za bulijjo.

OMUTENDERA OGW'OKUNA: By'oyize biteeke mu nkola.

By'oyize ku muntu ono bikoze mu bulamu bwo:

1. Engeri ki ennungi ze baalina ng'abakulembeze? Saba Katonda akuyambe okuzikulaakulanya mu... bulamu bwo
2. Engeri ki embi ze baalina? Olaba ekimu ku bino mu bulamu bwo? Saba Katonda akuyamba okubivvuunuka.
3. Mu ngeri ki omuntu ono gye yatuuka ku buwanguzi ng'omukulembeze? Okozesa ennono zino ez'okuwangula?
4. Ngeri ki omuntu ono gye yalemererwa ng'omukulembeze? Bino bizibu naawe gy'oli? Kiki ky'olina okola okukyusa?
5. Kolayo sentensi emu efunza ennono z'obukulembeze ogusinga obunene gwe wayiga okuva mu bulamu bw'omuntu ono. Ng'ekyokulabirako, ekigambo ekikwata ku bulamu bwa Samusooni kiyinza okuba "Okwekiriranya mu by'omwoyo kivaamu okulemererwa."

Kino ky'ekyokulabirako ky'okunoonyereza ku bulamu bw'abantu:

EKYOKULABIRAKO: OKUNOONYEREZA KU BY'OBULAMU

OMUTENDERA OGUSOOKA: Londa omuntu gw'ogenda okusomako

Kabaka Sawulo

OMUTENDERA OGW'OKUBIRI: Kunjaanya Amawulire

Embooji ya Sawulo esangibwa mu 1 Samwiri 9-31. Amawulire agakwata ku Sawulo gaakunjaanyizibwa okuva mu essuula zino...

OMUTENDERA OGW'OKUSATU: Weekenneenye Amawulire

Erinnya n'amakulu g'erinnya: Sawulo. Amakulu "Eyasabibwa Katonda." 1 Samwiri 9:2

Abooluganda: Abazadde, ab'oluganda, bajjajjabe, abaana:

Sawulo yali mutabani wa Kisi mutabani wa Abiyeeri, mutabani wa Zeroli, mutabani wa Bekolasi, mutabani wa Afiya. Kiisi yali Mubenyamini era nga musajja wa maanyi 1 Samwiri 9:1, Sawulo yalina abaana basatu ab'obulenzi: Yonasaani, Isuyi ne Merukusula. Yalina abaana babiri ab'obuwala, Merabu ne Mikali. Erinnya ly'omukyala yali Akinowaamu: 1 Samwiri 14:49-50

Okuzaalibwa kwe: Ekifo, obukulu bw'okuzaalibwa, ebintu ebitali bya bulijjo ebikwata ku kuzaalibwa: Bayibuli teyogera ku nsonga zino.

Obuto n’okutendekebwa mu buto: Yalabirira endogoyi za kitaawe: 1 Samwiri 9:3

Ekitundu mweyabeera: Yuda

Emikwano n’abo be beyakolagana nabo, enkolagana ye ey’obuntu:

Abaana ba Beriyali baamunyooma: I Samwiri 10:27. Yali ku lusegere ne Abuneeri, kapiteeni w’eggye lye, eyali mutabani wa kojja we: 1 Samwiri 14:50. Dawudi yafuuka omukwanaganya wa Sawulo. Mu kusooka yalina okuganja ewa Sawulo, olwo Sawulo n’akwatibwa obuggya era omukwano gwabwe ne gukutuka: 1 Samwiri 18:6-9. Sawulo bwe yasooka okufuuka kabaka yalina ekibinja ky’abasajja “Emitima Katonda gye yali akutteko.” Sawulo yatandika okugattako abasajja "ab'amaanyi era abazira" nga tebalina kulungamizibwa okuva eri Katonda, ebizibu bye ne bitandika: 1 Samwiri 10:26; 13:2; 14:52.

Omulumu gwe: Kabaka wa Isiraeri eyasooka.

Ennyonyola y’omubiri: Okuva ku bibegabega bye okudda waggulu yali waggulu okusinga abantu bonna: 1 Samwiri 9:2, 10:23. Yayogerwako nga "omulungi": 1 Samwiri 9:2

Engeri ennungi ez’obukulembeze:

- Yalaga okufaayo ku maka: 1 Samwiri 9:5
- "Omusajja eyalondebwa": 1 Samwiri 9:2, 10:24
- Omwoyo gukyuse omutima gwe: 1 Samwiri 10:6, 11:6
- Muwombeefu, tawoolera ggwanga: 1 Samwiri 10:22
- Agaanyi okukola okwesasuza: 1 Samwiri 11
- Obukulembeze (Mukungaanya w’abantu): 1 Samwiri 11
- Omusajja w’omwoyo: 1 Samwiri 11
- Mu kusooka yali muwulize: 1 Samwiri 9:27
- Yekwatagana n'abatya Katonda: 1 Samwiri 10:26, 11:7
- Obuvumu eri Katonda: 1 Samwiri 10:6
- Mu kusooka yali mwetoowaze: 1 Samwiri 9:21

Engeri embi ez’obukulembeze:

Yakola ekyalabika ng’ekyetaagisa okusinga okugondera Katonda: I Samwiri 13:8-13

Yajeema n’alimba, olwo n’agaana okukkiriza omusango: 1 Samwiri 15

Yanakuwavu abantu ba Katonda: 1 Samwiri 15:35

Yafaayo ennyo ku muntu by'alowooza okusinga Katonda: 1 Samwiri 15:30

Yalonda abasajja ab'amaanyi era abazira okubeera ku lusegere okusinga ekibinja ky'abantu Katonda kye yali akutteko: 1 Samwiri 10:26, 14:52

Mutiitizi: 1 Samwiri 17:11

Yalamula ng'asenziira ku ndabika ey'okungulu: 1 Samwiri 17:33

Yeesiga ebyokulwanyisa by'omuntu: 1 Samwiri 17:38

Obuggya: 1 Samwiri 18:6-9

Omwoyo omubi: 1 Samwiri 18:10

Omwoyo gw'okwesasuzza: 1 Samwiri 18:11

Yakolengaa olukwe ku muntu Katonda gwe yafukako amafuta: 1 Samwiri 18:20-30

Ebintu ebikulu ebyaaliwo:

Okusisinkana Katonda kwe okwasooka: 1 Samwiri 9:15-27

Okukyuka kwe: 1 Samwiri 10:9

Okuyitibwa kwe eri obuweereza: 1 Samwiri 10:1

Ekizibu oba enkyukakyuka esinga obunene mu bulamu bw'omuntu ono: Obujeemu n'obwakabaka okumuggyibwako. 1 Samwiri 13

Okufa: Ddi, wa, embeera ezitali za bulijjo. Sawulo yafa n'omukono gwe. Batabani be abasatu, omusituzi w'ebyokulwanyisa bye n'abasajja be bonna baafa ku lunaku lwe lumu mu lusozi Gilbowa mu lutalo n'Abafirisuuti. 1 Samwiri 31

OMUTENDERA OGW'OKUNA: By'oyize biteeke mu nkola:

Engeri ennungi ez'obukulembeze mu bulamu bwa Sawulo ze nsaanidde okunoonya okukulaakulanya mu bulamu bwange:

Omwoyo wa Mukama bw'ajja ku muntu asobola okukyusibwa n'ofuuka "omuntu omulala": 1 Samwiri 10:6. Nsaana okunoonya okufukibwako amafuta okw'ekika ekyo okuva eri Katonda.

Engeri embi ez'obukulembeze mu bulamu bwa Sawulo ze nsaanidde okwewala mu bulamu bwange:

Katonda ayagala abakulembeze ng'omutima gwe: 1 Samwiri 13:14. Wadde nga Sawulo yalemererwa mu kitundu kino, nze njagala okubeera omukulembeze ng'oyo. Obujeemu: Okukola ebyo ebyangu oba

ebirabika ng'ebyetaagisa okusinga Katonda by'alagira. Okunenya abalala olw'ekibi kyange. Okufaayo ennyo ku muntu ky'alowooza okusinga Katonda ky'alowoozaako. Nja kwekenneenya olukalala lwonna olw'engeri embi eza Sawulo era nekenneenya omutima gwange buli kadde.

Okuyitibwa kwa Sawulo kapiteeni w'abantu: 1 Samwiri 10:1. Abantu be baamufuula okuba kabaka mu k (1 Samwiri 12:12-15; 10:24). Katonda yali wa kubeera kabaka wa Isiraeri. Nsaana okwegendereza nti okutenderezebwa kw'abantu tekunkyusa ku nteekateeka ya Katonda ne kunfuula kye sisaanye kubeera.

Newankubadde Katonda mu kusooka yali ne Sawulo (I Samwiri 10:7,9; 13:14), oluvannyuma yafiirwa obwakabaka. Kikulu okumanya nti n'oluvannyuma lw'ekibi kya Sawulo n'obunnabbi obw'okufiirwa obwakabaka, amafuta ga Katonda gaasigala gakyali ku Sawulo (1 Samwiri 14:47). Ebirabo n'okuyitibwa kwa Katonda tebiriiko okwenenya. Sawulo yali akyawulira eddobozi lya Katonda (I Samwiri 15:1) era n'amusinza (15:31), naye yali akyalina ekibi ekitayatula era n'afiirwa obwakabaka. Dawudi yakitegeera nti waliwo akabi akali mu kukwata ku musajja eyafukibwako amafuta. Nsaana okussaayo omwoyo ku kulabula kuno.

Amazima agasinga obukulu agayigibwa mu bulamu bwa Sawulo ge gava mu bujeemu eri Katonda. Kifunziddwa mu bigambo bya Samwiri: "Laba okugonda kisinga ssaddaaka, n'okuwuliriza." okusinga amasavu g'endiga ennume" (I Samwiri 15:22). Ebiva mu bujeemu obwo bifunzibwa mu bigambo bya Dawudi ku Sawulo: "Ab'amaanyi bwe bagudde" (2 Samwiri 1:19).

Weetegereze: Ku mpapula zino wammanga kuliko foomu z'oyinza okuddamu okuwandiika n'okuzikozesa ng'oyiga abakulembeze Bayibuli.

OKUSOMA OBULAMU BW'ABAKULEMBEZE BA BAYIBULI

OMUTENDERA OGUSOOKA: Londa omuntu gw'ogenda Okusomako

"Omukulembeze gwengenda okusomako ye: _____ "

OMUTENDERA OGW'OKUBIRI: Kunjaanya Amawulire

Wandiika ebijuliza bya Baibuli ku obulamu bw'omuntu ono:

OMUTENDERA OGW'OKUSATU: Weekenneenye Amawulire

Erinnya n'amakulu g'erinnya:

Abooluganda: Abazadde, ab'oluganda, bajjajjabe, abaana:

Okuzaalibwa: Ekifo, obukulu bw'okuzaalibwa, ebintu ebitali bya bulijjo ebikwata ku kuzaalibwa:

Obuto bwe n'okutendekebwa mu buto:

Ensengeka y'ebifo:

Emikwano n'abo bakolagana nabo, enkolagana ye ey'obuntu:

Omulimu:

Ennyonyola y'omubiri:

Engeri ennungi ez'obukulembeze:

Engeri embi ez'obukulembeze:

Ebintu ebikulu ebibaddewo:

Okusisinkana Katonda okwasooka:

Okukyusibwa:

Okuyitibwa mu buweereza:

Ekizibu oba enkyukakyuka esinga obunene:

Okufa: Ddi, wa, embeera ezitali za bulijjo.

OMUTENDERA OGW'OKUNA: By'oyize biteeke mu nkola

"Nsobola okukozesa bye nnayiga ku _____ mu bulamu bwange mu ngeri zino wammanga:

EBIDDIBWAMU KU BIBUZO BY'OKWEGEZAAMU

ESSUULA ESOOKA:

1. Okwegomba obukulembeze kigendererwa kya kitiibwa. (1 Timosewo 3:1)
2. Enzirukanya" kigambo kirala ekitegeeza "obuwanika." Abawanika oba abaddukanya emirimu, be bavunaanyizibwa ku kintu ekyabakwasibwa omuntu omulala. Enzirukanya y'enkola y'okutuukiriza ebigendererwa bya Katonda n'enteekateeka ze nga tuyita mu kukozeza obulungi abantu, ebintu, ne eby'obugagga eby'omwoyo. Enzirukanya ennungi epimibwa oba enteekateeka n'ebigendererwa bituukiriride
3. Ebikozesebwa ye Njiri, eby'ensimbi, eby'obugagga eby'omubiri eby'obuweereza, ebirabo eby'omwoyo, n'abakkiriza abalala.
4. Obwesigwa.
5. Yesu Kristo.
6. Geraageranya mu bufunze bwo n'eyo eweereddwa mu Ssuula Esooka.
7. Geraageranya eky'okuddamu kyo ku bufunze obuli mu Ssuula Esooka.

ESSUULA EY'OKUBIRI:

1. Era yawa abatume abamu; n'abamu bannabbi; n'abamu, ababuulizi b'enjiri; n'abamu, abasumba, n'abasomesa. (Abaefeso 4:11)
2. 2, 1, 4, 3, 5, 6, 7. Enkola y'okusomesa abantu
3. -Abakadde
-Abadyankoni
-Abalabirizi

ESSUULA EY'OKUSATU:

1. Naye ejjembe lyange oligulumiza ng'ejjembe ly'engo; n'onfukako amafuta amalungi. (Zabuli 92:10)
2. "Okufuka amafuta" kitegeeza okuwaayo oba okutukuza ekintu oba omuntu ng'osiiga amafuta.
3. Amafuta kabonero ka Mwoyo Mutukuvu. Okufuka omuntu amafuta kabonero akalaga Omwoyo Omutukuvu Omwoyo okumugwako olw'ekigendererwa.
4. Okufukibwako amafuta okw'ebigenge kwa nkolagana; okufukibwako amafuta okw'obwa kabona kwa butukuvu butukuvu, okufukibwako amafuta okw'obukulembeze kwa buyinza namaanyi.
5. Katonda y'ensibuko y'okufukibwako amafuta olw'obuweereza.
6. Okufukibwako amafuta kunyweza ekifo kyo mu Katonda, kukusobozesa okutuukiriza ebigendererwa bya Katonda, kukuwa amagezi okukulembera, era kumenya ebikoligo by'obuddu mu abo b'oweererezaamu
7. Katonda tafuka mafuta ng'asinziira ku buyigirize, amagezi, obusobozi, oba obumanyirivu. Ye afuka amafuta nga asinziira ku ndowooza y'omutima.
8. Amaanyi ag'omulabe gaagala okukulemesa okutambulira mu kufukibwako amafuta kubanga bakimanyi nti obuweereza obufukibwako amafuta obutuukiriza ebigendererwa bya Katonda.
9. Kubanga ojja kuba tokola bulungi era ojja kufuna obuzibu bungi singa tokikola.
10. Nga tutambula obutasalako mu bika ebisatu eby'okufukibwako amafuta ebyogeddwako mu ssomo lino.

ESSUULA EY'OKUNA:

1. Kubanga tuli mirimu gye, twatondebwa mu Kristo Yesu okukola ebikolwa ebirungi Katonda byeya tuteekerateekera. (Abaefeso 2:10)
2. Ebisaanyizo si busobozi bwa butonde. Zino ngeri za mpisa n'enneeyisa. Ebisaanyizo bya Baibuli eby'obukulembeze ngeri za mpisa n'empisa ezinnyonyolwa mu Ekigambo kya Katonda nga bwekyetaagisa eri abakulembeze. Buli bukakafu bulaga nti omuntu alina obulamu obw'okutya Katonda.
3. Ekibala ky'okubuulira enjiri kwe kubeera omujulizi ow'amaanyi ow'obubaka bw'Enjiri.
4. Laba olukalala lw'emala eza Kristo eziweereddwa mu Ssuula ey'okuna.

5. 9, 7, 8, 5, 6, 2, 4, 3, 1

6. Ebitundu bye bino: I Timoseewo 3 ne Tito 1.

7. Nti bazaalibwa omulundi ogw'okubiri, nga babatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu, balina okuyitibwa n'okufukibwako amafuta okwetongodde okuva eri Katonda okubeera omukulembeze,

ESSUULA EY'OKUTANO:

1. Endowooza eno ebeere mu mmwe, eyali mu Kristo Yesu; ye newaakubadde yali mu kifaananyi kya Katonda, teyelowooza kwenkanankana ne Katonda; Naye yeefuula atalina kyali, n'atwala ekifaananyi ky'omuuddu, era n'alabikira mu kifaananyi ky'omuntu. (Abafiripi 2:5-7)
2. Obukulembeze bw'omuweereza.
3. Yesu Kristo.
4. Amaanyi agali mu buweereza kwe kukendeeza ku muntu n'okumwetoowaza n'atuuka okukozesebwa ku Iwa Katonda. Kino kiragiddwa mu bulamu bwa Yesu.
5. Abakulembeze b'ensi balina obuyinza ku bagoberezi baabwe, babafuga, era bakole ng'abaami.
6. Tuweereza Omubiri gwa Kristo n'abaabula. Mu butuufu, obuweereza bwaffe buli eri Mukama.
7. Geraageranya ennyinnyonnyola yo n'okukubaganya ebirowoozo mu Ssuula ey'okutaano.

ESSUULA Y'OMUKAAGA:

1. Mulundenga ekisibo kya Katonda ekiri mu mmwe, nga mukilabirira, n'okwagala so si nna kwemulugunya, nga mukolera amagoba g'obukuusa, wabula olw'okujumbira Katonda;
Be mukulembera temubakambuwaliranga wabula mubakulemberanga nga mubalaga eky'okulabirako ekirungi. (1Peetero 5:2-3)
2. Yesu Kristo.
3. Abakkiriza bonna abatuufu mu Yesu kitundu kye kisibo ky'endiga ekimu.
4. Geraageranya okukubaganya ebirowoozo kwo n'okwo mu Ssuula ey'Omukaaga.
5. Geraageranya okukubaganya ebirowoozo kwo n'okwo mu Ssuula ey'Omukaaga.

ESSUULA EY'OMUSANVU:

1. Era Ye (Katonda) yawa abatume abamu; n'abamu bannabbi; n'abamu, ababuulizi b'enjiri; n'abamu, abasumba n'abasomesa; Olw'okutuukirizibwa kw'abatukuvu olw'omulimu gw'obuweereza, olw'okuzimba omubiri wa Kristo. (Abaefeso 4:11-12)
2. Okutuukiriza abakkiriza olw'omulimu gw'obuweereza.
3. Okutuukiriza kwe kuteekateeka oba okuzimba abakkiriza kulw'omulimu gw'obuweereza. Kizingiramu okusomesa, okubuulira, okulaga, okutendeka, n'okukunga abantu.
4. Ebivaamu ng'abakkiriza "batuukiridde" bulungi olw'omulimu gw'obuweereza mulimu:
 - Omulimu gw'obuweereza gukoledwa: Abeefeso 4:12
 - Omubiri gwa Kristo (Ekkanisa) guzimbibwa (guzimbibwa): Abeefeso 4:12)
 - Abantu batuuka ku bukulu obw'omwoyo: Abeefeso 4:13-15
 - Ebivudde mu bumu: Abeefeso 4:13
 - Abantu bafaanana mu kifaananyi kya Kristo: Abeefeso 4:13
 - Abantu bafuuka banywevu mu njigiriza, nga basinziira ku mazima: Abeefeso 4:15-16
 - Omubiri gwa Kristo gukola bulungi: Abeefeso 4:16
5. Geraageranya okukubaganya ebirowoozo kwo n'okwo mu Ssuula ey'Omusanvu.

ESSUULA EY'OMUNAANA:

1. Omutima gw'omuntu guteekateeka ekkubo lye; naye Mukama y'alung'anya bw'anaatambula. (Engero 16:9)
2. Enkola ya Baibuli si kulonda oba "okusalawo okw'abangi." Katonda ateeka abakulembeze mu kkanisa okukola okusalawo.
3. Geraageranya mu bufunze bwo n'ebiragirowo ebiweereddwa mu Ssuula ey'Omunaana.
4. Ekyokulabirako eky'okusalawo kyakulabirako ky'olina okugoberera ng'osalawo.
5. Omuze gukuwa ekyokulabirako ky'oyinza okugoberera.

ESSUULA Y'OMWENDA:

1. Ebyawandiikibwa byonna biweebwa okulunjamizibwa Katonda, era bigasa mu kuyigiriza, okunenya, okutereeza, okuyigiriza mu butuukirivu;

Omuntu wa Katonda alyoke abeere omutuukirivu, nga yeetegese bulungi okukola emirimu gyonna emirungi. (1 Timoseewo 3:16-17)

2. Geraageranya mu bufunze bwo n'eyo eweereddwa mu Ssuula ey'Omwenda.

3. Geraageranya mu bufunze bwo n'eyo eweereddwa mu Ssuula ey'Omwenda.

4. Geraageranya olukalala lw'ensonga zo n'ezo eziragiddwa mu Ssuula ey'Omwenda.

5. Geraageranya mu bufunze bwo n'eyo eweereddwa mu Ssuula ey'Omwenda.

6. Olw'Abakristaayo abatakuze mu by'omwoyo era ab'omubiri nga bakubirizibwa Sitaani, omubiri, n'amalala.

7. Bwe tukwasisa n'okugonjoola enkaayana nga tusinziira ku Kigambo kya Katonda, abantu baba batuukiridde n'okuzimbibwa okukola emirimu gy'obuweereza. Ekigambo kya Katonda kikola bulungi mu kukwasisa emoisa, okunenya, n'okutereeza.

ESSUULA EY'EKKUMI:

1. Omuyigirizwa aba tasukkulumye ku musomesa we, naye buli muntu bw'anaasomesebwa mu bujjuvu ajja kuba ng'omusomesa we. (Lukka 6:40)

2. Okutendeka abalala buvunaanyizibwa bukulu kubanga abo b'otendeka bajja kufuuka nga ggwe.

3. Tutendeka abakulembeze n'abagoberezi n'ekigendererwa eky'okugenda mu mawanga gonna, nga tubayigiriza Enjiri, okubatiza, n'oluvannyuma okubalungama okutuuka ku kukula mu by'omwoyo okuyita mu kwongera okusomesa.

4. -Weesiga ku Katonda.

-Mugifuule nsonga ya kusaba.

-Twala enteekateeka.

-Tunuulire obusoboz, so si bizibu.

-Manya omuwendo.

-Londa abo abatuukiriza ebisaanyizo ebikulu.

5. -Enkolagana

- Ebiragiro
- Okwolesa
- Okutukuzibwa
- Okwetabamu
- Okwolesebwa
- Okulabirira
- Okusigira

6. Ekyokulabirako ky'e Efeso.

ESSUULA EY'EKKUMI N'EMU:

1. Omuntu omutuukirivu agwa emirundi musanvu, n'agolokoka. Engero 24:16
2. 2Olukalala lw'abo abaakyusa okulemererwa okutuuka ku buwanguzi laba okukubaganya ebirowoozo mu Ssuula Ekkumi n'emu.
3. Olukalala lw'abo obulamu bwabwe bwe bwaggwa mu kulemererwa laba okukubaganya ebirowoozo mu Ssuula Ekkumi n'emu.
4. -Okubikkula
- Okwenenya
- Okuddayo
- Okuzzaawo
5. Okulemererwa mu nkolagana n'olw'ebikolwa eby'okukola oba okulekayo.

ESSUULA EY'EKKUMI N'EBIRI:

1. Ekitabo kino eky'amateeka tekijja kuva mu kamwa ko, naye onoofumiitirizangamu emisana n'ekiro, olyoke otegeere okukola nga byonna ebiwandiikiddwamu kale onoofuula ekkubo lyo okugaggawala, n'oluvannyuma n'ofuna obuwanguzi obulungi. (Yoswa1:8)
2. Mu Bwakabaka bwa Katonda, obuwanguzi kwe kukozeza ebirabo n'obusobozi bw'omuntu mu ngeri esinga obulungi mu obuvunaanyizibwa obw'enjawulo obuwebwa Katonda. Oba muwanguzi bw'okozesa obulungi eby'omwoyo eby'omulimu gwa Katonda.
3. Geraageranya ennyonyola yo n'okukubaganya ebirowoozo mu Ssuula Ekkumi n'Ebbiri.

4. Geraageranya mu bufunze bwo n'okukubaganya ebirowoozo mu Ssuula Ekkumi n'Ebbiri.

ESSUULA EY'EKKUMI N'ESATU:

1. Awo Yesu n'agamba abayigirizwa be nti, "Omuntu yenna bw'ayagala okungoberera, yeefiirize asitule omusaalaba gwe, ongoberere. (Matayo 16:24)

2. Ebintu bisatu ebikulu ebikwata ku muwendo gw'obukulembeze okumanya omuwendo, ebikulu ebituufu, n'ebigendererwa ebituufu.

3. Ekigezo ekituufu eky'obukulembeze kye kibaawo nga tokyaliwo n'abo b'okulembera. Bongera okuba abeesigwa eri ebyo by'obayigirizza? Bakola bwe batyo okuyigiriza abalala bye bayize? Bayinza okweyongera okukula mu by'omwoyo nga toliiwo?